# OKUVA MU BWANNAKYEMALIRA OKUDDA MU DDIMOOKULAASIYA

## Endowooza ku nkola y'okwenununula

Olufulumya olwokuna mu Amerika kya
Gene Sharp



# OKUVA MU BWANNAKYEMALIRA OKUDDA MU DDIMOOKULAASIYA

**Endowooza ku nkola y'okwenunula**

**GENE SHARP**

Solidarity Uganda

Ekitabo 'Okuva mu bwannakyemalira Okudda Mu Ddimookulaasiya' (From Dictatorship to Democracy) kyasooka okufulumizibwa mu 1993 mu Bangkok ab'akakiiko akakolerera okuzza ddimookulaasiya mu Burma nga kakolagana ne Khit Pyang owa 'The New Era Journal'. Okuva olwo kikyusiddwa mu nnimi ezitakka wansi w'asatu mu lumu era kifulumizuddwa mu nsi omuli Serbia, Indonesia, Thailand ne ndala.

Byonna ebiri mu kitabo kino z'endowooza z'abantu ba bulijjo.

**ISBN: 978-9970-740-00-9**

Kyakubibwa mu Uganda
Solidarity Uganda
P.O Box 462, Lira
www.solidarityuganda.org
Email: info@solidarityuganda.com

Cover and Layout Design: Bonacraft studios Ltd
Book Cover Photo: Kakonge Lee

Olukusa lulina okusabibwa okuva mu Solidarity Uganda nga oyagala okujuliza, okukikyusa n'okuddamu okukifulumya.

## EBIRIMU


OKWEBAZA vi
EBY'OMUKYUSA vii
ENNYANJULA ix
ESSUULA ESOOKA 1

OKUTUNUULIRA OBWANNAKYEMALIRA NGA BWE BULI 1
Ekizibu ekitakoma 2
Eddembe liva mu butabanguko? 5
Kuwamba gavumenti, kulonda oba banunuzi okuva ebunaayira? 7
Amazima agakaawa 10

**ESSUULA EYOOKUBIRI**
EBIZIBU BY'ENTESEGANYA 12
Ebirungi n'ebizibu by'enteeseganya 13
Okuteesa kupondooka? 14
Amaanyi n'obwenkanya mu nteeseganya 16
Bannakyemalira "abagumiikirizika" 18
Mirembe nnabaki? 19
Ebituwa essuubi 20

**ESSUULA EYOOKUSATU**
OBUYINZA BUVA WA? 22
Akagero k'Omulundankima 22
Ensibuko Z'amaanyi G'ebyobufuzi Ezeetaagisa 24
Entabiro Z'amaanyi Ga Ddimookulaasiya 27

**ESSUULA EYOOKUNA**
OBWANNAKYEMALIRA BULINA OBUNAFU 30
Okuzuula Obunafu We Buli 30
Obunafu Bw'obwannakyemalira 31
Okwaŋŋanga Obunafu Bw'obwannakyemalira 34

**ESSUULA EYOOKUTAANO**

OKUKOZESA OBUYINZA 36

Enkola Z’olutalo Olutaliimu Butabanguko 37

Enneeyisa N’ebyokulwanyisa Ebitali Bya Butabanguko 38

Obwanjulukufu, Emmizi, N’omutindo. 43

Okukyusa Enkolagana Mu Buyinza 44

Amakubo G’enkyukakyuka Ana 46

Ddimookulaasiya Ava Mu Kuguguba Kw’ebyobufuzi 48

Obukalubo Bw’olutalo Olutaliimu Butabanguko 50

**ESSUULA EY’OMUKAAGA**

OBWETAAVU BW’ENTEEKATEEKA ENNUŊŊAMU. 51

Enteekateeka Eya Nnamaddala 52

Ebizibu mu nteekateeka 53

Ebigambo ebikulu bina (4) mu nteekateeka ennuŋŋamu 57

**ESSUULA EY’OMUSANVU**

ENKOLA EGOBERERWA MU NTEEKATEEKA 62

Okusalawo Amakubo Aganaagobererwa 64

Okwetegekera Ddimookulaasiya 65

Obuyambi Okuva E Bunaayira 66

Okubangawo Enteekateeka Nnamutaayiika 67

Okuteekateeka Kkampeyini Ezinaabawanguza 70

Okusaasaanya Endowooza Y’okumenyawo Enkolagana 74

Emiziziko Okuva Eri Gavumenti N’engeri
Y’okugyaŋŋangamu 75

Okunywerera Ku Nteekateeka Ennuŋŋamu 77

**ESSUULA EYOOMUNAANA**

OKUSSA MU NKOLA OKUGUGUBA MU BYOBUFUZI 79

Okuwakanya Ebintu Ebimu 80

Obuzibu Mu Kuzuula Ekinaagatta Abantu 81

Okugaba Obuvunaanyizibwa 83

Okukolerera Okukendeeza Amaanyi Ga Nnakyemalira 84

Enkyukakyuka Mu Nkola Egobererwa 88

**ESSUULA EY'OMWENDA**

OKUYUZAAYUZA OBWANNAKYEMALIRA 89
Okwongera Okubukaza Eddembe 92
Okuyuzaayuza Obwannakyemalira 94
Okukwata Obuwanguzi Mu Ngeri Ey'obuvunaanyizibwa 95

**ESSUULA EY'EKKUMI**

OKUSIMA OMUSINGI GWA DDIMOOKULAASIYA ANAAWANGAALA 99
Okwekengera Ku Bwannakyemalira Obuggya 100
Okulemesa Okuwambibwa Kw'obukulembeze 101
Okubaga Ssemateeka 102
Amateeka Ga Ddimookulaasiya Ku By'okwerinda 103
Okuwa Abantu Obuvunaanyizibwa Okusinziira Ku Busobozi Bwabwe 104
Tekijja Kuba Kyangu. 106

**EBISOOKA 1**

EMPENDA Z'OKUSSA MU NKOLA OLUTALO OLUTALIIMU BUTABANGUKO 001

EMPENDA Z'OKWEKALAKAASA OKWEMIREMBE N'OKUSIKIRIZA 001

ENGERI Z'OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BY'OBULAMU OBWABULIJJO 004

ENKOLA Z'OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BYENFUNA 005
Okuzira Ebyenfuna 005

ENKOLA Z'OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BYENFUNA 007
Okwekalakaasa 007

ENKOLA Z'OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BYOBUFUZI 008

AMAKUBO G'OKUDDUKIRIRA AGATALIIMU BUTABANGUKO 011

**EBISOOKA 2**
OKWEBAZA N'EBYAFAAYO BY'EKITABO OKUVA MU BWANNAKYEMALIRA OKUDDA MU DDIMOOKULAASIYA "FROM DICTATOSHIP TO DEMOCRACY" 014

**EBISOOKA 3**
OKULABULA KU KUKYUSA N'OKUDDAMU OKUFULUMYA EKITABO KINO 020

**EBITABO EBIRALA EBY'OKUSOMAMU 023**

## OKWEBAZA

Neebaza ne ssekwebaza yenna omuwandiisi Gene Sharp ne The Albert Einstein Institution mu America olw’ekitabo kino.

Mbeebaza n’okukkiriza ekitabo kino kikyusibwe mu lulimi Oluganda, era nneebaza n’abekitongole kya **Solidality Uganda** ekirwanirira enfuga ya ddimookulaasiya n’obwenkanya mu ggwanga. Baakola kinene okunoonyereza ku kitabo kino era n’okuwagira omulimu gw’okukikyusa mu by’ensimbi.

Ntuusa okusiima kwange eri Mw. Nabbimba Elly Ivan eyakulemberamu okukyusa n’okusunsula ekitabo kino mu Luganda, wamu n’aba Kampala Language Tutors Association, mwebale nnyo omutindo guno. Mmanyi nti Bannayuganda abaliwo, abajja, n’abalijja tebalirema kusiima era n’okuganyulwa mu kitabo kino mu kulafuubana okunyweza obwetwaze bw’ensi yaabwe.



Solidarity Uganda
info@solidarity.com

## EBY'OMUKYUSA

Omulimu gw'okuwandiika si mutene era omuntu atwala omutawaana okunoonyereza n'okuwandiika ebintu ebigasa abalala asaana okwebazibwa. Kye nva nneebaza nnyo Gene Sharp kubanga by'awandiika bikwata era n'okugasa ensi yonna.

Bw'osoma ekitabo kino, kijja kukulaga nti omulembe gw'okudda mu kulya nga Katonga ajjula gwavaawo dda, ate nga ne Kaamaanyi kalibwa na mbiro! Munnayuganda yenna alina okumanya nti ensi eno tekoma ku ye. N'olwekyo alina okubeeramu nga bw'agikuumira abaliddawo.

Akagero k'omulundankima akali mu kitabo kino katulaga bulungi nti abantu basaanye okuzuukuka bakole eby'obuvunaanyizibwa mu kusalawo ku ngeri ensi yaabwe gy'erina okuddukanyizibwamu. Ekitabo era kirimu ekikolo n'eddagala erisobola okuvumula effugabbi lya bannabyabufuzi eryokunyigiriza bannansi, n'amakubo agasobola okuyitibwamu okubukaza ddimookulaasiya.

Waliwo enjogera egamba nti, "Mu lyato eribbira temuba muzira." Nze kino nno ka nkireete nga ekibuuzo nti; "Mu lyato eribbira temuba muzira?" Ekitabo kino kijja kukuyamba okwanukula ekibuuzo ekyo, era n'okutegeera nti ggwe **'ggwe muzira alina okuba!'**

Nsiima aba **Solidarity Uganda** olw'okumpa omukisa okubeera ekitundu ku kaweefube ono ow'okutebenkeza n'okuzimbira abaliddawo emisingi gy'eggwanga eribukaddemu ddimookulaasiya.

Mulangira Musanje Rogers, Mw.Mulumba Paul,ne ttiimu ya Kampala Language Tutors Association mbeebaza, mwakola omulimu gw'okukyusa. Abaliddawo balibatenda!

Nabbimba Elly Ivan
Omusunsuzi omukulu.
Chief Executive Officer
Kampala Language Tutors Association.
bbimblyklta@gmail.com

## ENNYANJULA

Ekimu ku bintu ebimaze emyaka egiwera nga kimbobbya omutwe ye ngeri abantu gye bayinza okuziyizaamu obwannakyemalira era n'okubumalirawo ddala. Kino nsobodde okukizimbako ekitundu olw'enzikiriza nti abantu tebalina kufuŋŋamwako n'okuttibwa mirembe gya bukulembeze nga obwo. Enzikiriza eyo enywezeddwa ebiwandiiko ebikwata ku bukulu bw'eddembe ly'obuntu, enkula z'obwannakyemalira (okuva ku munnafirosoofiya Aristotle okutuuka ku bakugu abeekenneenya obwannakyemalira), n'ebyafaayo by'obwannakyemalira (okusingira ddala enkola ya Nazi ne Stalin eya *"nnaakalyakaani")*

Mu myaka mingi egiyise nfunye omukisa okumanya abantu abaaliwo era abaabonaabona wansi w'enfuga ya Nazi nga kw'otadde n'abamu ku bakaawonawo okuva mu nkambi ze baatulugunyizangamu abantu. Mu Norway nasisinkana bakaawonawo abaasimbira enfuga y'obwannakyemalira ekkuuli eya "*Nnaasiwamukange".* Nayogerako n'Abayudaaya abasumattuka amaala era n'okuttibwa Abanazi wamu n'abo abaabayamba.

Okumanya obutujju obwakolebwa obufuzi bw'enkola ya nnaakalyakaani mu nsi ez'enjawulo kusomeddwa mu bitabo, okusinga okusisinkana abantu ssekinoomu.

Obutujju bw'enkola zino nzebwandabikira nga bwalimu obusosoze, nga buva ku bwannakyemalira okukakatibwa ku bantu nga bwekwese mu linnya ly'okununula okuva mu kutuntuzibwa wamu n'obukenuzi.

Mu myaka egiri makumi nga gaago egyakayita, ebituufu ku bwannakyemalira bwe nsangi zino byongedde okweyoleka nga nkyalirwa abantu abava mu mawanga agalimu obwannakyemalira nga Panama, Poland, Chile, Tibet ne Burma. Nfunye okutawaanyizibwa

okutatadde okutegeera engeri obwannakyemalira gye bulya ng'ekigenge, nga nsinziira ku byantegeezebwa Abatibeeta abaalwanyisa obulumbaganyi bw'enkola y'obwannaakalyakaani ey'Abachayina n'Abarussia abaafufuggaza bannamagye abaali bawambye obukulembeze bwa nnakyemalira mu gw'omunaana mu 1991, n'Abathailand abaalemesa okudda kw'enfuga y'ekinnamagye nga bayita mu ngeri etali ya butabanguko.

Okunyolwa n'obukyayi eri ebikolwa eby'ebikolobero bw'obigatta n'okwegomba abakazi n'abasajja abavumu ebitagambika kwe baalina, okuba abazira ab'emirembe, oluusi byanywezebwanga okukyalako kwange mu bifo ebyali bikyalimu obulabe obw'amaanyi, ng'abantu abavumu bakyagugubye. Muno mwalimu ensi nga Panama nga efugibwa Noriege; Vilnius, Lithuania, wansi w'okunyigirizibwa kwa Soviet (Russia) okwali kugenda mu maaso, Tiananmen Square, Beijing mu kiseera ky'obwegugungo obw'okulwanirira eddembe ne mu kiseera bamukwata-mmundu abasooka we baalumbira mu kiro eky'entiisa n'obulumbaganyi ku kitebe ky'abalwanirizi ba Ddimookulaasiya e Manerplaw mu Burma eyali erowoozebwa nti enunuddwa.

Ebiseera ebimu nakyala mu bifo awaali okuttibwa okusukiridde, era ku munaala gwa tereyafina wamu ne ku kiggya awaaziikibwa abantu abangi mu kibuga Vilnius mu kifo ky'olukale mu Riga, gye baakubibwa amasasi mu ntabiro y'ekitundu kya Ferrara mu bukiikakkono bwa Italy, abasajja ba Musooliini gye baasimbyanga abeekalakaasi ennyiriri ne babakuba amasasi wamu n'entaana mu Manerplaw eyajjuzibwa emirambo gy'abantu abaafira ku myaka emito ennyo. Kya nnaku okumanya nti buli bwannakyemalira buleka okufa okw'ekika ekyo kungi n'okwonoona mu mulembe gwabwo.

Oluvannyuma lwa bino bye mpiseemu nfunye obumalirivu n'essuubi nti obwannakyemalira bwandiba nga busobola okuziyizibwa.

Olutalo okulwanyisa obwannakyemalira lusobola bulungi okuyinda awatali kuttibwa kw'abantu bangi, era obwannakyemalira busobola okuziyizibwa era n'obuggya ne buziyizibwa okumeruka okuva mu bubaddewo.

Ngezezzaako okulowooza n'obwegendereza ku nkola ezisingayo ez'enjawulo ezisobola okuyitwamu okuyuzaayuza obwannakyemalira mu kuttibwa kw'abantu n'okubonaabona okutono ddala. Mu myaka mingi egiyise egy'obwannakyemalira ngizeemu enkola z'ebisinde by'okuguguba, enkyukakyuka ez'omuggundu, endowooza z'ebyobufuzi, entambula za gavumenti n'ekisingira ddala olutalo olutaliimu butabanguko.

Ekitabo kino kye kivudde mu ebyo. Nkakasa tekituukiridde.Naye oboolyawo kiwa ebirina okugobererwa okusobola okuyamba birowoozo n'enteekateeka z'okutondawo ebisinde eby'okwenunula eby'amaanyi kabe kasinge okusinga bwe byandibadde.

Kya mugaso era kyetaagisa nnyo okutwala ekitabo kino ng'ekigendereddwamu okwaŋŋanga ekizibu eky'okusaanyaawo obwannkyemalira wamu n'okuziyiza obulala okumerukawo. Sirina busobozi bufulumya kunnyonnyola mu bujjuvu bikwata ku nsi emu. Newankubadde essuubi lyange liri nti ekitabo kino kiyinza okuba eky'omugaso eri abantu. Kya kusaalirwa nti ensi nnyingi nnyo ziri mu nfuga ey'obwannakyemalira bwe nnyini. Abantu bajja kwetaaga okupima obutuufu bw'ekitabo kino okusinziira ku mbeera zaabwe era na wa ebiragirwa okukolebwa oba gye bituukana n'embeera eriwo, na ngeri ki gye biyinza okuteekebwa mu nkola mu ntalo zaabwe ez'okwenunula.

Tewali mu kitabo kino we nsuubira nti okujeemera bannakyemalira kijja kubeera kyangu oba nti kujja kubeera kuyisa mukka mu kisero. Buli kika kya lutalo kirina ebizibu wamu n'omuwendo. Kyeraga

lwatu nti okulwanyisa bannakyemalira kuleetawo obuvune n'okufa. Naye nnina essuubi nti ekitabo kino kijja kwongera ebbugumu eri abakulembera okuguguba okusalawo ku nkola eziyinza okwongera ennyo ku maanyi gaabwe wamu n'okukendeeza ku maanyi g'obulumi.

Ekitabo kino tekitaputibwa mu ngeri erowoozesa nti obwannakyemalira bwonna bwe bukomekkerezebwa olwo ebizibu byonna biba bivuddewo. Okugwa kw'omulembe ogumu tekireetawo kwesiima. Naye kiggulawo omukutu gw'okukola ennyo n'amaanyi okusobola okuzimba obwenkanya mbeera z'abantu eza bulijjo, mu byenfuna, wamu ne mu byobufuzi, n'okumalirawo ddala obutali bwenkanya n'okunyigirizibwa. Nnina essuubi nti okunnyonnyola kwange kuno mu butono bwakwo ku ngeri y'okuyuzaayuzamu obwannakyemalira kuyinza okufuuka okw'omugaso eri abantu abali mu buwambe ate nga baagala okwetaaya.

Gene Sharp
6 Mukulukusabitungotungo 1993
Albert Einstein Institution
Boston, Massachusetts.

# ESSUULA ESOOKA

## OKUTUNUULIRA OBWANNAKYEMALIRA NGA BWE BULI

Mu myaka egiyise obwannakyemalira obuva munda mu nsi n'ebweru waayo busaanyewo oba okulagaya, olw'okwaŋŋanga kw'abagugubi abeegasse. Emirundi mingi obwannakyemalira bulabibwa nga obunywevu era obutasobola kunyeenyezebwa, obwannakyemalira obumu bwakakasibwa nga tebulina busobozi kugumira maanyi ga bantu abeegasse okuguguba mu byobufuzi, mu byenfuna wamu ne mu mbeera eza bulijjo.

Okuva mu 1980, obwannakyemalira bugudde lwa maanyi g'abantu ag'okulwana okw'emirembe mu Estonia, Latvia ne Luthuania,Poland, East Germany,Czechoslovakia Slovenia,Madagascar,Mali,Bolivia ne Philipines. Okuguguba okw'emirembe kuyambye okukuza Ddimookulaasiya mu Napal,Zambia,South-Korea, Chile, Argentina, Haiti,Brazil,Uruguay, Malawi,Thailand,Bulgaria, Hungary, Nigeria n'ebitundu ebiwerako ku Soviet union (Russia) (Byakola omulimu ogw'enkizo mu kufufuggaza abaali bavuunise gavumenti mu Muwakanya 1991).

Okwongereza kw'ebyo, okuguguba okw'ebyobufuzi okw'omuggundu, kubaddewo mu nsi ya China, Burma ne Tibet mu myaka egiyise. Newankubadde nga entalo zino tezisudde bufuzi bwa bwannakyemalira mu nsi ezo oba gye busaasaanira, naye zaanise

eri ensi yonna enkola ey'effugabbi ly'obwannakyemalira era n'okuwa bannansi obukugu obw'omugaso ku lutalo olw'engeri eyo.

Okugwa kw'obwannakyemalira mu nsi ezimenyeddwa waggulu nkakasa nga tekumazeewo bizibu birala mu bitundu ebyo: obwavu, obumenyi bw'amateeka n'obunafu mu nkola y'emirimu, wamu n'okwonoonebwa kw'obutonde bw'ensi emiurundi egisinga gye mikululo gy'obufuzi obusibira mu bbwa.

gy'obwannakyemalira. Wabula okugwa kw'obufuzi buno kulina ekitono kye kendeezezza ku kubonaabona kw'abo abanyigirizibwa obwannakyemalira, era awamu n'okuggulawo ekkubo ly'okuddaabulula ebitundu by'ensi ne Ddimookulaasiya w'ebyobufuzi owa waggulu, eddembe ly'obuntu wamu n'obwenkanya.

## Ekizibu ekitakoma

Mu myaka egiri mu makumi nga gaago egyakayita, wabaddewo okugenda mu maaso mu kubukala kwa Ddimookulaasiya owa nnamaddala wamu n'eddembe ly'obuntu mu nsi yonna. Okusinziira ku kitongole "Freedom House" ekikuŋŋaanya ebikwata ku mbeera y'eddembe ly'ebyobufuzi wamu n'eryobuntu ery'obwebange, omuwendo gw'amawanga agatwalibwa nti galimu eddembe geeyongeredde ddala mu myaka gino.

| | Amawanga agalimu eddembe | Agagezaako okuba n'eddembe | Agatalina ddembe n'akatono |
|---|---|---|---|
| 1983 | 54 | 47 | 64 |
| 1993 | 75 | 73 | 38 |
| 2003 | 89 | 55 | 48 |
| 2009 | 89 | 62 | 42 |

Wabula okuseseetukako okwo kutaataganyiziddwa omuwendo gw'abantu omunene ogukyali wansi w'embeera ez'okutulugunyizibwa. Omwaka 2008 we gwatuukira, ebitundu asatu mu bina ku buli kikumi (34%) ku buwumbi bw'abantu omukaaga n'ebitundu nkaaga mu munaana obukola omuwendo gw'abantu mu nsi yonna, byali mu mawanga agaalondebwayo nga agataliimu ddembe lya buntu ery'obwebange, kwe kugamba ebitundu ebirina amateeka amakali ku ddembe ly'ebyobufuzi kko n'eryobuntu eryobwebange. Ensi 42 eziri mu kibinja kya **"agataliimu ddembe"** gafugibwa obwannakyemalira ku mudumu gw'emmundu (nga mu Burma), obukulembeze bw'ennono obutakkiriza bantu kwetaaya (nga mu Saudu Arabia ne Bhutan), okubutikirwa kw'ebibiina by'ebyobufuzi nga mu (China ne North Korea), okuwambibwa ensi endala nga (Tibet ne Western Sahara), oba ziri wakati mu nkyukakyuka.

Ensi nnyingi ensangi zino eziri mu nkyukakyuka ez'emisinde egya yiriyiri mu byenfuna, mu byobufuzi ne mu mbeera z'abantu eza bulijjo. Newankubadde, omuwendo gw'ensi ezirimu eddembe gweyongedde mu myaka gino, waliwo okutya okw'amaanyi nti ensi eziri ku misinde gy'enkyukakyuka ez'omuggundu zijja kuddirira era zifune ate enkola z'obwannakyemalira empya. Obubinja bw'amagye, abantu abeenoonyeza ebyabwe, abakungu abalondebwa wamu n'ebibiina by'ebyobufuzi ebitambulira ku nzikiriza zaabyo bijja kwagalanga okukakaatikawo ebyo bye byagala bikolebwe. Okuwambibwa kwa gavumenti okuliwo era kujja kusigala nga biddiriŋŋana. Eddembe ly'obuntu erisookerwako ne ly'ebyobufuzi lijja kweyongera okuggyibwa ku bantu abasinga obungi.

Eky'okusaalirwa, eby'emabega bikyatulondoola. Obuzibu bw'obwannakyemalira buwanvuko. Mu nsi nnyingi abantu bamaze ebyeya n'ebisiibo sinakindi ebyasa ebiwera nga batuntuzibwa,

okuli munda mu nsi zaabwe oba okuva ebweru waazo. Emirundi mingi okugondera ab'obuyinza n'abafuzi okusukkiridde awatali kubawuunako kirudde nga kizimbibwa mu bantu. Gye kisukkiridde ennyo, ebitongole by'embeera z'abantu eza bulijjo, eby'ebyobufuzi, eby'ebyenfuna awamu n'ebitongole by'eddiini mu ggwanga ebitali wansi wa gavumenti binafuyiziddwa mu bugenderevu, okusibwa oboolyawo n'okusikizibwa ebitongole ebiggya ebikozesebwa gavumenti oba ekibiina ky'ebyobufuzi ekiri mu buyinza okusobola okufuga eggwanga. Emirundi mingi abantu bayawuddwayawuddwamu (nga buli muntu ali ku lulwe) okubalemesa okukolera awamu okulwanirira eddembe lyabwe, okwesigaŋŋana okuyambagana, sinakindi okubaako ne kye beekolera ku lwabwe.

Ekiva mu kino kiteeberezeka: Abantu bafuuka banafu, abatekkiririzaamu era abatasobola kusimbira gavumenti kkuuli. Emirundi mingi abantu batya nnyo okwogera ku bukyayi bwe balina eri obwannakyemalira n'okuyaayaana kwabwe okufuna eddembe, nga tebasobola yadde okukyogera n'abeŋŋanda zaabwe oba mikwano gyabwe. Abantu emirundi mingi batya nnyo okulowooleza ddala ku kuwakanya gavumenti nga bannansi. Ye nga kya muganyulo ki? Okuggyako okubonaabonera ebitaliimu n'okwongera okuggwaamu essuubi ly'ebiseera ebyomumaaso.

Embeera z'obwannakyemalira obw'ensangi zino ziyinza okuba nga mbi nnyo n'okusinga ezo ez'obwannakyemalira obwasooka. Mu biseera ebyayita, abantu abamu bayinza okuba nga baagezaako okuwakanya obwannakyemalira. Okwekalakaasa kwa bonna okw'akaseera n'obwegugungo buyinza okuba nga bwaliwo ko. Mpozzi nga mizimu gye gyabatemba. Olulala abantu ssekinnoomu wamu n'obubinja bwayinzanga okubaako ne bye bukolawo eby'obuvumu okwoleka ebyo bye bakkiririzaamu oba okuguguba yadde nga

tewaali kalungi kavaamu. Newankubadde nga ebigendererwa byali birungi ekyenkana wa, emirundi mingi ebikolwa nga ebyo ebyoleka okuwakanya gavumenti bibadde tebimala kuggyawo okutya kw'abantu, n'obugonvu obuyitiridde,nga bwe kyetaagibwa okusobola okumalawo obwannakyemalira. Eky'ennaku, ebikolwa ebyo byandiba ng'ate byongedde bwongezi kuleetawo, kubonaabona n'okufa, so si buwanguzi na ssuubi.

## Eddembe liva mu butabanguko?

Kiki ekirina okukolebwa mu mbeera nga zino? Ebisoboka okukolebwa ebirabikako biringa ebitayamba. Ssemateeka n'amateeka, ensalawo za kkooti n'endowooza z'abantu ebiseera ebisinga bannakyemalira tebabifaako. Kitegeerekeka nti, okulwanyisa ebikolobero, okutulugunyizibwa, okubuzibwawo kw'abantu n'okuttibwa, olwo abantu ne bawunzika nti butabanguko bwokka bwe busobola okukomya obwannakyemalira. Abanyigirizibwa abatasalikako musale babaddenga bategeka okulwanyisa bannakyemalira bakanywamusaayi nga beeyambisa amakubo gano ag'obutabanguko n'ebyekinnamagye bye baba basobodde okukuŋŋaanya wadde nga kyeyoleka lwatu nti bajja kulemererwa. Abantu bano babaddenga balwana n'obuvumu newankubadde nga wabaawo okusoomoozebwa okw'amaanyi n'okulusuulamu akaba. Bye baba basobodde okutuukako bijjukirwa yadde nga mirundi mitono gye basobodde okuleetawo emirembe. Entalo ezirimu obutabanguko zisobola okuleetera ebikolwa eby'obwakanywa-musaayi okubalukawo ekireka abantu nga baaziirana n'okukira bwe babadde mu kusooka.

Okulondawo akatabanguko ne bwe kuba na birungi ebyenkana bitya, ky'olina okumanya kiri kimu. Okussa obwesige mu kkubo ery'obutabanguko, oli aba alonzeewo ekkubo ate abanyigiriza kye

basinga okubaamu ne nkizo. Bannakyemalira baba n'obusobozi obumala okukozesa obutabanguko ekisukkiridde ennyo. Ekiseera bannaddimookulaasiya kye basobola okuwadaawadako ka kibe kiwanvu oba kitono, gye bikkira ebikolwa by'ekinnamagye eby'obukambwe biba bizibu okusimattuka. Bannakyemalira ebiseera ebisinga baba n'enkizo mu bikozesebwa eby'ekinnamagye, eby'okulwanyisa, entambula wamu n'obunene bw'eggye. Nga oggyeeko obuzira, bannaddimookulaasiya baba tebasobola kulyenkana.

Olutalo lw'abantu olw'ekinnamagye singa kyeraga nga terusoboka, abawakanyi abamu kye bava basalawo olutalo lwomu nsiko.Wabula olutalo lwomu nsiko mirundi mitono nnyo lwe lugasa bannansi abanyigirizibwa oba okuleetawo ddimookulaasiya bwe kiba nga kyali kibaddewo. N'olwekyo kyeragirawo nti olutalo lw'ensiko si kye ky'okuddamu. N'okusingira ddala olw'omuze ogw'okutirimbula bannansi bo bennyini. Akakodyo kano tekategeeza nti tajja kulemererwa, newankubadde nga waliwo endowooza ekawagira era n'ebiwandiiko ssaako obuwagizi bw'ensi z'ebweru. Entalo z'omu nsiko emirundi mingi zimala ebbanga ddene. Abantu ba bulijjo basengulwa gavumenti eba mu buyinza nga kw'otadde n'abantu okubonaabona n'okubundabunda.

Entalo z'omu nsiko ne bwe ziwangulwa, zitera okuba n'emitawaana nkumu gye zirekawo okumala ebbanga ddene. Amangu ddala nga gavumenti erumbiddwa efuuka ya bwannakyemalira n'okukirawo mu ngeri y'okuzza omuliro. Bannansiko bwe bamala ne bawangula, emirundi mingi gavumenti empya eba ya bwannakyemalira nnyo n'okusinga gye yaddidde mu bigere mu ngeri ya bannamagye okwekomya obuyinza nga kwotadde okunafuya oba okuttira ddala ebibiina by'abantu eby'obwegassi n'ebitongole mu biseera by'olutalo ate nga bye bye nkizo mu kuzimba n'okukuuma ddimookulaasiya mu

ggwanga. Abantu abakyawa obwannakyemalira balina okunoonya ekkubo eddala.

## Kuwamba gavumenti, kulonda oba banunuzi okuva ebunaayira?

Okuwamba gavumenti ya nnakyemalira ku mudumu gw'emmundu kiyinza okulabika ng'erimu ku makubo agasinga obwangu okuggyako gavumenti ekyayiddwa. Wabula waliwo ebizibu eby'amaanyi ddala mu nkola. N'ekisinga obukulu kirekawo engabanya embi ey'obuyinza wakati w'abantu ba bulijjo n'abatwala gavumenti n'amagye gaayo. Okuggya abantu abamu mu bifo oba akabondo k'abantu mu bifo by'obukulembeze kikifuula kyangu akabinja akalala okutwala ekifo kyabwe. Mu bigambo, akabinja kano kayinza okuba nga si ka bulabe nnyo mu nneeyisa yaako, n'okukkiriza enkyukakyuka za ddimookulaasiya entonotono. Naye eky'amazima kiyinza okuba nga kikontana n'ekyo.

Nga kamaze okwenywereza mu kifo kayinza okufuuka akakambwe ennyo era akaluvu n'okusinga akabaddewo. N'ekivaamu akabondo kano akapya buli omu k'abadde ataddemu essuubi, kajja kuba kasobola okukola kye kaagala awatali kufa ku ddimookulaasiya oba eddembe ly'obuntu. Ekyo si kye ky'okuddibwamu ekituufu eri ekizibu ky'obwannakyemalira.

Mu bwannakyemalira okulonda tekuliiyo nga kkubo lireeta nkyukakyuka za muggundu mu byobufuzi. Mu bukulebeze bwa bannakyemalira obumu okugeza nga ensi z'obuvanjubwa bwa Bulaaya ezaali zibuutikiddwa obukulembeze bwa "Soviet" (Russia), zaayita mu kukubaganya ebirowoozo okusobola okulabikanga ezirimu ddimookulaasiya. Wabula okulonda ng'okwo kuba kwa kigumaaza okusobola okufuna obuwagizi bw'abantu eri

abeesimbyewo abaleeteddwa bannakyemalira. Bannakyemalira abatudde ku nkato oluusi bakkiriza okuddamu okulonda naye babba obululu okusobola okuteeka abantu aba bulijjo bannakigwanyizi mu bifo bya gavumenti. Bwe baba ng'aabooludda oluvuganya gavumenti bakkiriziddwa okwesimbawo sinakindi nga bawangudde okulonda , nga bwe kyali mu Burrma mu kulonda mu 1990 ne mu Nigeria mu 1993, ebivudde mu kulonda bisobola okumala gasuulwa eri olwo "***abawanguzi***" ne batiisibwatiisibwa okusibibwa kabekasinge n'okubatta.

Bannakyemalira sibeetegefu kukkiriza kulonda kunaabaggya mu ntebe ya bukulembeze. Abantu bangi abayita mu kutuntuzibwa obwannakyemalira bw'abasibiramubbwa oba abaddukidde mu buwaŋŋanguse okusimattuka obulabe, tebakkiriza nti abatulugunyizibwa basobola okwenunula. Basuubira nti abantu baabwe basobola kununulibwa na maanyi okuva ebweru w'eggwanga. Bakkiriza nti obuyambi obuva ebweru we ggwanga lyabwe bulina amaanyi agamala okusuula bannakyemalira.

Endowooza egamba nti abanyigirizibwa tebasobola tebasobola kugasa bulungi oluusi eba ntuufu okumala akaseera. Nga bwe kiragiddwa, abantu abanyigirizibwa emirungi mingi tebaagala era baba tebasobola kulwana kubanga tebakkiririza mu busobozi bwabwe okwaŋŋanga obwannakyemalira obukambwe, era nga teri kkubo lye basobola kuyitamu kwetaasa. N'olwekyo kitegeerekeka nti abantu bangi bateeka essuubi ly'okununulibwa kwabwe mu bulala. Gano amaanyi okuva ebweru gasobola okuba "endowooza eya bantu aba bulijjo" oba ekibiina kya mawanga amagatte (United Nations) oba ensi endala yonna oba obukwakkulizo bw'ensi z'ebweru mu byobufuzi.

Embeera eyo ewulikika nga ebudaabuda naye waliwo ebizibu nnamutta mu kulowooleza mu banunuzi okuva ebunaayira.

Obwesige obw'engeri eyo buyinza okugwa obutaka. Emirundi egisinga abanunuzi okuva ebunaayira tebajja, era singa ensi ey'ebweru ebiyingiramu oba oli awo terina kwesigibwa.

Waliwo kalunsambulira ava mu kwesigama ku mawanga ag'ebunaayira okubiyingiramu alina okwekenneenyezebwa;

- Emirundi egisinga amawanga g'ebweru gajja kwekkiriranya oba kuwagira nnakyemalira okusobola okuyisaawo ebigendererwa byago mu byenfuna n'ebyobufuzi.

- Ensi z'ebweru era zisobola okulyamu abantu abanyigirizibwa olukwe mu kifo ky'okukuuma ebisuubuzo byago okuyamba okubanunula, olw'okwagala okuyisaawo ebigendererwa byazo ebirala.

- Amawanga g'ebweru agamu gajja kulwanyisa obwannakyemalira nga geenoonyeza byago mu byenfuna, mu byobufuzi, oba mu by'ekinnamagye.

- Amawanga g'ebweru gayinza okwetabamu obutereevu nga bali bumu ne bannansi singa ekisinde kya bannansi kiba kinyiinyintidde n'okunafuya obwannakyemalira, olwo nga baanika eri ensi yonna ebikolwa by'obukulembeze eby'obwakanywa-musaayi.

Obwannakyemalira ebiseera ebisinga busibuka ku ngabanya y'obuyinza munda mu ggwanga. Abantu n'ekitundu ekyo banafu nnyo okutiisa obwannakyemalira, obugagga n'obuyinza biri mu mikono gy'abantu ab'olubatu. Newankubadde obwannakyemalira bwandiganyulwa oba okunafuyizibwa mu ngeri yonna ebikolwa by'amawanga ag'ebweru, okugenda kwabwo mu maaso kwesigamye nnyo ku nsonga zoomunda mu ggwanga.

Obunkenke okuva mu mawanga g'ebweru busobola okugasa ennyo singa buba buwagira ekisinde eky'amaanyi munda mu ggwanga.

Okugeza nga; obukwakkulizo bw'ebyenfuna okuva mu mawanga amalala, okugaanibwa okusuubulagana n'amawanga amalala, okumenyawo enkolagana wakati w'amawanga, okugobebwa mu bitongole ebitaba amawanga ag'enjawulo, okuvumirirwa ebitongole by'ekibiina ky'amawanga amagatte, n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo bisobola okuyambira ddala. Wabula awatali kisinde kya maanyi ekirwanyina munda mu ggwanga, obukwakkulizo nga buno okuva mu mawanga amalala buyinza obussibwawo.

## Amazima agakaawa

Okukubira ku kino kuzibu. Omuntu ng'ayagala okuvuunika obwannakyemalira mu ngeri esingayo obwangu ate ng'ataddemu kitono, alina ebinttu bina by'alina okukola mbagirawo;

- Alina okuzzaamu abantu abanyigirizibwa amaanyi mw'ekyo kye baba beemaliriddeko, okubayigiriza okwekkirizaamu n'obukodyo bw'okuwakanya gavumenti.
- Alina okuzzaamu ebibiina ebyetongodde amaanyi, kko n'ebibiina by'abantu abanyigirizibwa.
- Alina okutondawo ekisinde eky'amaanyi munda mu ggwanga ekisimbira gavumenti ekkuuli.
- Alina okubagawo enteekateeka nnaamutaayika ennuŋŋamu ku kwenunula era agiteeke mu nkola n'obukugu.

Olutalo lw'okwenunula kaba kaseera ka kweyimirizaawo na kwenyweza kw'ekibinja ekirwana. Nga Charles Stewart Parnell bwe yagamba ng'akunga abantu mu kwekalakaasa kwa bannansi ba Ireland mu 1879 ne1880, nga baagala ennongoosereza mu mateeka g'obupangisa nti:

‘Tekigasa okwesigama ku gavumenti…. mulina kwesigama ku bumalirivu bwammwe bwokka….. Mweyambe nga muli bumu…. Mugumye abali nammwe nga banafu……Mwenyweze wamu, mweteeketeeke…… era muteekwa okuwangula. Okuggyako nga ekizibu kino mukitutte nti ye ssaawa kikolebweko, olwo lwe musobola okugiggusa era awatali ekyo, tekijja kusobola kukolwako.

Nga twesigama ku ggye ery’amaanyi eryentengeredde, okuluŋŋamizibwa n’amagezi, ebikolwa ebyobuvumu n’empisa, n’amaanyi gonna agasingayo, obwannakyemalira lwe bujja okutentebwa ku nkomerero ya byonna. Wabula ekitono ennyo ebyetaago ebyo ebiri waggulu birina okutuukirizibwa.

Nga ebirowoozo ebyo waggulu bwe biraze, okwenunula okuva mu bwannakyemalira okusinga kwesigama ku busobozi bw’abantu bwe balina okwenunula. Ebyokulabirako by’okuguguba kw’ebyobufuzi okwali kuwangudde olutalo- Oba olutalo olutaliimu butabanguko nga lwesigamye ku byabufuzi- nga bwe byogeddwako waggulu byoleka nti ekkubo ddala weeriri abantu mwe basobola okwenunulira, kyokka ekkubo eryo lisuuliddwa muguluka. Tujja kuttottola ekkubo eryo mu bujjuvu mu ssuula eziddako.Wabula tulina okusooka okutuulira ensonga y’okuteeseganya ng’ekkubo ly’okumementula obwannakyemalira.

# ESSUULA EYOOKUBIRI

## EBIZIBU BY'ENTESEGANYA

Wakati mu bizibu ebifumbekedde mu kulwanyisa obwannakyemalira (nga bwe tyalabye mu ssuula esooka), abantu abamu bayinza okutendewalirwa. Abamu bwe balaba nga teri ssuubi lya kutuuka ku ddimookulaasiya bayinza okukomekkereza nga bakkirizza nti balina okwekkiriranya n'obwannakyemalira obusimbye amakanda, nga basuubira nti mu kutabagana, okwekkiriranya, n'enteeseganya, basobola okubaako ne bye bataakiriza n'okukomya ebikolwa eby'obusibiramubbwa. Mu ntegeera ennyangu buli lw'osoberwa ku ky'okusalawo, kiba kikwetaagisa okulowoolezaako mu kkubo eryo.

Okwaŋŋanga obwannakyemalira obusibiramubbwa n'eryanyi si kye kintu ky'oyinza okusuubiriramu ennyo. Lwaki omuntu kimwetaagisa okukwata ekkubo eryo?

Omuntu yenna tasobola kusooka kulowoozaamu n'afuna engeri z'okwogerezeganya, ne bateesa ekkubo ery'okukomya obwannakyemalira mpolampola? Bannaddimookulaasiya tebayinza kuperereza bannakyemalira kuddamu ka buntu n'okubakkirizisa okukkakkanya ku buyinza bwabwe mpolampola, oboolyawo oluvannyuma ne basobola okuteekawo ekkubo erijjuvu ery'okuzimba ddimookulaasiya?

Emirundi egimu kigambibwa nti ludda olumu terusobola kubeera nga lwe lutuufu lwokka. Oba oli awo bannaddimookulaasiya

bategeera bubi bannakyemalira, bayinza okuba nga bakola n'ebigendererwa ebirungi naye mu biseera ebizibu? Oboolyawo abamu bandirowooza nti bannakyemalira bayinza okweggyako bokka mu kiseera ekyo ekizibu ensi kye yitamu, singa bagezaako okubazzaamu amaanyi n'okubasendasenda. Kisobola okusalibwawo nti bannakyemalira bandiweebwe omukisa nga enjuyi zombi zifunamu, buli ludda lulina okuba nga lulina kye lufunyeemu. Ka tugambe nti, obwerende n'obulumi obuva mu kweyongerayo n'olutalo bwandiba nga tebwetaagisa singa bannaddimookulaasiya abavuganya baba beetegefu okumalawo okusika omuguwa mu mirembe n'enteeseganya (oboolyawo ekiyinza okukolebwa nga bayambibwako abantu abakugu sinakindi gavumenti endala). Ekyo tekyandisinze olutalo olukalubu, ne bwe luba nga lubadde olutaliimu butabanguko, n'okusingira ddala olw'ekinnamagye?

## Ebirungi n'ebizibu by'enteeseganya

Enteeseganya kyakulwanyisa kya mugaso nnyo okumalawo ensonga ezimu mu butakkaanya era tezirina kusuulibwa muguluka oba okugaanibwa bwe ziba nga zeetaagisa.

N'olwekyo mu mbeera ezimu bwe kiba nga tekikosa nsonga ssemasonga, nga okwekkiriranya kukkirizibwa, enteeseganya zisobola okuba ekkubo ery'omugaso okumalawo akagugulano. Eky'okulabirako ekirungi kwe kwekalakaasa kw'abakozi okwongezebwa ensako, enteeseganya kkubo ddungi nnyo mu kumalawo obakkaanya: Okukkaanya okutuukibwako kuyinza okuleetawo ennyongeza eyinza okuba wakati w'emiwendo egibadde gireeteddwa buli ludda.

Wabula obukuubagano bw'abakozi n'ebibiina ebigatta ebibagatta,buleetawo obunkenke n'okukira obukuubagano obwo

obuleetebwawo obwannakyemalira obukambwe obutakoma oba obwo obuleetawo okwetaaya mu byobufuzi.

Bwe kiba nga ensonga ssemasonga ze ziri mu matigga, nga okukosa ennono z'eddiini, ensonga z'eddembe ly'obuntu oba enkulakulana y'ensi eyoomu maaso, enteseganya tezisobola kuwa kkubo lituuka ku kya kusalawo kimatiza njuyi zonna. Ku nsonga ezimu ez'obulamu obwa bulijjo, tewateekeddwa kuba kwekkiriranya. Okukyusa obukyusa obuyinza okudda mu mikono gya bannaddimookulaasiya kimalira ddala okukuuma ensonga ezikwata ku bulamu obwa bulijjo ezikwata ku bulamu obwa bulijjo ezibadde zirinnyirirwa. Enkyukakyuka ey'engeri eno ejja kujja ng'eyita mu kufunvubira, so si nteseeganya. Mu kino tetugamba nti enteeseganya tezirina kukozesebwa. Wabula ensonga eri nti enteeseganya si lye kkubo ettuufu erisiguukulula obwannakyemalira obw'amaanyi mu mbeera etaliimu kuvuganyizibwa ludda lwa bannaddimookulaasiya lwa maanyi.

Enteeseganya weewaawo ziyinza obutabeerera ddala kyakusalawo. Bannakyemalira abasimbye amakanda era abawulira nga banywevu mu bifo byabwe bayinza okugaana okuteesa ne bannaddimookulaasiya ababavuganya. Oba enteeseganya nga zitandikiddwawo bannaddimookulaasiya abateesa bayinza okubuzibwawo ne bataddamu kuwulirwako nate.

## Okuteesa kupondooka?

Abantu ssekinnoomu n'ebibiina ebiwakanya obwannakyemarira era n'okwettanira enteeseganya baba n'ebiruubirirwa ebirungi bulijjo. Okusingira ddala ng'olutalo olw'ekinnamagye olulwanyisa obwannakyemalira obusibira mubbwa lututte emyaka egiwera awatali kutuuka ku buwanguzi bwa nkomeredde, kitegeerekeka nti abantu bonna abakkiririza mu ndowooza z'ebyobufuzi ezitali zimu

bandyagadde emirembe. Okusinga enteeseganya zifuuka ensonga mu bannaddimookulaasiya singa bannakyemalira balina eryanyi ly'emmundu era ng'okwonooneka kw'ebintu n'okufa kwa bannansi tebikyebeereka.

Wajja kubaawo okukembwa okunoonya ekkubo eddala eriyinza okutaakiriza ebimu ku bigendererwa bya bannaddimookulaasiya okukomya n'okulwanyisa obutabanguko obutatadde.

Omukisa ogussibwawo obwannakyemalira okuzza emirembe nga bayita mu nteeseganya ne bannaddimookulaasiya ababavuganya kyeraga lwatu nti si gwa mazima. Obutabanguko bwandiyinzizza okukomezebwa mbagirawo bannakyemalira bennyini singa bakomya okutanula olutalo ku bantu baabwe. Bandisobode bennyini awatali kuwannaanya okuzzaawo ekitiibwa n'eddembe ly'obuntu, okuta abasibe abasibibwa olw'ensonga z'ebyobufuzi, okukomya okutulugunya abantu, okukomya ebikwekweto by'amagye, okuva mu bukulembeze n'okwetondera abantu.

Obwannakyemalira ka bube bwa maanyi, naye awali okuwakanya gavumenti okw'amaanyi, bannakyemalira bayinza okwagala okuteesa n'ababawakanya bawanike nga beerimbise mu kuteekawo "emirembe". Okuyita enteeseganya kuyinza okuwulikika ng'okusanyusa kyokka wayinza okubaayo obulabe obukusike eyo mu kisenge awateesezebwa.

Ku ludda olulala, abawakanya gavumenti bwe baba nga ba maanyi nnyo ekisukkiridde nga ne bannakyemalira batiiridde ddala, olwo bayinza okusaba enteeseganya okusobola okutaakiriza obuyinza bwabwe oba obugagga bwabwe nga bwe kisoboka. Mu mbeera zonna bannaddimookulaasiya tebalina kuyamba bannakyemalira kutuuka ku biruubirirwa byabwe.

Bannaddimookulaasiya balina okwekeka emitego egiyinza okubateekerwateekerwa bannakyemalira ng'enteeseganya zigenda mu maaso. Okuyita enteeseganya ku nsonga omuli n'ensonga z'eddembe ly'ebufuzi erisookerwako bannakyemalira bandikiteekawo olw'okusikiriza bannaddimookulaasiya okuwanika mu mirembe, ng'eno ate byo ebikolwa by'effujjo ly'obwannakyemalira bwe byeyongera okugenda mu maaso. Mu bika by'obukuubagano ng'obwo, omugaso gwokka ogw'enteeseganya gusobola kulabikira ku nkomerero y'olutalo amaanyi ga bannankyemalira nga gatuulibwa ku nfeete ne basigala kunoonya kkubo libatuusa ku kisaawe kya nnyoni kwetegula ggwanga.

## Amaanyi n'obwenkanya mu nteeseganya

Bwe kiba nga endowooza eno ewulikika ng'enkambwe ennyo ku kuteeseganya, oba oly'awo eriyo endala ezikwogerako nga zisiigiriza akazigo ezisobola okuwulirizibwa. Endowooza etegeerekeka yeetaagisa ku ngeri enteeseganya gye zirina okutambulamu.

Enteeseganya tekitegeeza njuyi ebbiri kutuula wamu nga zeesigamye ku mwenkanonkano olwo ne zoogerazeganya n'okukkaanya ku njawukana ezireeseewo obukuubagano wakati waazo. Waliwo amazima ga mirundi ebiri agalina okujjukirwa.

Ekisooka, mu nteeseganya si ebyo ebirowoozebwa nti bye bituufu okuva mu ndowooza ezikontana n'ebigendererwa byazo nti bye bisalawo ebinaabeera mu ndagaano ekkaanyiziddwako.

Ekyokubiri, ebibeera mu ndagaano ekkanyiziddwako okusinga bisalibwawo busobozi bwa buli luddamu mu nteeseganya.

Waliwo ebibuuzo ebiwera ebizibu ebirina okulowoozebwako. Ki ekirina buli ludda kye lulina okukola okutuukiriza ebigendererwa byalwo singa oludda olulala lugaana okutuuka ku kukkaanya nga bali

ku mmeeza? Buli ludda lusobola kukola ki singa oludda olulala luva ku byakkaanyizibwako ne lukozesa eryanyi okutuukiriza ebigendererwa byalwo oluvannyuma lw'endagaano eyakkaanyizibwako?

Okukkaanya mu nteeseganya tekutuukibwako nga twesigama ku butuufu n'obukyamu bw'ensonga eziriwo.Yadde nga ebyo biyinza okukubaganyibwako nnyo ebirowoozo, ebiva mu nteeseganya ebituufu biva mu kugeraageranya enkizo n'amaanyi g'ebiwayi ebiri mu nteeseganya.

Bannaddimookulaasiya basobola kukola ki okukakasa nga ebyo bye bayaayaanira tebigaanibwa? Bannakyemalira basobola kukola ki okusigala mu buyinza n'okunafuya bannaddimookulaasiya?

Mu ngeri endala, okukkaanya bwe kubaawo, emirundi egisinga kiba kivudde ku ngeri buli ludda gye lupimyemu amaanyi g'olulala, era n'okubalaabalamu butya olutalo bwe luyinza okukomekkerezebwa.

Essira era lirimu okuteekebwa ku ki buli ludda kye luteeseteese okwerekereza okusobola okutuuka ku kukkaanya. Mu nteeseganya ezigenda obulungi, wabeerawo okwekkiriranya, kino kye kimalawo enjawukana. Buli ludda lufuna ekitundu kw'ebyo bye lwagala n'okwerekereza ekitundu ku bigendererwa byalwo.

Mu mbeera y'obwannakyemalira obususse biki abalwanirizi ba ddimookulaasiya bye balina okuwaayo eri bannakyemalira?

Bigendererwa bya bannakyemalira ki abalwanirira ddimookulaasiya bye banakkiriza?

Bannaddimookulaasiya banaawa bannakyemalira omwagaanya ogw'enkalakkalira okuyita mu ssemateeka okuba mu gavumenti y'ekiseera eky'omu maaso (kibeere kibiina kya byabufuzi oba kabondo ka bannamagye)? Olwo ddimookulaasiya y'aliwa mw'ekyo?

Ne bwe tulowooza nti buli kimu kigenze bulungi mu nteeseganya, kyetaagisa okwebuuza:“Mirembe nnabaki egirivaamu?” Obulamu buliba bulungi oba bubi n’okukirawo singa bannaddimookulaasiya batandika oba bagenda mumaaso n’olutalo?

## Bannakyemalira “abagumiikirizika”

Bannakyemalira bayinza okuba n’ensonga wamu n’ebigendererwa ebiri emabega w’obufuzi bwabwe; obuyinza, ekifo, obugagga, okukyusa ensi n’ebiringa ebyo. Omuntu alina okujjukira nti tewali ku bino kye bajja kufuna singa baleka ebifo byabwe mwe bafugira.

Singa wabeerawo enteeseganya, bannakyemalira bajja kugezaako nnyo okukuuma ebiruubirirwa byabwe.

Bannakyemalira ke bawe bisuubizo nnabaki mu ndagaano y’enteeseganya, tewaba n’omu ayinza kwerabira nti basobola okusuubiza kyonna okuleetera bannaddimookulaasiya ababavuganya okuwanika, n’oluvannyuma awatali na kuswala ne bamenya endagaano zino.

Bannaddimookulaasiya singa bakkiriza okukomya okuwakanya gavumenti okusobola okufuna ku buweerero okuva mu kunyigirizibwa gavumenti, bayinza ate okukkakkana nga bavuddeyo buggo ng’ogusiima ebbumba. Okukomya okuwakanya gavumenti kukendeeza kitono ku kunyigirizibwa. Amaanyi agawakanya gavumenti agava munda mu ggwanga, n’ebweru w’eggwanga singa gaggyibwawo, bannakyemalira bayinza okutanula okutuntuza abantu n’okusinga bwe kwali okusooka.

Okugwa kw’abawakanya gavumenti abatutumufu kitera okuggyawo amaanyi agabadde gakkakkanya ku buyinza n’ebikolwa eby’obukambwe eby’obwannakyemalira.

Bakanywamusaayi omuwandiisi Krishnalal Shridharani kati olwo bagenda mu maaso ngabalinnyirira buli gwe baagala.

Bakanywamusaayi balina obuyinza okutulugunya,ate ekyo kyokka kye tutalina maanyi kusimbira kkuuli.

Okusobola okuleeta enkyukakyuka awali obugugulano, okuwakanya gavumenti kwa nkizo nnyo okusinga enteeseganya, naddala singa ensonga ssemasonga oba enkulu mu bulamu bw'abantu ziba zityoboolwa. Kumpi mu buli ngeri, okuwakanya gavumenti kulina okugenda mu maaso okusobola okufuumuula bannakyemalira mu buyinza.

Obuwanguzi omirundi egisinga tebusalibwawo ndagaano yakuteeseganya, wabula busalibwawo engeri ey'amagezi gye mukozesaamu ekkubo erisinga amaanyi eririwo lye munaakozesa mu kusimba ekkuuli.

Ekirowoozo kyaffe ekigenda okunnyonyolwako oluvannyuma mu mitendera kiri nti; okuguguba kw'ebyobufuzi oba olutalo olutaliimu butabanguko lye kkubo eririwo erisinga amaanyi eri abo abalwanirira eddembe.

## Mirembe nnabaki?

Singa bannakyemalira ne bannaddimookulaasiya baakwogera ku mirembe, kyetaagisa okulowooza ennyo olw'ebizibu ebifumbekeddemu. Si buli omu akozesa ekigambo "mirembe" nti aba ayagala ddembe na bwenkanya. Okwewaayo okunyigirizibwa n'okugondera bannakyemalira abakambwe ennyo, abatirimbudde enkumi n'enkumi z'abantu si mirembe egyannamaddala. Hitler emirundi mingi yakubirzanga abantu okukuuma emirembe, naye nga mw'ekyo yategeezanga bantu kukkiriza ebyo by'ayegala. Emirembe gya nnakyemalira emirundi mingi tegisukka kkomera oba kufa.

Waliwo ebizibu ebirala. Abateesa abali ku mulamwa oluusi batabula ebigendererwa by'enteeseganya n'emitendera gy'enteeseganya zennyini. Okwongera ku ekyo abateeseza ddimookulaasiya oba abakungu mu nteeseganya okuva ebunaayira ababa bakkiriziddwa okuyamba mu nteeseganya, bayinza okuwa amangu bannakyemalira eddembe okwetaayiza munda mu ggwanga n'ebweru waalyo, lye baali tebalina olw'okomya obuyinza bwe ggwanga n'eryanyi; okutyoboola eddembe ly'obuntu, n'olwebikolwa eby'obusibira mu bbwa. Awatali ddembe lya kwetaaya lino lye beetaaga okukamala, bannakyemalira tebasobola kuwangaalira mu bukulembeze. Abalwanirira emirembe tebalina kuwa bannakyemalira bbeetu lino.

## Ebituwa essuubi

Nga bwe kyalagiddwa mu kusooka, abakulembeze b'oludda oluvuganya bayinza okuwalirizibwa okugenda mu nteeseganya olw'obutaba na ssuubi mu lutalo lwa ddimookulaasiya. Kyokka ate endowooza eyo e'yobutasobola eyinza okukyusibwa.

Obwannakyemalira si bwa lubeerera. Abantu abafugibwa obwannakyemalira tebalina kusigala nga banafu, ne bannakyemalira tebalina kulekebwa kusigala nga ba maanyi lubeerera. Aristotle yagamba nti obufuzi obw'akabondo n'obwakanywa-musaayi buwangaala akaseera katono okusinga ssemateeka endala zonna obwakanywa-musaayi yonna gye bwali bubadde, tebuwangadde ne bannakyemalira b'akakyo kano nabo batudde ku nkato. Obunafu bwabwe busobola okwesigamwako, n'amaanyi gaabwe gasobola okuyuzibwayuzibwa. (mu ssuula eyookuna tujja kuttaanya obunafu bwabwe mu mitendera).

Ebyafaayo ebyakayita biraga nti obwannakyemalira butudde ku nkato, era bitubikkulira nti busobla okubetentebwa mu kaseera mpa we kaaga: Yadde nga kyatwala emyaka kkumi, okuva mu 1980 okutuuka

mu 1990 okusuula obwannakyemalira bwa bannaasiwamukange mu Poland, ate nga mu East Germany ne Czechoslovakia kyatwala ddimansi mbale bubazi mu 1989, mu Elsalvador ne Guatemala mu 1944 entalo ezaamaamulako bannakyemalira bannamagye abakambwe abaali beenywerezza mu buyinza zaatwala ddimansi nga bbiri buli lumu. obukulembeze bwa Shah obw'ekinnamagye obwali bwesomye mu Iran bwasuulibwa mu myezi bwezi.

Mu1986 mu Philipians, obwannakyemalira bwa Marcos, amaanyi g'abantu ba bulijjo gaabusuula mu ddimansi mbale bubazi. Gavumenti ya Amerika yayabulira pulezidenti Marcos amaanyi gabaamuvugannya bwe gaasukka.

Bannamagye abaali bawambye gavumenti ya Soviet Union mu mwezi gwa Muwakanya 1991 okuguguba kw'ebyobufuzi kwabalemesa mu nnaku bunaku. Oluvannyuma lw'ekyo amawannga agaali gabutikiddwa obwannakyemalira bwa Soviet Union gaddamu ne gafuna obwetwaze, nga kitutte ennaku ntono, ddimansi n'emyezi.

Endowooza egamba nti amakubo ag'obutabanguko gakola amangu, nti ate amakubo agatali ga butabanguko geetaaga ebbanga ddenne ddala sintuufu n'akatono. Newankubadde obudde obungiko buyinza okwetaagibwa okuleetawo enjawulo mu mbeera ebaddewo mu nsi, okulwanyisa obwannakyemalira kwennyini emirundi egimu kuba kwa mangu nnyo nga tuyise mu bikolwa ebitali bya butabanguko.

Enteeseganya si lye kkubo lyokka wakati mu lutalo olulimu okunyigirizibwa ku ludda olumu n'okukakibwa okuwanika ku ludda olulala. Ebyokulabirako binokoddwayo wamu n'ebyo ebimenyeddwa mu ssuula esooka biraga nti ekkubo eddala weeriri eri abo abaagala emirembe wamu n'eddembe ly'obuntu: lino lya '***kuguguba kw'ebyobufuzi.'***

# ESSUULA EYOOKUSATU

## OBUYINZA BUVA WA?

Okufuna ensi erimu eddembe n'emirembe si kya muniino. Kijja kwetaagisa obukugu obw'ekika ekya waggulu, okulambikibwa, n'enteekateeka.

Okusinga byonna kijja kwetaagisa obuyinza. Bannaddimookulaasiya tebasuubira kusuula bwannakyemalira na kuteekawo eddembe lya byabufuzi awatali busobozi kuteeka buyinza bwabwe mu nkola.

Naye kino kisoboka kitya? Maanyi nnabaki bannaddimookulaasiya abavuganya ge basola okukunga, agamala okusuula obwannakyemalira n'eggye lyabwo eddene ssaako ne poliisi?

Ebyokuddamu biri mu kuteegera maanyi ga byabufuzi agabadde gatafiibwako. Okutegeera kino si kintu kizibu nnyo. Gano ge mazima amangu okutegeerwa buli omu.

### Akagero k'Omulundankima

Waliwo ekyokulabirako ky'akagero k'Abachaina akaawandiikibwa Lui-Ji mu kyasa ky'ekkumi n'ena, akalaga obulungi engeri y'okutegeera amaanyi mu by'obufuzi.

Akagero kagamba nti, mu bwakabaka bwa Chu, mwalimu Omusajja omukadde eyali yeeyimirizawo ng'ayita mu kulunda enkima nga ze

zimukolera. Abantu boomu Chu baamuyitanga “Jun gong” eritegeeza Omulundankima.

Buli ku makya nnamukadde ono yakunganga enkima mu luggya lwe olwo n’alagira ezikulira okukulembera endala zigende mu nsozi zikuŋŋaanye ebibala mu ku miti.

Kyali kya tteeka buli nkima okuwa ekimu eky’ekkumi okuva kw’ebyo by’ekuŋŋaanyiza eri nnamukadde. Ezo ke zaatandanga ne ziremererwa nga zikubwa kumpi kuzireka mu kkubiro. Enkima zonna zaabonaabona bya kitolo naye nga tezirina we zeemulugunyiza.

Olumu kawankima kaabuuza bawankima abalala oba omusajja ye yasimba emiti gy’ebibala gyonna n’ensiko!

Abalala ne baddamu nti nedda gya kyemeza kawankima ne keeyongera okubuuza nti; tetusobola kulya ebyo awatali lukusa lwa namukadde oyo? Banne baako ne bakadamu nti basobola. Kawankima mumaaso nti, “Lwaki tubeerawo ku lwa nnamukadde? Lwaki ffenna tulina kuweereza ye?”

Kawankima kaba tekannamalayo na kye kaali koogera, bawankima bonna ne bafuna okumanya ne bava mu bwebafu.

Mu kiro ekyo kye kimu, nga bamaze okulaba nga nnamukadde yeebase bawankima ne bawagulawagala ebigo byonna mwe baali basibirwa, era ne bamenyaamenyera ddala ekikomera kyonna. Ne batwala n’ebibala byonna nnamukadde bye yalina mu tterekero, ne bagenda nabyo mu miti butaddira ddala na guno guliko. Ku nkomerero nnamukadde yafa olw’enjala.

Ye omuwandiisi *Yu-li-zi* agamba nti; abantu mu nsi bafuga bannaabwe na bukujjukujju so si ebituufu ebirina okugobererwa. Bano njawulo ki n’omulundankima?

Amangu ddala nga abantu bamaze okufuna okumanya, olwo obukodyo bw'abafuzi buba tebukyakola.

## Ensibuko Z'amaanyi G'ebyobufuzi Ezeetaagisa

Enkola nnyangu nnyo. Bannakyemalira beetaaga obuyambi bw'abantu be bafuga, we butali tebasobola kufuna yadde okunyweza ensibuko y'amaanyi gaabwe mu by'obufuzi. Ensibuko y'amaanyi g'ebyobufuzi mulimu:

- Obuyinza, abantu okukkiriza nti obukulembeze buliwo mu mateeka, era nti buvunaanyizibwa bwabwe okubugondera.
- Abantu abakola; omuwendo n'omugaso gw'abantu n'ebibinja ebigondera, ebikolagana, oba ebiwa abafuzi obuyambi.
- Obukodyo n'amagezi, eby'etaagibwa gavumenti okusobola okukola ebintu ebimu era ebiweebwayo abantu ssekinnoomu n'ebibiina ebikolagana nayo.
- Ebintu ebitakwatibwako, ensonga ezeekuusa ku bwongo wamu n'endowooza ziyinza okusendasenda abantu okugondera n'okuyamba abafuzi
- Ebintu ebikozesebwa, abafuzi gye bakoma okuba n'obugagga obw'obutonde, eby'ensimbi enkola z'ebyenfuna wamu n'emikutu gy'empuliziganya n'ebyentambula; gattako, obukwakkulizo, n'ebibonerezo, ebiteekebwawo okutiisatiisa oba ebikozesebwa eri abajeemu n'abatakolagana na bufuzi, okulaba nga bagonda era n'okolagana ne gavumenti, nga bino bye bintu ebyetaagisa olw'obufuzi okubeerawo n'okutuukiriza enkola zaabwo.

Wabula ensibuko zino zonna zeesigama ku kukkiriza bufuzi obwo, okubugondera wamu n'obuwulize bw'abantu, era n'enkolagana y'abantu b'otasobola kubala, teekako ebitongole ebingi mu nsi eyo.

Kyokka bino si bya tteeka. Ekyo kiyinza okuddirirwa nnakyemalira okunafuyira ddala mu maanyi.

Olw'okuggyibwako ensibuko z'amaanyi ge okumala akaseera, kisobola okuleetawo okusannyalala n'obuteesobola eri obufuzi, era bwe kisukka awo ekivaamu kuyuzaayuzibwa.

Amaanyi ga nnakyemalira gajja kufa mu ngeri ya kasoobo oba ya yiriyiri okusinziira ku buvujjirizi eri obufuzi bwe.

Obunyiinyintivu bw'eddembe oba obwakanywamusaayi mu gavumenti yonna bubeerawo, era bweyongera n'okukirawo, kino kiwa ekifaananyi ky'obumalirivu bw'abafugibwa okwetaaya n'obwagazi bwabwe era n'obusobozi okusimbira ebyo byonna ekkuuli ebikolebwa okubateeka mu busibe.

Okwawukanako n'endowooza y'abasinga, bannakyemalira beesigama ku bantu n'ebitundu bye bafuga okukozesa obuyinza obusukkulumu. Ng'omukugu mu kunnyonnyola ku by'obufuzi *Karl W.Deutsch* bwe yayogera mu 1953 nti: Okukozesa obuyinza obusukkulumu kikola singa kiba tekikozesebwa mirundi mingi.

Obuyinza obusukkulumye bwe bukozesebwa buli kiseera eri abantu, kisobola obutawangaala bbanga ddene. Obuyinza buno obusukkulumye bwe buba nga bukozesebwa ku bannansi buli kiseera, buba olwo amaanyi gaabwo tegawangaala. Okuva lwe kiri nti obufuzi obukozesa obuyinza obusukkulumu bwetaaga amaanyi mangi okukola ku bantu be bafuga okusinga ebika bya gavumenti ebirala, obufuzi obw'engeri eyo bwetaaga nnyo obuwulize bw'abantu baabwo obwesigika okuva mu buli nsonda; n'okusingaennyo baba balina okwesigama ku buwagizi obw'ebikolwa okuva mu bantu b'ebitundu eby'enkizo lwe ky'etaagisizza.

Munnamateeka omuwandiisi Omungereza *John Austin* ow'ekyasa kye kkumi n'omwenda, yannyonnyola embeera obwannakyemalira gye buyisaamu abantu abatakyabugondera. *Austin* agamba nti singa abantu basinga bamalirira okusaanyaawo obwannakyemalira n'okwewaayo okugumira okunyigirizibwa okunaddirira olw'okutuukiriza kino, olwo amaanyi ga gavumenti n'abagiwagira tegandisobodde kukuumirawo gavumenti eyo emaze okukyayibwa ne bwebeera n'obuwagizi bw'amanga ag'ebweru. *Austin* akubira ng'agamba nti abantu abaguguba tebasobola kukakibwa kuddayo mu buwulize n'obufuge obw'olubeerera.

*Niccolo Machiavelli* omuwandiisi kakensa ow'ebyobufuzi yagamba nti, omulangira nga mulabe wa bantu bonna tasobola kubeera munywevu, era gy'akomya obukambwe n'obukulembeze bwe gye bukoma okulagaya.

Obutuufu bw'enkozesa y'endowooza zino mu byobufuzi yalagibwa bannansi ba Abanorwey abazira abasimbira enfuga ya ba Nazi ekkuuli obutabafuŋŋamako, era nga bwe kyanokoddwayo mu ssuula esooka Abapolandi, Abajirimaani, Abaczech, Abaslovaaki wamu n'abalala bangi mu buvumu basimbira ekkuuli obukambwe n'obwannakyemalira bwa bannaakalyakaani era oluvannyuma ne kireetawo okugwa kw'enfuga y'obwannaakalyakaani mu Bulaaya.

Kino nolwekyo si kimpya: Enkola ez'okusimbira abafuzi ekkuuli awatali butabanguko zaatandika dda eyo mu myaka gya 494 nga ne Krisito tannazaalibwa, abantu ba bulijjo bwe baamenyawo enkolagana yaabwe n'aboolulyo lwa Abaluumi olufuzi. Entalo ezitaliimu butabanguko zeeyambisiddwa abantu mu biseera eby'enjawulo okwetoloola zissemazinga omuli Asia, Africa, America ey'obukiikaddyo n'eyobukiika kkono, Australia n'ebizinga ebigyetoolodde wamu n'ebizinga ebisangibwa ku ssemayanja Pasific ssaako ne Bulaaya.

Ensonga ezisinga obukulu essatu ezisalawo engeri gavumenti gy'enaakuumamu amaanyi gaayo oba ne gagiva mu ngalo ziri: (1) Okuyaayaana kw'abantu okuteeka ekkomo ku maanyi ga gavumenti; (2) embavu ebibiina by'abantu ba bulijjo ebyentengeredde n'ebitongole ze birina okuggyawo ensibuko y'amaanyi ga gavumenti, n'ekirala (3) Obusobozi bw'abantu obumala okuggyawo okukkiriza kwabwe n'obuyambi.

## Entabiro Z'amaanyi Ga Ddimookulaasiya

Akamu ku bubonero bw'ensi ebukaddemu ddimookulaasiya kwe kubeerawo kw'ebibiina by'obwannakyewa ebyetongodde n'ebitongole.Nga muno mulimu amaka, ebibiina by'eddiini, ebibiina bya bannabyabuwangwa, ebibiina bya bannabyamizannyo,ebitongole by'ebyenfuna, ebibiina by'abakozi, ebibiina ebigatta abayizi, ebibiina by'ebyobufuzi, ebyalo, ebibiina eby'ebitundu ebiriraaniganye, obubiina bw'abalimi, ebitongole by'eddembe ly'obuntu,ebibiina by'abayimbi, eby'abayiiya, n'ebirala. Ebibiina bino bya mugaso nnyo mu kutuukiriza ebigendererwa byabyo n'okuyamba okutuusa ku bantu eby'etaago mu bulamu obwa bulijjo.

Okwongera ku ekyo, ebibiina bino bitegeeza kinene nnyo mu byobufuzi. Biteekawo omwagaanya abantu mwe basinziira okwenyigira mu kusalawo eggwanga lyabwe gye liraga n'okuwakanya ebibiina ebirala oba gavumenti erabibwa nga egezaako okutuula kw'ebyo bye bikkiririzaamu n'emirimu, oba ebigendererwa byabyo. Abantu ssekinoomu abatali mu bibiina ebyo tebalina busobozi buteekawo njawulo mu ggwanga, n'okusinga ate mu gavumenti, mpozzi oboolyawo nga si ya bwannakyemalira.

N'ekivaamu, singa bannakyemalira basobola okuggyako ebibiina nga bino okwetongola n'eddembe lyabyo,olwo bannansi bonna bajja kuba basigadde ttayo.

Era singa ebitongole bino bifugibwa gavumenti eya wakati, oba okusikizibwa ebipya ebisobola ebizinira ku ntoli bisobola okukozesebwa okufuŋŋama ku bannakibiina ssekinoomu awamu n'ebitongole ebyo byonna mu ggwanga.

Kyokka, singa okwetongola n'eddembe ly'ebitongole ebirwanirizi by'eddembe (ebitafugibwa gavumenti) bisobola okukuumibwa n'okuddizibwa, bya mugaso nnyo mu kuteeka mu nkola okuguguba kw'ebyobufuzi. Akabonero akasinga okweyolekera mu by'okulabirako ebyanokoddwayo eby'obwannakyemalira obuyuzaayuziddwa oba obunafuyiziddwa, kabadde "buvumu bw'abantu bonna mu kuteekawo okuguguba mu byobufuzi wamu n'ebitongole byabwe."

Nga bwe kiragiddwa, entabiro z'amaanyi zino ziwa ebitongole omwagaanya abantu mwe bayita okussaawo obunkenke oba okusimbira obufuzi bw'obwannakyemalira ekkuuli. Mu biseera ebiddako, ebitongole bino biba bijja kuba kitundu ku misingi eminywevu okuzimbirwa ensi ey'eddembe. N'olwekyo okwetongola n'okukula kwabyo kwetaagisa nnyo mu kuwangula olutalo lw'ameenunula.

Singa obwannakyemalira bumala ne butuuka ku buwanguzi mu kufufuggaza oba okusensera ebitongole n'amasiga agalina okwemalirira mu ggwanga, kijja kuba kitegeeza nti abawakanya gavumenti balina okutondawo ebibiina n'ebitongole ebiggya, oba okulemera ku nkola eya ddimookulaasiya mu nzirukanya y'ebyo ebikyaliwo oba ebiddukanyizibwa nga tebyetengeredde.

Mu lutalo olwaleeta enkyukakyuka mu Hangary olwa 1956-1957 obukiiko bwa bannaddimookulaasiya obuwerako bwamerukawo n'okwegatta ne bwegatta wamu okumala ddimansi eziwera, okuteekawo obukulembeze obwesigamye ku federo mu bitongole ne mu gavumenti.

Mu Poland emyaka gya 1980 nga ginaatera okukubwa amabega abakozi baagunjaawo obubinja obubagatta obutaali mu mateeka okulaga eryanyi, nga era mu nsonga ezimu bweddiza obuyinza bw'ebibiina ebigatta abakozi ebitongole ebyali bibutikiddwa bannaakalyakaani. Ebintu ng'ebyo mu bibiina bireetawo enkyukakyuka ezeetaagisa mu by'obufuzi.

Wabula, tewali ku bino, kitegeeza nti okunafuya n'okusuula obwannakyemalira kyangu nga kuyisa mukka mu kisero, oba nti buli kugezaako kunaaba kwa buwanguzi. Eky'amazima tekitegeeza nti olutalo terujja kubaamu kuyiwa musaayi, kuba abakyaweereza bannakyemalira bandirwana bwezizingirire mu kugezaako okukaka abantu okuddamu okukolagana nabo wamu n'okubawuliriramu.

N'olwekyo okwolesebwa okwo mu by'obufuzi kutegeeza nti okwewaayo okusuula obwannakyemalira kisoboka. Obwannakyemalira ku lwabwo bulina obubonero obweyawudde obububfuula obunafu eri okuguguba kw'ebyobufuzi okutegekeddwa n'obukugu. Kale nno katulabe obubonero buno mu bujjuvu.

# ESSUULA EYOOKUNA

## OBWANNAKYEMALIRA BULINA OBUNAFU

Obwannakyemalira oluusi bulabika nga obutanyeeenyezeka. Ebitongole ebikessi, poliisi, ebitongole by'amagye, amakomera, enkambi ezitulugunyizibwamu abantu, obubinja obutugo abasaliddwa ogw'okufa bifugibwa abantu abatono ab'amaanyi. Ensimbi z'eggwanga, obugagga obwensibo, n'obusobozi okukola ebintu emirundi mingi bibbibwa bannakyemalira era ne bikozesebwa okuwagira ebyo bannakyemalira bye baagala.

Mu kugeraageranya amagye ga bannaddimakulaasiya abavuganya emirindi mingi galabika ng'amanafu nnyo kifuula abawakanya gavumenti kireetawo okuwalirizibwa okutasoboka.Wabula tolowooza nti olwo biba biwedde.

### Okuzuula Obunafu We Buli

Olufumo lw'Abayonaani lulaga bulungi akatyabaga abo abalowoozebwa nti tebanyeenyezeka ke balimu.

Waaliwo omulwanyi nnamige Akireewo(Achilles), nga tewali kikonde na kimu kyali kiyinza kulumya mubiri gwe wadde ekitala ekiyinza okumuyitamu. Ng'akyali muwere kigambibwa mbu nnyina yali yamunnyika mu mazzi g'omugga *Styx* ogw'ebyewuunyo, ekyaleetera omubiri gwe okuba n'obukuumi eri obulabe obw'engeri yonna.

Wabula waaliwo obuzibu. Engeri omwana ono gye yali akwatiddwa mu kakongovule olw'obutatwalibwa mazzi, amazzi g'ebyewuunyo tegaasobola kutuuka ku katundu ako. Akireewo bwe yasajjakula yalabika nga wa maanyi nnyo nnantawunyikamu okusinga n'ebyokulwanyisa by'abalabe be bonna.

Wabula mu lutalo ng'asitaana ne Troy, waaliwo eyali amanyi obunafu bwa Akireewo we buli,n'awa omulabe we amagezi n'amusimbula akasaale mu kakongovule akataaliko bukuumi bwonna,nga kano ke katundu kokka ku mubiri gwe akaali kasobola okufuna obuvune. Akasaale ddala kaafuuka nnamuzisa. Na guno gwaka enjogera ya "*Akakongovule ka Akireewo"* ekozesebwa okutegeeza ekitundu ku muntu, mu nteekateeka oba mu ekitongole kyonna awali obunafu, nga singa wabeerawo okulumbibwa tekiba na bukuumi bwonna.

Enkola eno etuukira ne ku bwannakyemalira obukambwe. Nabwo busobolera ddala okuwangulwa, naye kyanguwa nnyo era kikosa kitono nnyo singa obunafu bwabwe buzuulibwa era n'obulumbaganyi ne bukolebwa ku bwo bwennyini.

## Obunafu Bw'obwannakyemalira

Obumu ku bunafu bw'obwannakyemalira bwe buno wammanga;

1. Enkolagana mu bantu ab'ebika eby'enjawulo, ebibiina awamu n'ebitongole eyeetaagibwa mu nzirukanya y'emirimu eyinza okuteekebwako obukwakkulizo oba okuggyibwawo.

2. Ebyetaago n'ebyava mu nkola z'obukulembeze obwo ez'emabega bijja kukugira ate obusobozi bw'obukulembeze obwo okuteeka mu nkola ebyo ebikontana ne biri ebyasooka.

3. Kisobola okufuuka enkola ya gavumenti eriko, okulemererwanga okukola enkyukakyuka bunnambiro ezituukana n'embeera empya.

4. Abakozi n'ebikozesebwa ebyagabanyizibwa edda olw'okutuukiriza emirimu gy'ekiseera ekyo tebijja kubaawo mu bwetaavu obuggya.

5. Olw'okutya okunyiiza bakama baabwe, abakolera bannakyemalira bayinzanga obutabawa bubaka butuufu oba bwonna nga bwe bweetaagisa okuyamba bannakyemalira okusobola okukola okusalawo.

6. Endowooza eyinza okunaabuuka, era eŋŋombo n'obubonero bw'enfuga eno biyinza obutabeerera.

7. Singa wabeerawo endowooza ey'amaanyi esobola okuleetera omuntu okusalawo mu ndaba ye ey'ebintu, bw'anywerera ku ndowooza eyo esobola okuleetawo obutafa ku embeera yennyini eriwo n'ebyetaago.

8. Okusereba mu bwesige n'obusobozi bw'ebitongole bya gavumenti, oba obukwakkulizo n'amateeka ebisukkiridde biyinza okuleetera enkola z'obukulembeze n'emirimu okuziŋŋama.

9. Obukuubagano mu bitongole bya gavumenti munda n'okugugulana wamu n'obukyayi bw'abantu ssekinoomu, biyinza okuleetawo obulabe era n'okutaataaganya entambuza y'obwannakyemalira ey'ebintu.

10. Abayivu n'abayizi bayinza okwegugunga mu ngeri y'okwanukula obukwakkulizo, n'obukugiro okukakaatika ku bantu endowooza n'ebikolwa ebinyigiriza.

11. Oluvannyuma lw'ekiseera,abantu bonna bayinza okukoowa,n'okutandika okubuusabuusa nga kwotadde n'okukambuwalira gavumenti.

12. Enjawukana ezeesigamiziddwa ku bitundu, ebiti by'abantu eby'enjawulo, eby'obuwangwa, oba ku nsi gye bava byandyeyongera.

13. Ensengeka y'obuyinza bwa nnakyemalira eba eyuuga buli kiseera, ate emirundi egimu kisukkirira. Abakungu mu gavumenti tebalemera mu bifo bya bukulembeze kyokka, wabula bayinza okulinnya oba okussibwa amadaala oba okusuulibwa ettale ne basikizibwa abantu abalala bapya.

14. Ebiwayi bya Poliisi oba amagye biyinza okukola nga bituukiriza ebigendererwa byabyo, oluusi nga bikontana n'okwagala kw'abannakyemalira abaliko, omuli n'okuwamba gavumenti.

15. Singa obwannakyemalira buba bupya, buba bwetaaga obudde okusobola okwenyweza.

16. Ebisalibwawo ebingi ng'ate bisalibwawo abantu abatono ddala mu bwannakyemalira, ensobi mu kusalawo zisuubirwa nnyo, mu mateeka ne mu kuteeka mu nkola.

17. Singa obufuzi bunoonya okwewala ebizibu nga bino, nga bugabana n'ebitundu obuyinza n'okusalawo ku bintu ebimu, olwo obuyinza bw'obufuzi obwo ku bintu eby'enkizo mu bukulembeze buyinza okwongera okusaanyizibwawo.

## Okwaŋŋanga Obunafu Bw'obwannakyemalira

Olw'okumanya obunafu bw'obwannakyemalira obw'omunda, bannaddimookulaasiya b'oludda oluvuganya basobola okuvumirira obunafu buno mu bugenderevu okusobola okukyusiza ddala enkola eno oboolyawo n'okugiyuzaayuza.

Okuwunzika kati olwo kuba kwangu: newankubadde nga obwannakyemalira bwonna buyinza okulabika nga amaanyi gabuwala, bulina obunafu. Enkola zoomunda ezitagenda bulungi, obugugulano bw'abantu ssekinoomu, obunafu bw'enkola z'ebitongole, wamu n'obukuubagano wakati w'ebitongole n'ebiwanyi byabyo.

Obunafu buno ebiseera bwe bigenda biyita buleetera obufuzi obutakyasobola kukola era obutakyeyinza eri embeera ezikyukakyuka, n'eri okuwakanya gavumenti okugenderere.

Si buli ekiteekateekebwa obufuzi obuliko nti kituukirizibwa.

Eky'okulabirako, emirundi egimu Hitler, ebiragiro bye yayisanga obutereevu, ebimu basajja be abaali wansi we mu buyinza baagaananga okubituukiriza. Obufuzi bwa nnakyemalira emirundi egimu buyinza n'okugwa mbagirawo nga bwe tumaze okulaba.

Kino tekitegeeza nti obwannakyemalira busobola okusaanyizibwawo awatali butyabaga na kuyiwa musaayi.

Buli kkubo lyonna erisoboka okuleeta okununulibwa lijja kubeeramu obutyabaga oboolyawo n'okubonaabona, ate era lijja kutwala akaseera okussibwa mu nkola.

Era kyeraga lwatu, nti teri kkubo lisobola kuleeta buwanguzi bwa mbagirawo mu buli mbeera.Wabula ebika by'entalo ezissa ennyo essira ku bunafu bw'obwannakyemalira obuba bulabika zirina omukisa munene okuwangulwa, okusinga ate ezo eziruubirira

okulwanyisa obwannakyemalira mu bitundu gye bweyoleka obulungi nti bw'amaanyi n'okukirawo. Ekibuuzo ekinene kiri ku ngeri ki olutalo gye lunaalwanibwa.

# ESSUULA EYOOKUTAANO

## OKUKOZESA OBUYINZA

Mu ssuula esooka twalaba nti okusimbira obwannakyemalira ekkuuli mu ngeri y'ekinnamagye tekikuba bunafu bwabwe, wabula awo awali amaanyi gaabwe.Okusalawo okweraga eryanyi mu by'amagye, obungi bw'ebyokulwanyisa, tekinologiya mu by'okulwanyisa, n'ebirala ebiringa ebyo bannabisinde ebisimbira gavumenti ekkuuli baba beetadde mu katyabaga kennyini.

Mu kisaawe ekyo, bannakyemalira buli kiseera bajja kuba basobola okukuŋŋaanya eby'okulwanyisa eby'amaanyi. N'emitawaana gy'okwesigulira ku banunuzi okuva e bunaayira nagyo twagiraba. Mu ssuula eyookubiri twekenneenya ebizibu by'okwesigama ku nteeseganya ng'ekkubo ly'okumaamulako obwannakyemalira.

Kati olwo makubo ki agaliwo aganaaba amalungi eri bannadddimookulaasiya abawakanya gavumenti okwongera okwanika obunafu bwa bannakyemalira obuba bulabiddwa?

Kakodyo nnabaki akasobola okwesigama ku ndowooza y'amaanyi g'ebyobufuzi gye twakubaganyaako ebirowoozo mu ssuula eyookusatu? Eky'okusalawo kiri kimu kya "***Kuguguba kw'ebyobufuzi."***

Okuguguba kw'ebyobufuzi kulina obubonero buno wammanga:

- Tekukkiriza nti engeri obwannakyemalira gye bunaasalawo okulwanamu y'ejja okusalawo ebinaavaamu.
- Kuzibu obukulembeze obuliko okukwaŋŋanga
- Kusobola mu ngeri ey'ekyewuunyo okwongera okwanika obunafu bw'obwannakyemalira era n'okusalako ensibuko y'amaanyi gaabwo.
- Kusobola okugaziwa mu nkola naye ate ne kunywerera ku kigendererwa ekyeyawudde.
- Kuleetera bannakyemalira okukola ensobi mu ndowooza ne mu nkola.
- Kusobola bulungi okweyambisa abantu bonna wamu, ebibiina kko n'ebitongole mu kulafuubana okukomya okufuŋŋamibwako abantu ab'olubatu.
- Kuyamba okusaasaanya engabanya y'obuyinza ennungi, ekisobozesa okuzimba n'okukuuma ensi ebukaddemu ddimookulaasiya.

## Enkola Z'olutalo Olutaliimu Butabanguko

Okufaananako n'obukody bw'ekinnamagye, okuguguba kw'ebyobufuzi kusobola okukozesebwa ku lw'ebiruubirirwa eby'enjawulo, okuviira ddala ku kunyigiriza omulabe okukyusa enkola ze, okuteekawo embeera esobozesa okumalawo obutakkaanya mu mirembe, oba okuyuzaayuza obufuzi bw'omulabe.

Wabula okuguguba kw'ebyobufuzi kukola mu ngeri za njawulo okwawukanako n'obutabanguko. Newankubadde nga bwombi bukodyo obulwana olutalo, bukola mu makubo ga njawulo nnyo era n'ebivaamu bya njawulo. Amakubo n'ebiva mu kakuubagano

ak’obutabanguko bimanyiddwa bulungi. Ebyokulwanyisa bikozesebwa okutiisatiisa, okutuusa obuvune ku bantu, okutta, n’okwonoona.

Olutalo olutaliimu butabanguko lugazi nnyo era lulina amakubo mangi ag’enjawulo okusinga olw’obutabanguko. Olutalo luno lwo lulwanibwa n’ebyokulwanisa eby’obwongo, eby’embeera z’abantu eza bulijjo eby’enfuna n’ebyobufuzi ebikozesebwa abantu n’ebitongole bya bannansi.

Bino bimanyiddwa  mu kwekalakaasa okw’amanya agenjawulo, obwegugungo, okumenyawo enkolagana, okuzira, okuggyamu obwesige, n’amaanyi g’abantu.

Nga bwe kyalagiddwa edda, gavumenti zonna zisobola okufuga singa ziba zikyalina ensibuko y’amaanyi gaazo okuva mu nkolagana, okuwanika kw’abazivuganya, n’okugonda kw’abantu n’ebitongole bya bannansi. Okuguguba kw’ebyobufuzi obutafaananako na butabanguko; kwo kukola bulungi nnyo okusalako ensibuko z’amaanyi ago.

## Enneeyisa N’ebyokulwanyisa Ebitali Bya Butabanguko

Ensobi emanyiddwa eyakolebwa mu biseera ebyayita mu kkampeyini y’okuguguba kw’ebyobufuzi, yali kwesigama ku nkola emu yokka oba bbiri okugeza; obwegugungo awamu n’abantu okwekalakaasa. Mu butuufu enkola nyingi eziriwo ezisobozesa abawakanya gavumenti okussa essira era n’okusaasaanya eky’okuwakanya gavumenti mu ngeri gye kyetaagibwa.

Enkola nga bikumi bibiri ez’ebikolwa ebitali bya butabanguko zinokoddwayo, era nga zikakasiddwa nti zireeta ebibala bingi. Enkola zino zaawuddwamu emitendera emigazi esatu; Okwekalakaasa

n’okukunga abantu, Okusazaamu enkolagana, n’okwenyigira mu bikolwa ebitali bya batabanguko.

Enkola z’okwekalakaasa ezitaliimu butabanguko n’okukunga abantu bubonero bwa nkukunala mu bwegugungo nga kwotadde okusimba ennyiriri, okutambula wamu n’okugumba mu kifo (enkola 54).
Okumenyawo enkolagana kugabanyiziddwamu emitendera essatu:

a. okumenyawo enkolagana mu mbeera eza bulijjo(enkola 16),

b. okumenyawo enkolagana mu byenfuna nga kw’otadde n’okuzira(enkola 26), era n’obwegugungo (enkola 23),

c. N’okumenyawo enkolagana mu by’obufuzi (enkola 38). Okwenyigiramu okutaliimu bikolwa bya butabanguko kukozesa makubo nga endowooza z’abantu, okwetabamu obutereevu, embeera z’abantu eza bulijjo, eby’enfuna oba eby’obufuzi, okugeza ekisinga obwangu; okugumba mu kifo mu mirembe, okutondawo gavumenti ey’oludda oluvuganya (enkola 41). Olukalala lw’enkola zino kikumi mu kyenda mu munaana ziteekeddwa ku nkomerero y’ekitabo kino.

Enkola zino eziwerako nga zirondeddwa n’obwegendereza,era ne zikozesebwa lunye era mu bitundu ebiwerera ddala, bwe ziba zikozeseddwa ng’enkola eŋŋenderere n’obukodyo obutuukiridde, nga ne bannansi ababukozesa batendekeddwa bulungi zisobolera ddala okuleeta emberebezi eri gavumenti eriko mu bukyamu. Era kino kikola ku buli bwannakyemalira.

Obutafaananako na nkola za kinnamagye enkola z'olutalo olutaliimu butabanguko, zisobola okutunuulizibwa obutereevu ku nsonga eziriwo. Ekyokulabirako, engeri ensonga y'obwannakyemalira gy'eri ya byabufuzi ddala, enkola ez'olutalo lw'ebyobufuzi olutaliimu butabanguko ziba za nkizo nnyo. Zino zirimu okugaana okubeerawo kwa bannakyemalira mu mateeka, n'okumenyawo enkolagana n'obufuzi bwabwe.

Okumenyawo enkolagana kusobola era okuteekebwa mu nkola eri enteekateeka za gavumenti ezimu. Emirundi egimu okusuula emisanvu ne kiremya omugendererere biyinza okukolebwa mu kimpoowooze era mu kyama, so ng'ate okujeema okw'olwatu n'okuguguba kw'abantu okw'obwegugungo n'okwekalakaasa biyinza okulabibwa wonna.

Ku ludda olulala, singa obwannakyemalira buba bunafuyiziddwa olw'okunyigirizibwa kw'eyenfuna, oba singa okwemulugunya okw'amaanyi kuba kwesigamye ku byanfuna, olwo enkola ezeesigamye ku byenfuna omuli; okuzira oba okwekalakaasa zisobola okuba amakubo amatuufu mu kuwakanya gavumenti.

Ebikolwa bya bannakyemalira okunyuunyunta ebitongole by'ebyenfuna, biyinza okuleetawo okwekalakaasa okutonotono wano na wali, emirimu okukolebwa akasoobo n'okummibwa obuyambi mu byekikugu sinakindi abakugu abeetaagibwa ennyo okuviira ddala mu ggwanga.

d. Okukozesa ebika by'okwekalakaasa ebirondebemu mu bintu eby'enkizo kusobola okutegekebwa; nga mu by'amakolero, mu by'entambula, mu nsaasaanya y'ebyeyambisibwa mu makolero, ne mu kusaasaanya ebyamaguzi.

Enkola z'olutalo olutaliimu butabanguko ezimu, zeetaaga abantu okukola ebyo ebitakwatagana na bulamu bwabwe obwa bulijjo; okugeza okusaasaanya obupapula obuliko obubaka obw'enjawulo, okusaasaanya obubaka mu nkiso, okwekalakaasa okwokwerumya enjala, oba okutuula mu nguudo. Enkola zino ziyinza okuba enzibu ku bantu abamu okuggyako mu mbeera nga eya kanaayokya ani.

Enkola endala ez'olutalo olutaliimu butabanguko, zeetaagisa abantu okusigala nga batambuza obulamu mu mbeera eya bulijjo. Naye ob'oli awo mu nneeyisa ez'enjawulo. Ekyokulabirako, abantu bayinza okugenda ku mirimu mu kifo ky'okwekalakaasa, kyokka nga bakola lulembwe oba mu ngeri ya gadibe ngalye mu bugenderevu kye batakola bulijjo. "Ensobi" eŋŋenderere zisobola okukolebwa olutata.

Emirundi egimu omuntu ayinza okwerwaza n'atasobola kukola, oba omuntu ayinza okugenda okwetaba mu kusinza okweddiini kyakka ng'ekikolwa si kya ddiini yokka wabula n'ebigendererwa by'ebyobufuzi. Omulala asobola okwefuula akuuma abaana okuva mu ntalo z'ebigambo ng'asomeseza abaana eka oba mu bibiina ebitali mu mateeka. Omuntu asobola okugaana okwegatta ku bitongole gy'aba asindikiddwa, oba gye yeetaagibwa mu kiseera ekyo bye yali tasobola kwegattako mu kusooka.

Obukwatane bw'ebika by'ebikolwa nga ebyo n'emirimu gy'abantu egya bulijjo ate n'ekyokuba nti byawukana kitono ku mbeera z'obulamu bwabwe obwa bulijjo, kiyinza okwanguya okwenyigira kw'abantu mu lutalo lw'okwenunula kw'eggwanga.

Olw'okubanga olutalo olutalimu butabanguko n'obutabanguko bikola mu ngeri za njawulo nnyo, n'akatabanguko akatono kati akabaawo mu kiseera ky'okubunyisa enjiri y'okuguguba kajja kuba kabyonoona kubanga kajja kukyusa olutalo okuba olw'ekinnamagye ate bannakyemalira mwe balina enkizo.

Empisa mu lutalo olutaliimu butabanguko kye kisumuluzo ekituusa ku buwanguzi n'olwekyo zirina okukuumibwa wakati mu kusoomoozebwa n'okutuntuzibwa bannakyemalira n'ababakolera.

Okukuuma empisa z'olutaalo olutaliimu butabanguko wakati mu kusindana n'abalabe n'ebikolwa byabwe eby'effujjo, kisobozesa okussa mu nkola amakubo g'enkyukakyuka ana agakozesebwa mu ntalo ezitali za butabanguko nga bwe zinnyonnyoddwa wammanga.Empisa ezitaliimu ffujjo na butabanguko era nkulu nnyo mu mitendera gy'okwerwanako mu byobufuzi okuva eri omulabe. Ku mutendera guno ebikolwa by'obufuzi obuliwo eby'obusibira mu bbwa ebyennyamiza abalwanirizi b'enkyukakyuka, abatakozesa butabanguko mu byobufuzi olwo bisinga kukosa bifo bya bannakyemalira, ekireeta enkaayana mu biti byabwe eby'enjawulo,ssaako n'okwongera obuwagizi mu bantu bonna, n'ababadde bawagira obukulembeze obuliko era n'abo abatalina we bagwa.

Wabula mu biseera ebimu, obutabanguko obutonotono mu kulwanyisa obwannakyemalira buyinza obuteewalika. Obusungu bw'okulemererwa okusuula obwannakyemalira obuliko n'obukyayi buyinza okuleeta obutabanguko okubalukawo. Oba ebibinja ebimu biyinza okuba nga sibyetegefu kuleka ffujjo newankubadde nga bategeera obukulu bw'olutalo olutaliimu butabanguko.

Mu mbeera zino, okuguguba kw'ebyobufuzi tekwetaaga kusuulibwa muguluka. Wabula kijja kwetaagisa mu buli ngeri okwawula nga bwe kisoboka, ebikolwa by'obutabanguko ku bitali bya butabanguko. Kino kirina okukolebwa nga twesigama ku nkula y'ekitundu, ebibinja by'abantu abali mu kitundu, ekiseera, awamu n'ensonga zireetawo olutalo. Awatali ekyo obutabanguko busobola ate okuvaamu ebizibu ebiremesa amaanyi n'obuwanguzi bw'okuguguba kw'ebyobufuzi.

Eby'afaayo biraga nti wadde nga okufa n'okulumizibwa birina okusuubirwa mu kuguguba kw'ebyo bufuzi, bajja kuba batono nnyo kw'abo abalumizibwa mu lutalo lw'ekinnamagye. Okwongerako, ekika ky'olutalo luno tekireetawo kutirimbulwa kwa lubeerera na bikolwa eby'obusibira mu bbwa.

Olutalo olutaliimu butabanguko lwetaaga era lugenderera okukendeeza okutya ennyo gavumenti awamu n'ebikolwa byayo eby'okunyigiriza abantu. Okuggyawo n'okuziyiza okutya okwo kya nkizo nnyo mu kusaanyawo amaanyi ga bannakyemalira ge balina ku abantu bonna.

## Obwanjulukufu, Emmizi, N'omutindo.

Emmizi, obulimba n'enkwe ezoomunda biteekawo ebizibu eby'amaanyi ennyo eri ekisinde eky'enkola ebitali ya butabanguko. Emirundi mingi kizibuwala okulemesa Poliisi eyeekubiira mu byobufuzi ne bambega okutegeera bigendererwa na nteekateeka zammwe.

Okusinziira ku ntegeera y'ekisinde nga kino, emmizi tereetebwa kutya kwokka, wabula ereetawo okutya, ekissa wansi omwoyo gw'okuwakanya gavumenti awamu n'okukendeeza omuwendo gw'abantu abasobola okwetaba mu kikolwa kyonna ekitegekeddwa. Era kisobola okuleeta mu kisinde munda okwekengera n'okuwaayiragana okutaliiko mutwe na magulu, ku ani alya mu lulime ne mu luzise nga awa abalabe amawulire. Emmizi oba okuzibira ebyama era kuyinza n'okulemesa obusobozi bwa bannakisinde okusigala nga bakkakkamu.

Okwawukanako n'emmizi, obwanjulukufu ku bigendererwa n'enteekateeka tebujja kuvaamu bikontana n'ebyo ebiva mu mmizi, wabula bujja kuleetawo ekifaananyi nti ekisinde ekisimbira

gavumenti ekkuuli ky'amaanyi ddala. Ekizibu kirabikirawo nti kinene ddala okusinga bwe kyogerwako wano, era waliwo engeri z'ebikolwa by'okuwakanya gavumenti enkulu ennyo eziyinza okwetaagisaokuba ez'ekyama n'emmizi. Okwekenneenya okwesigama ku bumanyi kujja kuba kwetaagibwa okukolebwa abo abalina obukugu ku ntambula z'entalo ezitaliimu butabanguko era n'amakubo obwannakyemalira ge bayitamu okuketta mu mbeera ez'enjawulo.

Okusunsula, okufulumya ku mpapula n'okusaasaanya ebiwandiiko eby'ekusifu, okukozesa emikutu gya laadiyo egitali mu mateeka munda mu ggwanga, n'okukuŋŋaanya amawulire agakwata ku bikwekweto by'obwannakyemalira bye bimu ku bika by'emirimu egy'enkizo emitonotono omujja okwetaagisa emmizi ey'ekika ekya waggulu.

Okukuuma empisa ez'omutindo ogwa waggulu mu nkola ezitali za butabanguko kyetaagisa ku mitendera gyonna egy'akagugulano. Ensonga z'obutaba na kutya n'okukuuma empisa ezitaliimu butabanguko zeetaagisa ekiseera kyonna. Kya mugaso nnyo okujjukira nti omuwendo gw'abantu omunene guyinza okwetaagibwanga olutatadde ku lw'okutuukiriza enkyukakyuka ezimu. Wabula omuwendo ogwo gusobola okufunibwa nga abeetabi abeesigika singa ekisinde kikuuma empisa ez'omutindo ogwa waggulu.

## Okukyusa Enkolagana Mu Buyinza

Abateesiteesi b'olutalo beetaaga okujjukira nti akakuubagano ako mwe bakolera okuguguba kw'ebyobufuzi kika lutalo olukyukakyuka obutasalako, omuli okukubagana obulippo obutakoma obw'okulumba n'okuzza omuliro. Tewali kitakyuka. Enkolagana mu buyinza, obusukkulumu n'obwekigero esobola okulabibwa nga ekyukakyukanga mbagirawo. Kino kisoboka nga abawakanya

gavumenti balemeddeko mu butakola butabanguko newankubadde nga banyigirizibwa.

Enjawulo mu ryanyi ku njuyi zombi ezirwanagana mu mbeera y'akakuubagano nga kano zisuubirwa okweyongera okusinga bwe kiba mu bukuubagano obulimu obutabanguko, nga kibaawo mu bwangu obutagambika, era n'okuvaamu enkyukakyuka ez'amaanyi mu byobufuzi. Olw'enjawulo zino, ebikolwa by'abawakanya gavumenti eby'ejawulo bisuubirwa okubeera n'ebivaamu ebigenda okulanda ennyo okuva ku kiseera wamu n'ekifo ebikolwa ebyo we bikolebwa. Ebivaamu bino bijja kwongera amaanyi oba okunafuya oludda olumu oba olulala.

Okugatta ku ekyo, ekibinja ekitali kya butabanguko kiyinza, mu bikolwa byakyo okuleetawo okweyongera oba n'okusingira ddala okukendeera mu maanyi g'ekibinja ky'omulabe. Okugeza, okuwakanya gavumenti okw'obumalirivu n'empisa omutali butabanguko bwe kusisinkana ebikolwa bya bannakyemalira eby'obusibira mu bbwa kiyinza okuleetawo akattu eri bannakyemalira, obutekkiririzaamu, obuteesigaŋŋana, nga n'embeera bw'etabuka kisoboka amagye gaabwe gennyini wamu n'abantu ba bulijjo okujeemera bannakyemalira. Okuwakanya gavumenti kuno kuyinza okwongera obwannakyemalira okuvumiririrwa ensi z'ebunaayira. Nga kwogasse, okukozesa obukodyo, empisa n'okulemera ku kuguguba kw'ebyobufuzi kuyinza okuleetawo okweyongera kw'abantu okwetaba mu kuwakanya gavumenti bulijjo ababadde bawa bannakyemalira obuwagizi mu nkukutu oba okusigalanga nga tebalina ludda mu bukuubagano obugenda mu maaso.

## Amakubo G'enkyukakyuka Ana

Olutalo olutaliimu butabanguko luleeta enkyukakyuka mu ngeri nnya. Ekkubo erisooka lisuubirwa kitono, n'ewankubadde libaddewo. Nga abakiise mu nkambi ky'omulabe bakwatiddwako mu mitima olw'okubonaabona kw'abantu okuva mu kunyigirizibwa okuteekebwa ku abo abamalirivu abawakanya gavumenti oba nga ab'enkambi y'omulabe bakkirizza nti ddala kituufu okujeemera gvumenti, bayinza okumala ne bakkiriza ebigendererwa by'abawakanya gavumenti. Lino ekkubo liyitibwa ***okusala eddiiro.*** Newankubadde nga okusala eddiiro mu lutalo olutali lwa butabanguko kubaawo olumu, kyokka tekutera kubeerawo nnyo, era mu bukuubagano obusinga tekitera kulabika ,oba ne bwe kituukawo tekiba kya bantu bangi.

Emirundi mingi olutalo olutaliimu butabanguko lukola nga lukyusa embeera z'obukuubagano awamu n'abantu okulaba ng'omulabe tasobola kukola nga bwe yandyagadde. Enkyukakyuka eno y'ezaala amakubo gali asatu amalala: Okutegeeragana n'omulabe, okukaka omulabe okubaako enkyukakyuka z'akola awatali butabanguko, n'okuyuzaayuza obwannakyemalira. Nga bino byonna okubeerawo bisinziira ku nkizo bannaddimookulaasiya gye bafunye mu ngabanya y'obuyinza obusaamusaamu n'obwenkomeredde ku bintu ebimu.

Singa ensonga eziriko obutakkaanya ziba nga si ze z'omuzinzi, ebyo ebisabibwa oludda oluwakanya kkampeyini entonotono tebitwalibwa ng'ebitiisa, nga n'ebiwayi ebisindana birina we bituuse mu nkyukakyuka mu ngabana y'obuyinza, akakuubagano akaliwo kayinza okukomekkerezebwa nga batuuka ku ntegeeragana, ekimalawo enjawukana oba okuleetawo okwekkiriranya. Enkola eno eyitibwa ***"okutegeeragana n'omulabe"***

Okwekalakaasa kungi okumalibwawo mu ngeri eno, *ekyokalabirako*; enjuyi zombie nga zifuna ebimu ku biruubirirwa byazo wabula nga era buli lumu lirinako bye lwefiiriza. Gavumenti eyinza okutwala

endagaano eyo nga erimu ebirungi, nga okumalawo obunkenke, okutondawo ekifaanannyi *"ky'obwenkanya,"* oba okusiiga ekifaananyi ekirungiko eri obufuzi obuliko mu ensi z'ebweru. N'olwekyo,kya mugaso okulonda ensonga ezikkirizika mu ndagaano y'okukkaanya enaatuukibwako. Kati ate olutalo lw'okusuula obwannakyemalira teruliiko ku nsonga zino.

Olutalo olutaliimu butabanguko lusobola okuba olw'amaanyi ennyo n'okukira nga bwe lulagiddwa mu kkubo ly'Okusala eddiiro oba Okukkaanya n'omulabe. Okumenyawo enkolagana n'okuguguba okw'abantu abangi kusobola okukyusa embeera z'abantu eza bulijjo n'ebyobufuzi mu ggwanga, n'okusinga ennyo engabana y'obuyinza, ekisobola okusuuza bannakyemalira ebyenfuna , ebyembeera za bulijjo, kko entambuza z'ebyobufuzi mu gavumenti awamu ne mu ggwanga bye beekomezza mu mikono gyabwe. Amagye g'omulabe gayinza okufuuka agatakyesigika nga tegakyamala gagondera biragiro kunyigiriza bajeemu eri gavumenti. Newankubadde abakolera omulabe basigala mu bifo byabwe, era n'okunywerera ku biruubirirwa byabwe, obusobozi bwabwe okubissa mu nkola nga bwe kyetaagisa buba bubaggyiddwako. Ekyo kye kiyitibwa ***"Okukaka omulabe okubaako enkyukakyuka zaakola awatali butabanguko."***

Mu mbeera ezisukkiridde, obukwakkulizo obuleetawo okukaka enkyukakyuka butwalibwa mu maaso. Obukulembeze bw'omulabe eky'amazima bubulwa obusobozi okubaako ne kye bukolawo era emisingi gy'obukulembeze bwabwe ne gizikirira. Abawakanya gavumenti okumanya eky'okukola, okumenyawo enkolagana n'okuguguba bifuuka bya maanyi nnyo nga n'obufuzi bw'abalabe bubeera ng'obutakyalina buyinza na kyakukola ku basimbira gavumenti ekkuuli. Abavunaanyizibwa ku ntambula y'emirimu mu gavumenti y'omulabe olwo bagaana okugondera obukulembeze

bwabwe . Amagye ne poliisi y'omulabe bimujeemera. Abawagizi b'omulabe nnakyemalira abamusuusuuta bulijjo n'abantu bonna beesammulira ddala obukulembeze bwe nga bonna bagamba talina lukusu lubafuga. N'olwekyo, obuyambi n'obuwulize bwabwe busaanawo.

Ekkubo ery'okuna ery'enkyukakyuka, ery'okuyuzaayuza enkola za bannakyemalira awo eba etuukiriziddwa anti nga tebakyalina na mbavu za kuwanika. Olwo obufuzi buyuzaayuzibwa okufuuka obulere.

Mu nteekateeka y'amakubo g'okwenunula, amakubo gano ana galina okulowoozebwako. Ebiseera ebimu gakola na mukisa. Wabula, ennonda y'ekkubo oba amakubo ag'okukozesa olw'okuleeta enkyukakyuka mu kusika omuguwa y'ejja okusobozesa enteekawo y'ebinaagobererwa mu kussa mu nkola amakubo ago. Ate ennonda y'amakubo ago yo ejja kwesigama ku nsonga eziwerako, omuli obuyinza obusukkulumu n'obusaamusaamu obw'ebiwayi ebikontana era n'endowooza kko n'ebigendererwa by'ekibiina ky'aboolutalo olutaliimu butabanguko.

## Ddimookulaasiya Ava Mu Kuguguba Kw'ebyobufuzi

Okwawukanako n'ebiva mu kkubo ery'obutabanguko, obuyinza bwonna we bubeerera mu mikono gy'okulembeze owookuntikko, okukozesa akakodyo k'olutalo olutaliimu butabanguko kiteetawo enfuga ya ddimookulaasiya mu kisaawe ky'ebyobufuzi mu ngeri ez'enjawulo.

Ku ludda olumu biva mu kuzzaawo ddimookulaasiya bibi. Kwe kugamba; okwawukanako n'enkola ez'ekinnamagye, akakodyo kano tekawa bufuzi bw'abayivu buyinza buduumira mu ngeri yonna ey'okwerwanako nga waliwo bulumbaganyi, ekiyinza okuleetera

abagugubi okwefuulira abantu ba wansi ne bateekawo oba okukuumirawo obwannakyemalira. Abakulembeze b'ekisinde ky'okuguguba kw'ebyobufuzi basobola okusendasenda abagoberezi baabwe n'okubateekako akazito okukola bye baagala, kyokka tebalina buyinza kubaggalira mu makomera yadde okubatta bwe babawakanya oa okulonda abakulembeze abalala.

Oludda olulala,eriyo ebirungi ebiva mu kuzzaawo ddimookulaasiya. Kwe kugamba, olutalo olutaliimu butabanguko luwa abantu amakubo g'okuwakanya gavumenti agasobola okukozesebwa okuwangula awamu n'okulwanirira eddembe lyabwe okuva eri bannakyemalira abaliwo, oba abo abandyefudde bannakyemalira. Bino wammanga bye bimu ku birungi by'okuzzaawo ddimookulaasiya, ebiyinza okuva mu lutalo olutaliimu butabanguko

- Obumanyirivu mu nkozesa y'olutalo olutaliimu butabanguko buyinza okwongera abantu obavumu mu kulwanyisa okutiisibwatiisibwa kw'abufuzi n'amaanyi gaabwe mu kunyigiriza okw'ebikolwa ebyeffujjo.

- Olutalo olutaliimu butabanguko luwa ekkubo ly'okumenyawo enkolagana n'okuguguba abantu mwe basobolera okuwakanya okufuŋŋamwako akabondo konna aka bannakyemalira akatayise mu ddimookulaasiya.

- Olutalo olutaliimu butabanguko lusobola okukozesebwa mu kulemera ku kuteeka mu nkola eddembe erya ddimookulaasiya, okugeza nga eddembe ly'okwogera, eddembe lya bannamawulire, ebitongole eby'emalirira, n'eddembe ly'okukuŋŋaana wakati mu miziziko egirimu okutulugunyizibwa.

- Olutalo olutaliimu butabanguko lukola kinene mu kubeerawo, okuzzibwawo era n'okunyweza obubiina obwetongodde n'ebitongole bya bannansi nga bwe kyakubanyiziddwako

ebilowoozo mu kusooka. Bino bikulu nnyo ku lwa ddimookulaasiya olw'obusobozi bwabyo mu kukunga amaanyi g'abantu, n'okukugira obusobozi bw'abo abandifuuse bannakyemalira.

- Olutalo olutali lwa butabanguko luwa ekkubo abantu mwe basobolera okwenyweza eri ebikolwa bya ppoliisi n'amagye eby'okutulugunya nga gakozesabwa gavumenti ya nnakyamalira.
- Olutalo olutali lwa butabanguko luwa abantu n'ebitongole ebyetengeredde enkola mwe bisobolera okulemeseza n'okukutulirawo ddala ensibuko y'amaanyi g'obufuzi bw'abayivu, ku lw'okuyaayaanira ddimookulaasiya, olwo ne kabukaluubiriza okugenda mu maaso.

## Obukalubo Bw'olutalo Olutaliimu Butabanguko

Nga bwe tulabye mu kukubaganya ebirowoozo kuno, olutalo olutaliimu butabanguko kakodyo kakalubo akeetaaga buli omuokwetabamu, mulimu amakubo mayitirivu nnyo, enkola z'enkyukakyuka eziwera ne nneeyisa ez'enjawulo ezeetaagisa obwannakyemalira, okuguguba kw'ebyobufuzi kwetaaga enteekateeka n'okutegeka n'obwegendereza. Abo abasuubirwa okwetabamu bajja kwetaaga okutegeera ekyo ekibasuubirwamu. Ebinaakozesebwa bijja kwetaaga okubanga byatekebwawo dda.

Era abateesiteesi bajja kwetaaga okwekenneenya ngeri ki esinga obulungi olutalo olutaliimu butabanguko gye lusobola okuteekebwa mu nkola. Kati twolekeze obuufu bwaffe ku kkubo lino ekkulu ennyo: 'Obwetaavu bw'enteekateeka ennuŋŋamu.'

# ESSUULA EY'OMUKAAGA

## OBWETAAVU BW'ENTEEKATEEKA ENNUŋŋAMU.

Kkampeyini y'okuguguba kw'ebyobufuzi mu kulwanyisa obwannakyemalira eyinza okutaandika mu ngeri ez'njawulo.

Gye buvuddeko entalo zino ebiseera ebisinga zibadde teziteekeddwateekeddwa era zibadde ngaza kibwatukira. Obutali bumativu obw'enjawulo obubaddenga buleetawo ebikolwa ebisooka bwawukanye nnyo. Naye emirundi mingi buleeseewo ebikolwa ebipya eby'obusibira mu bbwa.

Okukwatibwa oba okuttibwa kw'omuntu ow'omugaso ennyo y'efuuse enkola empya ey'okunyigiriza abawakanyi. Ebbula ly'emmere, okuvvoola enzikiriza z'abantu oba ebijaguzo ebikulu ennyo ebyekuusa ku nzikiriza.

Ebiseera ebimu,ekikolwa kya nnakyemalira ekimu bwe kiti kye kiyiizizza ennyo abantu n'okutuuka okutandika olutalo lwe batalinaako na kifaananyi wa gye lunaggwweera. Emirundi egimu omuntu atanyigirwa mu ttooke oba akabinja kayinza okutandika ekikolwa ekireeta obuwagizi. Okwemulugunya ku kintu abamu bayinza okukulaba nga kufaanaganira ddala n'ebizibu ebirala bye bazze bayitamu, era olwo nabo ne beegatta mu lutaalo. Ate olulala eddoboozi ly'akabinja akamu oba omuntu ery'okuwakanya gavumenti liyinza okufuna obuwagizi obuyitirivu mu ngeri ebadde tesuubirwa.

Yadde nga okulemera ku nsonga kulina ebirungi, emirundi mingi kubadde n'ebizibu byakwo.

Bannaddimookulaasiya abawakanya gavumenti emirundi egisinga balemwa okwefumiitiriza ku bikolwa bya bannakyemalira eby'obusibira mu bbwa ebiyinza okuvaamu, ne babonaabona ebitagambika olwo n'okuwakanya gavumenti ne kufa. Olumu wabaddewo bannaddimookulaasiya okulemererwa okuteekateeka ekireka okusalawo ku nsonga enkulu mu lusuubo, ne zibazaalira leenya.

Obufuzi bwa bakanywamusaayi ne bwe buba nga bumaamuddwako, obwannakyemalira obuggya buyinza okumerukawo olw'okubulwa enteekateeka y'enkyukakyuka ezinaakomyawo enfuga ya ddimookulaasiya.

## Enteekateeka Eya Nnamaddala

Mu biseera ebijja tewali kubuusabuusa nti, enkola y'ebisinde etali ŋŋenderere ejja kuzannya ekifo kya nkizo nnyo mu kulwanyisa obwannakyemalira.Wabula kati kisoboka okukola ekibalo ky'amakubo ageesigika mu kusiguukulula obwannakyemalira, okwekenneenya ddi embeera y'ebyofuzi n'eyaabantu ba bulijjo lw'esobozesa, n'okusalawo engeri kkampeyini gy'enaatandikibwamu. Ebirowoozo ebyegenderezeddwa obulungi oluvannyuma lw'okwekenneenya ebisoboka n'ebitasoboka mu mbeera eyo, gattako obusobozi bw'abantu lyetaagisa okusobola eddembe mu mbeera nga ezo.

Omuntu ng'ayagala okuggusa ekintu, ky'amagezi okuteekateeka engeri gy'anaakikolamu. Ekiruubirirwa ekisinga obukulu oba obuzito bw'ebinaava mu kulemererwa gye bukoma okuba obungi, n'obukulu bw'enteeketeeke ennuŋŋamu eyongera emikisa gy'okukakasa engeri eyeesigika mu kukuŋŋaanya n'okukozesa y'ebikozesebwa ebiriwo.

Kino okusinga kikolera nnyo ekisinde kya bannaddimookulaasiya ekiba n'ebikozesebwa ebitamala, ate nga n'abawagizi baabwe bajja kubeera mu matigga mu kugezaako okumaamulako obwannakyemalira obukaluba ng'olwazi.

Okwawukanako na bali, obwannakyemalira bulijjo bubeera n'obusobozi okufuna ebikozesebwa ebya buli ngeri, amaanyi mu kwenteekateeka, n'obusobobozi okukozesa ebikolwa by'okutulugunya.

'Okuteeteeka enkola' wano kiteegeza okubala emitendera ekikolwa ekinaatusobozesa okuva mu mbeera embi gye tulimu okatuuka kweyo gye twegomba okubeeramu mu maaso. Mu kakabaganya ebirawooza kuno, kino kitegeeza okuva mu bwa nnakyemalira okudda mu nkola eyaddimoolakolasiya mu biseera eby'omumaaso.

Enteekateeka okutuuka ku kigendererwa ekyo nga bulijjo ejja kubaamu kkampeyini ezitegekeddwa olutata awamu n'ebikolwa ebirala ebirala ebitegekeddwa okunyweza abantu abanyigirizibwa awamu n'okunafuya obwannakyemalira. Tegeera wano nti ekigendererwa si kyakusuula bwannakyemalira buliwo kyoka naye n'okuteekawo enkola eya ddimookulaasiya. Enteekateeka ey'omuggundu eyeesigama ku kigendererwa eky'okusuula obusuuzi obwannakyemalira obuliko ebeera mu katyabaga ate ak'okuteekawo nnakyemalira omulala.

## Ebizibu mu nteekateeka

Abalwanirizi b'eddembe abamu mu bitundu by'ensi eby'enjawulo tebaggyaayo busobozi bwabwe bwonna kugonjoola kizibu ku ngeri y'okufuna  ameenunula. Mirundi mitono nnyo abalwanirizi b'eddembe bano gye baba bategedde mu bujjuvu obukulu obuli

mu kuteekateeka n'obwegendereza nga tebannabaako kye bakola. N'ekivaamu, kuno butakolebwa yadde.

Lwaki abantu abalina ekirowoozo eky'okuleetawo eddembe ly'ebyobufuzi eri abantu baabwe tebatera kubeera na nteekateeka nnambulukufu okusobola okutuuka ku kiruubirirwa kyabwe? Eby'embi, abantu abasinga mu bibinja bya ddimookulaasiya ebivuganya gavumenti tebategeera bwetaavu bwa nteekateeka nnuŋŋamu, oba tebakyemanyiiza, yadde okutendekebwa okulowooza mu ngeri y'okubaza ebyobufuzi. Guno mulimu muzibu. Okutuntuzibwa bannakyemalira olutatadde nga kw'otadde n'obuvunaanyizibwa obw'embagirawo obususse, abakulembeze b'abawakanya gavumenti emirundi mingi basigala tebalina we beetaayiza yadde akadde okuzimba obukugu mu ndowooza ennuŋŋamu ezisaanidde

Wabula, nkola ya bulijjo abawakanya gavumenti okumala gabuukira ebyo ebitandikiddwawo bannakyemalira. Abawakanya gavumenti olwo babeera mu kwerwanako buli kadde, nga banoonya waakiri okutaakiriza akalembereza k'eddembe ettonotono akaliwo,nga bakola kyebasobola okukendeeza okweyongera kw'eryanyi ly'obwannakyemalira oba okuleetawo obuzibu ate obuyinza okuvaako abafuga okussaawo amateeka amapya.

Abantu abamu n'ebibinja weewaawo bayinza obutalaba bwetaavu bwa bannakisinde kya kwenunula kukola nteekateeka engazi ey'ebbanga eggwanvu.Wabula mu butamanya bwabwe bayinza okulowooza nti bwe banaamala gawagira ekiruubirirwa byabwe n'amaanyi n'okubinywererako, okumala ebbanga eriwera,oboolyawo ekiruubirirwa kyabwe kiyinza okutuukirira. Abamu bakitwala nti okubeerawo n'okuyita mu bizibu olwa bye bakkiririzaamu n'endowooza zaabwe, olwo baba bakoze ekimala okubissa mu nkola. Okuwagira ebiruubirirwa ebirumirirwa abantu ba bulijjo kwagalibwa

era n'okugoberera ebikkiririzibwamu, wabula tebimala n'akamu kokumya bwannakyemalira n'okutuuka ku ddembe eriyaayaanirwa.

Abalwanyisa obwannakyemalira abalala mu butamanya bwabwe balowooza nti eddembe lijja kujja singa banyinyintiza okukolawo obutabanguko. Naye nga bwe kyakoonebwako emabega, obutabanguko sib we butukakasa nti wanaabaawo obuwanguzi. Mu kifo ky'ameenunula, busobola ate okuleetawo okuwangulwa, abantu okuttiŋŋana oba byombi. Mu mbeera ezisinga mu lutalo olw'obutabanguko n'ezekinnamagye, era mirundi mitono nnyo bannaddimookulaasiya lwe basobodde okuziwangula bwe kiba kyali kibaddewo.

Waliwo n'abalwanirizi ab'eddembe abeesigamya ebikolwa byabwe ku ekyo kyebawulira bbo kye balina okukola.Wabula enkola nga zino tezikoma ku kyakweyagaliza kyokka wabula tewaawo kulungamya kwona kunteekateeka ey'okwenunula ey'omuzinzi.

Enkola eyeesigama ku kirowoozo ekiyinza okuba ekirungi omuntu ky'abadde alina erina w'ekoma. Wabula ekyetaagisa y'enkola eyeesigamiziddwa ku kubala n'obwegendereza emitendera egiddako egyetaagibwa okusobola okutuula obwannakyemalira ku nfeete. Awatali kwekenneenya kuluŋŋamu, abakulembeze b'abawakanya gavumenti tebajja kumanya ki kirina kuddako, kubanga tebakitwalidde mutawaana kulowooza na bwegendereza mitendera gya njawulo egyetaagisa okugobererwa okutuuka ku buwanguzi . Obutetenkanya n'ebirowoozo ebirungi bya mugaso nnyo,wabula byetaaga okukozesebwa mu mitendera okusobola okwongera embeera ewa amagye ga bannaddimookulaasiya essuubi.

Nga tumaze okunnyonnyoka amakubo amangi agasobola okuyitibwamu okulwanyisa obwannakyemalira, bwe waba nga

wakyaliwo okulemererwa okusalawo wa ew'okutandikira bakola kwe okuyimbagatanya amakubo gonna. Ekyo kisobola okuyamba naye kyeragirawo nti tekisoboka n'okusinga ennyo mu bisinde ebinafunafu. N'okwongera ku ekyo enkola ng'eyo tewa kuluŋŋamya ku wa watandikirwa, wa awalina okuteekebwa amaanyi, na ngeri ki ebikozesebwa eby'omuswaba gye bineeyambisaamu.

Ebibinja n'abantu abamu bayinza okulaba obwetaavu obw'okuteekateeka, naye ng'obusobozi bwe balina bwa kukirowoozaako bulowooza mu kiseera mu bbanga eryo ettono, oba nga balowooza ku katiisa ke basobola okukolawo. Bayinza obutasobola kulaba nti okwenteekateeka okw'ebbanga eppanvu kwetaagisa oba nti kusoboka. Emirundi gimu bayinza obutalowooza na kusoma embeera enaasinga okubaganyula, ebaleetera okuvanga ku mulamwa olw'obusonga obutaliimu, nga baagala okuzza omuliro ku buli bikolwa by'abalabe mu kifo ky'okunywerera ku nteekateeka y'abannaddimookulaasiya ey'okuwakanya gavumenti. Emirundi mingi abakulembeze okwemalira ku bintu eby'akaseera obuseera balemererwa amakubo amalala agawerako agandibalambise okulaba nga ekiruubirirwa kyabwe bongera okukisemberera buli kaseera.

Era kisoboka okuba nti ebisinde bya bannaddimookulaasiya ebimu tebikola nteekateeka nnambulukufu yaakusuula bwannakyemalira, wabula ng'amaanyi bagateeka ku bintu ebigwawo obugwi olw'ensonga endala. Munda mu bo tebalinaamu kukkiriza nti obwannakyemalira busobola okukomekkerezebwa n'amaanyi gaabwe. N'olwekyo, okuteekateeka okukola bino kuba kumala bumazi budde oba ebbula bikolwa ly'ennyini. Abantu balwanirira eddembe okuva mu bwannakyemalira obukambwe obusimbye amakanda emirundi mingi bagwisanya bwenyi n'eggye eryesomye ssaako poliisi, ekyoleka olwata nti bannakyemalira basobola okukola

buli kye baagala.Wadde nga tebalina ssuubi, abantu bano bajja kujeemera obwannakyemalira olw'okwewa ekitiibwa oboolyawo n'okukola ebyafaayo. Wadde nga tebayinza kukikkiriza, sinakindi oboolyawo n'obutakirowoozaako, ebikolwa byabwe bo ate baba babirabika nga bya butaliimu. Kale enteekateeka nnamutaayiika ey'ebbanga eppanvu terina mugaso.

Ekiva mu kulemererwa okuteekateeka obulungi kiba kyabulabe nnyo: Obulamu bw'omuntu bubeera mu matigga, by'akola tebivaamu kalungi konna, amaanyi goonoonebwa ku busongasonga obutaliina, emikisa egibeerawo tegikozesebwa, n'okwewaayo konna kuba kwa bwerere. Bannaddimookulaasiya bwe balemererwa okuteekateeka mu ngeri ennuŋŋamu babeera boolekedde okulemererwa kutuuka ku bigendererwa byabwe. Enteekateeka embi ey'okuyimbagatanya ebintu eby'enjawulo tesobola kutwala kkampeyini ya lutalo lwa kusimba kkuuli mu maaso. Wabula kijja kuwa obwannakyemalira omwagaanya okwongera kko obukwakkulizo n'obuyinza.

Eky'okusaalirwa olw'okubanga enteekateeka y'okwenunula ennambulukufu tezitera kukolebwabwe kiba nti zaali zikoleddwako, obwannakyemalira bulabika ng'obuwangaala nnyo n'okusinga ebbanga ettuufu ly'ebumala. Buwangaala emyaka n'ebisiibo bye butandimaze.

## Ebigambo ebikulu bina (4) mu nteekateeka ennuŋŋamu

Okuyambibwa okulowooza mu ngeri ennuŋŋamu kya mugaso okufuna obutangaavu ku bigambo ebikulu

***Enteekateeka nnamutaayiika*** y'entegeera ekwasaganya n'okulambika enkozesa y'ebikozesebwa ebiriwo mu byenfuna,

abantu, empisa, eby'obufuzi, ebitongole n'ebirala eby'ebibinja okutuukiriza ebigendererwa byakyo wakati mu kusoomoozebwa.

Wakati mu kusoomozebwa, enteekateeka nnamutaayiika essa omulaka ku bigendererwa byayo n'ebikozesebwa byayo, esalawo obukodyo obusinga okwesigika, okugeza ng'olutalo lw'ekinnamagye, olw'abantu oba olutalo olutaliimu butabanguko lwe luba lukozesebwa mu kakuubagano kano. Mu kukola enteekateeka nnamutaayiika abakulembeze b'abawakanya gavumenti balina okubala n'okutegeka bunkenke nnabaki, na bintu ki bye balina okukaka omulabe okukola.

Okwongera ku ekyo , ***enteekateeka nnamutaayiika*** ejja kubaamu okusalawo ku embeera n'ebiseera ebisaanira okutongolezaamu kkampeyini esooka ey'okuwakanya gavumenti era n'ezinaagoberera.

***Enteekateeka nnamutaayiika*** eteekawo obukulebeze obutandikirwako obunaatetenkanya n'okulondobamu amakubo g'okulwanamu olutalo. Enteekateeka nnamutaayiika era esalawo engabaganya y'obuvunaanyizibwa eri ebibinja eby'enjawulo n'okugabanya ebikozesebwa ebinaabayamba mu lutalo.

***Enkola,*** kwe kutegeera engeri esinga gy'osobola okutuuka ku bigendererwa byo mu kukuubagano, ng'enkolera mu luwenda lw'enkola e'yomuggundu yennyini ey'alondeddwa. Enkola eba yeekenneenya oba ddala kyetaagisa okulwana, kulwana ddi era kulwana otya, wamu n'engeri ki ey'okufunamu obuwanguzi.
*Enkola* egeraageranyizibwa ku kifaananyi omusiizi w'ebifaananyi ky'asooka okuba nakyo mu bwongo bwe, so ate *enteekateeka ennuŋŋamu* eringa ebbago ly'ekyapa erikubibwa mu langi eya bbululu.

*Enkola* era eyinza ezingiramu kaweefube w'okuteekawo embeera ennungi ey'omugano nga abalabe bakiraba bulabi nti olutalo olw'okugwisanya obwenyi lwandibaleetera okuwangulwa okutaliiko

na kubuuza, n'olwekyo ne bawanika awatali kulinda lutalo. O b a bwe kitaba ekyo, embeera ennungi ey'ongeddwamu ebirungo ejja kuleetera ddala obuwanguzi eri abawakanya gavumenti mu lutalo. Era *enkola* ezingiramu engeri y'okweyisaamu okusobola okweyambisa obulungi obuwanguzi obuba butuukiddwako.

***Enteekateeka ennuŋŋamu*** bw'ogiteeka ku nnwana y'olutalo lw'ennyini, ky'ekirowoozo ekisooka ku ngeri kkampeyini gy'enaabumbujjamu era n'ebiwayi eby'enjawulo engeri gye binaakwanaganyizibwa awamu okusobola okuggyayo ebigendererwa bya kkampeyini eno ebyawamu. Kizingiramu okuyungula obubinja obutonotono okubaako bye bussa mu nkola. Okwetegekera enkola ey'amagezi kulina okulowooza ku by'etaagisa okusobola okuleeta obuwanguzi mu kussa mu nkola akakodyo k'olutalo akasaliddwawo okukozesebwa. Obukodyo obw'enjawulo bujja kwetaagisa ebintu eby'enjawulo. Kyeragirawo nti okutuukiriza ebyetaago tekimala kuleeta buwanguzi. Wabula ensonga endala eziwera ziba zeetaagisa.

Mu kubangawo enkola, bannaddimookulaasiya balina okulambika obulungi ebigendererwa byabwe era n'okulaga ebyo bye banaakozesa okupima obusobozi bw'amakubo g'okubituukako. Okunnyonnyola kuno n'okwekenneenya mu kitabo kino kuyamba abo abassa mu nkola okuzuula ebyetaagisiza ddala okusobola okutuuka ku kigendererwa kinnakimu. Obwetaavu bw'obwanjulukufu n'obunnyonnyofu era bikola ne ku kuteekateeka obukodyo.

***Obukodyo n'amakubo*** byeyambisibwa okutuukiriza *enkola*. *Obukodyo* bwekuusa ku ngeri ey'ekikugu omuntu gye yeeyambisaamu abantu b'alina mu ngeri esinga omuganyulwa mu botono bwabwe. Aka*kodyo* kye kikolwa ekyekubira ku kintu ekimu, nga kyeyambisibwa ekigendererwa kye kituukiriza. Ennonda y'obukodyo efugibwa ngeri gy'otegeeramu enkozesa y'amakubo g'okulwanamu ku mutendera

gw'olutalo gwonna olutalo kwe lutuuse okusobola kutuukiriza enkola gye mwatandikawo.

Obukodyo n'amakubo okukola obulungi, birina okulondebwa n'okukozesebwa nga omwoyo gussibwa ku kutuukiriza bigendererwa ebirambike kimu ku kimu .

Byonna ebikolebwa nga tebiyamba ku kutuusa ku bigendererwa biyinza okukomekkereza nga kumala byamubulago.

N'olwekyo *akakodyo* ke katiisa oba ekintu eky'ekiseera ekikolebwa, nga kigya mu nkola yammwe engazi egobererwa, nga n'enkola bw'eteekebwa mu *nkola ey'omuggundu*. Obukodyo butera kukwata ku nnwana, so ate enkola etwaliramu ebirala ebisukka awo.

Akakodyo akamu kasobola okutegeerwa ng'ekitundu ku nkola ey'awamu ey'olutalo oba kkampeyini. Obukodyo bukozesebwa akaseera katono okusinga enkola, oba mu bifo ebirondemu (mu bitundu aba mu bitongole n'ebirala), oba okukozesebwa abantu abalondobemu, oba olw'ebigendererwa ebitono ddala. Mu lutalo olutaliimu butabanguko, enjawulo wakati w'ebigendererwa by'obukodyo n'ebigendererwa by'enkola, eyinza okulagibwa ng'oyawula ebigendererwa by'ebikolwa ebitali nnyo bya nkizo n'ebyenkizo.

Obukodyo obukosa omulabe bulondebwamu okusobozesa engeri y'okutuuka ku ebigendererwa by'enkola. *Obukodyo bw'okulumba* bye bikozesebwa abateesiteesi mu kuteekawo embeera ebasobozesa okutuusa obulumbaganyi ku mulabe. N'olwekyo kya mugaso nnyo abaweereddwa obuvunaanyizibwa okutegeka n'okutuukiriza ebikwekweto ebyetaaga obukugu okubeera n'obumanyirivu mu kusoma embeera, kko n'okulonda amakubo agasingirayo ddala okuba nga gatuukira ku nnumba zino. Abo abasuubirwa okulwenyigiramu

balina okutendekebwa mu nkozesa y'obukodyo awamu n'amakubo ag'enjawulo agalondeddwa okukozesebwa .

*Ekkubo* kitegeeza ebyokulwanyisa eby'enjawulo oba omukutu agayitwamu okukola ekikolwa. Mu kakodyo k'olutalo olutaliimu butabanguko,mwe muli emiteeko gy'ebikolwa eby'engeri ez'enjawulo, gamba nga; ebika by'okwekalakaasa ebiwerako, okusibira ekikoolo/ okuzira, okumenyawo enkolagana y'ebyobufuzi, n'ebiringa ebyo, ebyalagibwa mu ssuula ey'okutaano.( Laba ne mu bisooka.)

Okubaga enteekateeka ennuŋŋamu y'olutalo olutaliimu butabanguko ey'obuvunaanyizibwa era eyeesigika kwesigama mu bwegendereza mu kukola n'okulonda enteekateeka nnamutaayiika, empenda, obukodyo n'amakubo.

Ekyokuyiga ekikulu mu kukubaganya ebirowoozo kuno kiri nti; Kyetaagisa omuntu okwefumiitiriza mu ndaba ye ey'ebintu mu kukola enteekateeka ennuŋŋamu ey'okwenunula okuva mu bwannakyemalira. Okulemererwa okuteekateeka n'amagezi kisobola okuleetawo ebibamba, sso nga omuntu bwe yeeyambisa obusobozi bwe mu kulowooza kimuyamba okubangawo amakubo amaluŋŋamu mu mateeka, aganaamuyamba okukozesa ebikozesebwa by'alina okutuusa eggwanga ku kiruubirirwa ky'okufuna eddembe ne ddimookulaasiya.

# ESSUULA EY'OMUSANVU

## ENKOLA EGOBERERWA MU NTEEKATEEKA

Okusobola okutangaaza emikisa gy'obuwanguzi abakulembeze b'abawakanya gavumenti balina okubangawo enteekateeka y'ebinassibwa mu nkola engazi erina obusobozi okugumya abantu ababonaabona, okunafuya n'okusaanyaawo obwannakyemalira wamu n'okuzimba ddimookulaasiya anaawangaala. Okutuukiriza enteekateeka y'ebinassibwa mu nkola, kyetaagisa okwekenneenya n'obwegendereza embeera era n'amakubo amalala agaliwo agayinza okukozesebwa okugituukiriza obulungi. Mu kwekenneenya okwo n'obwegendereza mwe muva *enteekateeka nnamutaayiika* ne kkampeyini ez'enjawulo ezinaabatuusa ku ddembe. Yadde nga bikwatagana,entegeka y' enteekateeka nnamutaayiika n'empenda za kkampeyini byawukanira ddala mu mitendera. Okuggyako ng'omaze okubaga enteekateeka nnamutaayiika lw'osobola okuteekawo empenda za kkampeyini.  Empenda za kkampeyini zijja kwetaagisa okuteekebwawo okusobola okutuukiriza ebigendererwa by'enteekateeka nnamutayiika.

Okuteekawo amakubo g'okuwakanya gavumenti ky'etaagisa okwebuuza ebibuuzo ebiwerako era n'ebinaakolebwa. Wano tujja kunokolayoko ensonga ezimu ez'omugaso ezeetaaga okutunuulira, ku mitendera gyombi, ogw'enteekateeka nnamutaayiika n'omutendera gw'empenda za kkampeyini. N'olwekyo, enteekateeka ennuŋŋamu zonna zeetaagisa abateekerateekera abawakanya gavumenti

okuba n'okumanya okwa waggulu ku mbeera y'akakuubagano yonna okutwalira awamu, nga batunuulira ensonga ezikwata ku nkula, ebyafaayo,obukulembeze obuliwo,amagye, ebyobuwangwa, embeera z'abantu, ebyobufuzi,endowooza z'abantu, ebyenfuna awamu n'ezikwata ku mawanga amalala. Empenda zisobola okuteekebwawo okusinzira ku kika ky'olutalo n'obuvo bwalwo.

N'ekisingira ddala obukulu, abakulembera bannaddimookulaasiya n'ababateekerateekera bajja kwetaaga okukubaganya ebirowoozo ku bigendererwa n'omugaso gw'olutalo. Ddala ebigendererwa byetaagisa lutalo ssinziggu, era lwaki?

Kikulu nnyo okutegeera ekigendererwa ky'olutalo kyennyini. Tukirabye wano nti okusuula obwannakyemalira oba okumaamulako bannakyemalira abaliko tekimala. Kyetaagisa obukuubagano buno okuba bugendererwamu kuzimba ggwanga eririmu eddembe n'obukulembeze obwesigamye ku nkola ya ddimookulaasiya. Obulambulukufu ku nsonga eno bujja kusalawo engeri y'okubangawo enteekateeka nnamutaayiika n'ebinaava mu makubo ag'enjawulo aganaakozesebwa.

Okusingira ddala abategeka bajja kuba beetaaga okuddamu ebibuuzo ebikulu ebiwerako nga bino:

- Miziziko ki egisinga obunene mu kkubo ly'okufuna eddembe?
- Nsonga ki eziyinza okweyambisibwa okutuuka ku eddembe?
- Amaanyi ga nnakyemalira gasinga kuba mu ki?
- Obunafu bwa nnakyemalira buli ludda wa?
- Ensibuko z'amaanyi ga nnakyemalira ziri mu lusuubo kyenkana ki?

- Eggye lya bannaddimookulaasiya n'abantu okutwaliza awamu balina maanyi ki?
- Obunafu bw'eggye lya bannaddimookulaasiya buli ludda wa era busobola butya okugonjoolwa.
- Bo abatunuulizi abatanneetaba mu kakuubagano bali ku ki? Oba abayambako oba bayinza okuyamba, ku ludda lwa nnakyemalira oba olw'ekisinde kya bannaddimookulaasiya? Era bwe baba baakuyamba,banaayamba mu ngeri ki?

## Okusalawo Amakubo Aganaagobererwa

Ku mutendera gw'enteekateeka nnamutaayiika, abateesiteesi bajja kwetaaga okusalawo amakubo g'olutalo agasinga aganaakozesebwa mu lutalo olubindabinda.

Kijja kwetaagisa okupimaapimamu birungi n'emiziziko gy'obukodyo bw'olutalo obw'enjawulo, okugeza olutalo lw'abannansi bonna olw'ekinnamagye, olutalo lw'ekiyeekera, okuguguba kw'ebyobufuzi n'obulala.

Mu kusalawo kuno abategesi bajja kwetaaga okwebuuza ebibuuzo nga bino wammanga;

Ekika ky'olutalo ekisaliddwawo kiri mu busobozi bwa bannaddimookulaasiya?

Akakodyo akasaliddwawo kasobola okweyambisa n'amaanyi g'abantu ababutikiddwa nnakyemalira?

Akakodyokano kaluubirira bunafu bwa bwannakyemalira, oba koolekezeddwa walin maanyi ge?

Amakubo ago gayamba bannaddimookulaasiya okwemalirira, oba baneetaaga okwesigama ku bantu abalala oba abavujjirizi okuva ebweru?

Ebyafaayo ku makubo agalondeddwa okukozesebwa mu kusuula obwannakyemalira byo biri bitya?

Gongera omuwendo gw'abantu abafa n'okulumizibwa, teekako okwonooneka kw'ebintu mu lutalo luno olujja oba gakeendeeza?

Singa obuwanguzi bubaawo mu kukomya obwannakyemalira, busoboziki amakubo gano galondeddwa bwegalina mu kusalawo ku kikki kya gavumenti enaddako?

Ebika by'ebikolwa ebisuubirwa okuba nga bilemesa olutalo bijja kwetaagisa okuggyibwa mu nteekateeka nnamutayiika.

Mu ssuula ez'emabega, twagamba nti okuguguba kw'ebyobufuzi kulina emiganyulo bw'okugerageranya n'obukodyo bw'olutalo obulala.

Abatetegesi bajja kwetaaga okwekenneenya embeera y'olutalo lwabwe lwe balimu era basalewo oba okuguguba kw'ebyobufuzi kuwa eby'okuddamu ebimatiza ku bibuuzo ebyo waggulu.

## Okwetegekera Ddimookulaasiya

Kisaana okujjukirwa nti ekigenderwa ky'enteekateeka nnamutaayiika mu kulwanyisa obwannakyemalira si kusuula busuuzi bannakyemalira, wabula okubangawo enkola eya ddimookulaasiya n'okuziyiza obwannakyemalira obuggya okumerukawo.

Okuggusa ebigendererwa bino, amakubo g'olutalo agalondebwa gaba getaaga okuleetawo enkyukakyuka mu ngabanya y'obuyinza mu ggwanga. Mu  nfuga y'obwannakyemalira, abantu bonna

n'ebitongole ebirwanirizi by'eddembe biba binafu nnyo ate nga gavumenti yo ya maanyi nnyo. Obutali bwenkanya buno bwe butakyuka, akabondo k'abakulembeze abapya bwe kaagala kasobola okubeera ka bwannakyemalira ng'abo ababaddewo. N'olwekyo okumaamulako oba amagye okuwamba gavumenti tekwetaagisa.

Okuguguba kw'ebyobufuzi kwongera okuteekawo obwenkanya mu ngabanya y'obuyinza obwesigika nga kuyita mu kukunga abantu balwanyise obwannakyemalira, nga bwe kyakubaganyiziddwako ebirowoozo mu ssuula ey'okutaano.

Omutendera guno gubeera mu ngeri ez'enjawulo. Ensonda y'amaanyi g'olutaalo olutaliimu butabanguko eteegeeza nti, obusobozi bwa nnakyemalira okulwanyisa abantu nga yeeyambisa ebikolwa ebinyigiriza tekikyatiisa abantu yadde okubaleetera okuwanika. Abantu bajja kuba nga balina amakubo ag'amaanyi okwaŋŋanga era n'okuzibira bannakyemalira abakakaatikako obufuzi bwabwe. Okwongera ku ekyo, okukunga abantu ng'oyita mu kuguguba kw'ebyobufuzi, kujja kwongera ebitongole by'eggwanga ebyetengeredde amaanyi. Obumanyirivu bw'obukulembeze obulungi si bwangu kwerabira.

Amagezi n'obukugu obufunibwa mu lutalo bujja kufuula abantu abatakyali bangu kufungamibwako abo abandibadde bannakyemalira. Okukyusakyusa obukulembeze ky'andyanguya okuzimbawo eggwanga eribukaddemu ddimookulaasiya okutwala ebbanga.

## Obuyambi Okuva E Bunaayira

Ng'ekitundu ku nteekateeka nnamutaayiika, kyetaagisa okulambulula obuvunaanyizibwa bwa bannakisinde ekisimbira gavumenti ekkuuli n'obunkenke obunaava mu b'ebweru ku lw'okuyuzaayuza

obwannakyemalira. Mu kitabo kino tugambye nti amaanyi g'olutalo agasinga galina kuva mu ggwanga mwennyini. Okutuuka ku ssa nti singa obuyambi okuva mu nsi z'ebweru bujja, mu ngeri yonna olutalo olwomunda luba lwongera kuseesaamu.

Ekkubo erisinga okukozesebwa okwongera ku buyambi, kwe kuteekawo kaweefube ow'enjawulo okukuŋŋaanya endowooza z'abantu okwetoloola ensi yonna nga beesigama ku ddembe ly'obuntu, enneeyisa n'eddiini. Kkampeyini esobola okukolebwa okussaawo obukwakkulizo mu nkolagana wakati w'amawanga, mu byobufuzi, mu by'enfuna, okuva eri gavumenti z'amawanga ag'enjawulo n'ebitongole ebitaba amawanga mu ngeri y'okulwanyisa obwannakyemalira.

Buno buyinza okubeera mu ngeri y'okuwera okusuubulagana, n'okuguza ebyokulwanyisa, obutawa kitiibwa bakungu b'eggwanga eryo abamu, Oba okumenyerawo ddala enkolagana ey'ekungu n'okuggala ekitebe, okuggyawo obuyambi bw'ebyenfuna n'okuwera okusiga ensimbi mu nsi erimu obwannakyemalira, okugobwa kw'ensi erimu obwannakyemalira mu bitongole eby'enjawulo ebitaba amawanga, ssako ne mu bitongole by'ekibiina ky'amawanga amagatte.Okwongera ku ekyo, obuyambi okuva mu mawanga amalala nga obw'ensimbi n'ebyempuliziganya nabyo bisobola okuweebwa obutereevu eri eggye lya bannaddimookulaasiya.

## Okubangawo Enteekateeka Nnamutaayiika

Nga tugoberera okusoma embeera, amakubo agalondebwa n'obumalirivu bw'obuyambi bw'abeebweru, abakozi b'enteekateeka nnamutaayiika bajja kwetaaga okunoonyereza mu bujjuvu engeri olutalo gye luyinza okukwatibwamu.

Enteekateeka eno engazi egendera ddala okuva ku kwenunula okw'ekiseera ekyo,okutuuka ku kwenunula kw'ebiseera ebirijja ssaako ebitongole by'enfuga eya ddimookulaasiya.

Mu kubangawo enteekateeka nnamutaayiika abateesiteesi bano bajja kwetaaga okwebuuza ebibuuzo ebiwerako. Mu ngeri ez'enjawulo, ebibuuzo bino biwa ebika by'ebintu ebyetaagibwa okussibwako omulaka n'okusinga bwe kibadde emabegako, mu nzimba y'enteekateeka nnamutaayiika ey'olutalo lw'okuguguba kw'ebyobufuzi:

Olutalo olunaamala ekiseera ekiwanvu luyinza kutandika lutya? Abantu abanyigirizibwa basobola batya okufuna obuvumu n'amaanyi agamala okutandika okukola ebisoomooza obwannakyemalira, ne bwe batandika nga batono? Obusobozi bw'abantu okumenyawo enkolagana n'okuguguba biyinza bitya okungerwako ebiseera gye byeyongera n'abantu gye beeyongera okukuguka? Kkampeyini entonotono eziddiriŋŋana zigenderera ki mu kuzza obukulembeze obwa ddimookulaasiya mu ggwanga n'okuziyiza obwannakyemalira?

Waliwo ebitongole ebyetongodde ebitakoseddwa bwannakyemalira ebiyinza okukozesebwa mu lutalo lw'okuteekawo eddembe? Bitongole ki eby'eggwanga ebisobola okununulwa okuva mu mikono gya bannakyemalira, oba bitongole ki ebipya ebyetaagisa okutondebwawo bannaddimookulaasiya okutuukiriza ebyetaago byabwe awamu n'okuteekawo amakubo ga ddimookulaasiya yadde nga obwannakyemalira bukyagenda mu maaso?

Amaanyi mu by'obukulembeze gasobola gatya okuzimbibwa mu b'oludda oluwakanya gavumenti? Abeetabi basobola kutendekebwa batya? Byetaago ki ebijja okwetaagibwa mu lutalo lwonna, nga mwe muli ensimbi n'ebikozesebwa? Bubonero kika ki obusobola okusinga okukola obulungi mu kukunga abantu ?

Bikolwa nnabaki era mu mitendera ki ensibuko z'amaanyi ga bannakyemalira mwe ziyinza okwongera okunafuyizibwa n'okuyuzibwayuzibwa?

Abantu abawakanya gavumenti basobola batya okulemera mu kuguguba kwabwe ate n'okukuuma empisa z'ebikolwa ebitaliimu butabanguko ezeetaagisa? Eggwanga lisobola litya okusigala nga lifuna ebyetaago by'obulamu obwabulijjo ng'olutalo lugenda mu maaso? Obukkakkamu buyinza kukuumibwa butya wakati mu kakuubagano? Obuwanguzi nga bwongera okusembera, bannaddimookulaasiya abawakanya gavumenti basobola batya okwongera okuzimba ebitongole mu ggwanga eribaddemu obwannakyemalira okufuula enkyukakyuka ennnyangu nga bwe kisoboka?

Kirina okujjukirwa nti teri era tewali bbago lisobola kukolebwa nti ye nteekateeka ya buli lutalo lwa kwenunula ku bwannakyemalira. Wabula buli lutalo olusuula obwannakyemalira n'okuteekawo enfuga eya ddimookulaasiya luba lwa njawulo. Tewali mbeera za mirundi ebiri ziyinza kufaanaganira ddala, buli bwannakyemalira bujja kubeera n'engeri ezeeyawudde, era n'obusozi bw'abantu abanoonya okwenunula bujja kuba bwa njawulo. Abakola enteekateeka nnamutaayiika mu lutalo lw'okuguguba kw'ebyobufuzi tekijja kubeetaagisa okutegeera mbeera y'akakuubagano kaabwe kokka, wabula n'eyaamakubo g'olutalo lwabwe ge balonze.

Enteekateeka nnamutaayiika ey'olutalo bw'eba nga eteekeddwateekeddwa n'obwegendereza wabeerawo ensonga ez'omuzinzi okugimanyisa abantu bonna. Obungi bw'abantu abeetaagibwa okwenyigira mu lutalo buyinza okubaawo nga balina n'obusobozi okukola singa babeera balutegedde bulungi, kko n'ebiragiro eby'enjawulo. Okumanya kuno kusobola okubaako ne kye kwongera ku bwagazi bwabwe, obumalirivu bwabwe okwetaba

mu lutalo kko n'okukola ekyetaagisa. Mu ngeri yonna ebiri mu nteekateeka nnamutaayiika byandimanyibwa bannakyemalira, era mu kumanya ebigirimu byonna kyandibaleetera okukendeeza ku bukambwe bwe bakozesa okunyigiriza ababawakanya, olw'okumanya nti bayinza okubazaalira akanyamberege. Okumanyisa ebiri mu nteekateeka nnamutaayiika eby'enjawulo kisobola okuleetawo okwekutulakutulamu awamu n'okwabulira oludda lwa bannakyemalira.

Oluvannyuma lw'okuyisa enteekateeka nnamutaayiika ey'okusuula obwannakyemalira era n'okuteekawo enkola eya ddimookulaasiya, kikulu nnyo eri ebibiina bya bannaddimookulaasiya okunywerera ku kugiteeka mu nkola. Mirundi mitono nnyo ddala olutalo we lulina okuva ku nteekateeka nnamutayiika eyasooka. Bwe waba nga waliwo obujulizi obw'enkukunala nti enteekateeka nnamutaayiika yategeerebwa bubi, oba ng'ebigwawo mu lutalo byawukanira ddala ku byasuubirwa abateesiteesi bayinza okwetaaga okukyusakyusa mu nteekateeka eyo: Naye era kino kirina kukolebwa luvannyuma lwa kuddamu kwekenneenya ebyo eby'ensonga, nga n'enteekateeka nnamutaayiika empya eyeesigika emaze okubangibwawo n'okukkirizibwa.

## Okuteekateeka Kkampeyini Ezinaabawanguza

Enteekateeka nnamutaayiika ey'okukomya obwannakyemalira n'okussaawo ddimookulaasiya k'ebeere nnungi etya, era nga ewa essuubi, tesobola kweteeka mu nkola. Amakubo ag'enjawulo gajja kwetaagibwa okuteekebwawo okuluŋŋamya kkampeyini ey'enkizo eruubirira okusuula obufuzi bw'obwannakyemalira.

Amakubo gano gajja kuba gakwanaganya n'okuluŋŋamya obukodyo obuwerako obugendereddwa okuba ekkonde evvannyuma eri obufuzi bwa bannakyemalira.

Obukodyo n'amakubo agagobererwa birina okulondebwa n'obwegendereza bisobole okwongera okutuusa ebiruubirirwa bya buli nkola. Wano kati twogera ku mutendera kinnakimu ogw'enkola egobererwa.

Abateesiteesi abawoma omutwe mu kkampeyini ez'enkizo, okufaananako n'abo abaakola enteekateeka nnamutaayiika beetaaga okutegeera obulungi engeri era n'amakubo g'okussa mu nkola obukodyo bw'olutalo obulondeddwa.

Nga abaamagye bwe balina okutegeera obukulembeze mu magye, obukodyo, ebikozebwa, eby'okulwanyisa, obukulu bw'enkula y'ekitundu n'ebirala ebiringa ebyo okusobola okutegeka olutalo, abategesi b'olutalo lw'okuguguba kw'ebyobufuzi balina okutegeera enkula y'olutalo olutaliimu butabanguko n'amateeka gaalwo.

Wabula yadde nga guli gutyo, obumanyi ku lutalo olutaliimu butabanguko, okussa omwoyo ku magezi agaweereddwa mu mboozi eno, oba ebiddibwamu ku bibuuzo bye twebuuzizza, tebisobola kuvaamu makubo ku bwabyo.

Okubangawo amakubo g'olutalo, kiba kyetaagisa obutetenkanya obesigamye ku kumanya.

Mu kuteekateeka enkola za kkampeyini ez'enjawulo ezirondeddwa okuwakanya gavumenti n'okutwaliriza olutalo lw'amenununula ekiseera ekiwerako, abateesiteesi b'okuguguba kw'ebyobufuzi bajja kwetaaga okussa omulaka ku nsonga n'ebizibu eby'enjawulo.

Ebimu kw'ebyo bye bino wammanga:

- Okusalawo ku bigendererwa bya kkampeyini eby'enjawulo n'obukulu bwabyo mu kukola enteekateeka nnamutaayiika mu nkola.

- Okutunuulira enkola ez'enjawulo oba eby'okulwanyisa by'ebyobufuzi ebisoboka okukozesebwa obulungi okuteeka munkola amakubo agalondeddwa. Mu nteekateeka ya kkampeyini yonna okutwaliza awamu kijja kuba kyetaagisa okusalawo nteeketeeka za bukodyo ki na makubo ki agalina okukozesebwa okuteeka obunkenke n'obukwakkulizo ku nsibuko y'amaanyi ga nnakyemalira.

- Okusalawo oba ensonga z'ebyenfuna nazo zikwatibwa wamu n'olutalo lw'ebyobufuzi okutwalira awamu era n'engeri ki ensonga z'ebyenfuna bwe ziba nga zaakubeera ku mwanjo mu lutalo, weetaagisaawo obwegendereza okulaba nga obutali bumativu obwekuusa ku byenfuna bugonjoolwa oluvannyuma lw'okusindiikiriza obwannakyemalira. Awatali ekyo, obutakkaanya n'obwegugungo buyinza okubalukawo singa ensonga ezo tezikolebwako mangu mu kaseera k'enkyukakyuka, okudda mu nsi ebukaddemu ddimookulaasiya. Obutakkaanya ng'obwo buyinza okuleetera amaanyi g'obwannakyemalira okweyongera nga basuubiza okumalawo akatuubagiro k'ebyenfuna.

- Okusalawo amangu ku nsengeka y'obukulembeze n'amakubo g'empuliziganya aganaabanguyira okukozesa lw'okusobola okutandika olutalo lw'okuwakanya. Makubo ki aganaaba gasoboka mu kusalawo ne mu mpuliziganya mu kiseera ky'olutalo okusobolanga okuwa okuluŋŋamya abawakanya gavumenti n'abantu bonna?

- Okusaasaanya amawulire g'okuwakanya eri abantu bonna, eggye lya nnakyemalira, ne bannamawulire b'ensi yonna. Ebyemulugunyizibwako n'ebiweerezebwa birina byonna okuba nga bituufu ddala.Okwongeramu ssupu n'okwemulugunya ebitaliiyo bijja kumalamu ensa okuwakanya gavumenti.

- Entegeka y'ebikolebwa ebigasa abantu mu mbeera ezaabulijjo, ebyenjigiriza, ebyenfuna n'ebyobufuzi okusobola okumalawo obwetaavu bw'abantu mu kakuubagano akajja. Ebikolebwa ng'ebyo bosobola okukolwa abantu abateetaba butereevu mu bikolwa bya kuwakanya.

- Okusalawo buyambi bwa ngeri ki bwe mwetaaga okuva ebweru w'eggwanga okuwagira kkampeyini ez'enjawulo oba olutalo lw'okwenunula lwonna okutwaliza awamu. Obuyambi obuva ebunaayira busobola butya okukuŋŋaanyizibwa n'okukozesebwa awatali kufuula lutalo luno olwomunda ate kwesigama ku nsonga z'ebweru ezitamanyiddwa. Kyetaagisa nnyo okussa ebirowoozo ku bibiina ki ebya wabweru ebyetegefu, era ebisaanidde okuyamba, nga ebitongole by'obwannakyewa (ebibiina by'abantu ba bulijjo, eby'eddiini n'ebibiina by'ebyobufuzi, ebyabakozi n'ebirala), Gavumenti endala, oba ekibiina ky'amawanga amagatte n'ebitongole byakyo ebyenjawulo.

Okwongera ku ekyo, abategekera abawakanya gavumenti bajja kwetaaga okuteekawo amakubo ag'okukuuma obutebenkevu n'okutuusa ebyetaago by'obulamu obwabulijjo ku balwanyi baabwe mu kiseera ky'olutalo lwa bonna olulwanyisa emiziziko gya bannakyemalira. Kino si kutondawo butonzi bukulembeze bwa bannaddimookulaasiya abavuganya obwetongodde na kutuuka ku bye bayaayaanira, wabula kijja n'okujungulula endowooza egamba nti okunyigiriza abantu kwetaagisa okumalawo obutali butebenkevu n'obumenyi bw'amateeka.

# Okusaasaanya Endowooza Y'okumenyawo Enkolagana

Okuguguba kw'ebyobufuzi eri obwannakyemalira okusobola okuwangula, kikulu nnyo abantu ne bategeera endowooza y'okumenyawo enkolagana.

Nga bwe kyannyonnyoddwa mu kagero k'omulundankima (mu ssuula eyookusatu), eky'okukola kyangu; singa omuwendo gw'abafugibwa omuneneko gugaana okugenda mu maaso n'enkolagana n'obwannakyemalira ekiseera ekiwerela ddala yadde nga banyigirizibwa, obwannakyemalira bujja kunafuyizibwa n'ekivaamu bugwe.

Abantu abali wansi w'obwannakyemalira bayinza okuba nga endowooza eno baagimanyiira okuva mu nsibuko ez'enjawulo. Kyokka ne bwe kiba kityo, eggye lya bannaddimookulaasiya lirina okusaasaanya era n'okubunyisa n'obwegendereza endowooza y'okumenyawo enkolagana. Akagero k'omulunzi w'enkima, oba akeefaanaanyiriza kw'ako, kalina okusaasaanyizibwa mu ggwanga mwonna. Akagero ng'ako kasobola okutegeerebwa amangu. Singa omulamwa oguli mu kumenyawo enkolagana gutegeerwa, abantu bajja kumanya obukulu bw'omulanga gwonna mu biseera ebirijja ogw'okumenyawo enkolagana yaabwe ne bannakyemalira. Nabo ku lwabwe bajja kusobolanga okwekunga mu bukumi n'obwesedde bw'abantu obutakolagana gavumenti mu mbeera empya ezinaagwangawo.

Newankubadde nga wabeerawo ebizibu n'okubeera mu matigga olw'okwasanguza endowooza yo, amawulire n'ebiragiro by'okuwakanya gavumenti y'obwannakyemalira,emirundi mingi bannaddimookulaasiya balaze nti bisoboka. Ne mu bukulembeze bwa Banazi ne bannaakalyakaani mu nsi ya Bugirimaani (Germany)

abaawakanyanga gavumenti baasobolanga okuwuliziganya n'abantu ssekinnoomu ne mu nkuŋŋaana ennene nga bayita mu kufulumya empapula z'amawulire ezitali mu mateeka,obupapula,obutabo ne mu myaka egyasembayo nga beeyambisa obutambi bw'amaloboozi n'ebifaananyi.

Olw'ebirungi bw'enteekateeka ennuŋŋamu eyakolebwa edda, ebinaagobererwa mu kuwakanya gavumenti bisobola okutegekebwa era n'okusaasaanyizibwa. Bino bisobola okuga ensonga n'embeera za ngeri ki abantu mwe balina okwekalakaasiza n'okumenyawo enkolagana era n'engeri kino gye kirina okukolebwamu.

Ebyempuliziganya wakati w'abakulembeze ba bannaddimookulaasiya ne bwe biba bitaataaganyiziddwa oba okuteekebwako obukugiro,nga n'olwekyo ebigobererwa eby'enjawulo tebisobodde kufulumizibwa oba okutuuka, abantu bajja kusobola okumanya eky'okukola ku nsonga ezitali zimu. Ebigobererwa ebyo ebirambikiddwa era byandisobola okukozesebwa okwawula ebiragiro ebikyamu ebiyinza okuva eri poliisi ekozesebwa bannabyabufuzi, ebigendereddwamu kuwugula bantu nga evumirira enkola eyo.

## Emiziziko Okuva Eri Gavumenti N'engeri Y'okugyaŋŋangamu

Abakola enteekateeka bajja kwetaaga okwekenneenya engeri abantu gye banaayanukulamu n'okutulugunyizibwa okuva eri gavumenti, okusingira ddala okuleetawo obutabanguko, obukolebwa nnakyemalira mu kuzza omuliroeri okuwakanya gavumenti kwa bannaddimookulaasiya. Kijja kwetaagisa okusalawo ku ngeri gye munaagumiikiriza, n'okwanukula, oba okuziyiza ebikolwa bino ebikutulugunya awatali kudda mabega.

Mu mbeera ezimu kisaana ne kikolebwa nga akakoddyo okulabula abantu n'abawakanya gavumenti ku kutulugunyizibwa okusuubirwa, basobole okumanya akatyabaga(obuzibu) obuyinza okuva mu kwetabamu.

Singa okutulugunyizibwa kubeera kwa maanyi, okuteekateeka obuyambi bw'ebyobujjanjabi kulina okukolebwa eri abeekalakaasi abafunye ebisago.

Olw'okuba nga okutulugunyizibwa kusuubirwa, abategesi balina okukirengerererawo ne balondawo okukozesa obukodyo n'amakubo aganaabatuusa ku kiruubirirwa kya kkampeyini gye baliko, oba eky'ameenunula nga ebikolwa by'obusibira mu bbwa bitono ddala. Eky'okulabirako, obwegugungo n'enkuŋŋaana z'omuggundo ez'okukolokota obwannakyemalira obususse bisobola okuba nga katemba naye ne bireetera enkumi n'enkumi z'abantu abekalakaasa okulusuulamu akaba.

Eky'abekalakaasi enkumi n'enkumi okuttibwa, mwattu kisobola obutaleetera bwannakyemalira kutekemuka kusinga bwe kyandibadde ngabuli muntu atuula waka we mu kwekalakaasa, oba bakozi ba gavumenti bonna okukola ebikolwa ebiraga okumenyawo enkolagana.

Singa kiteesebwa nti enkola esoomooza mu kuwakanya gavumenti y'etaagisa olw'ebigendererwa eby'enjawulo, olwo nno omuntu alina okwongera okwekenneenya n'obwegendereza ebibi by'ekiteeso ekyo n'emiganyulo gyakyo. Abantu bonna wamu, n'abeekalakaasi banaasobola okweyisa mu ngeri ennungi era etaliimu butabanguko mu kiseera ky'olutalo? Banaasobola okugaana okusoomoozebwa okuleetawo obutabanguko?

Abategesi balina okusalawo amakubo ge banaakwata okukuuma empisa obutakola butabanguko ate ng'olutalo lw'okuwakanya gavumenti lugenda mu maaso ne bwe wabaawo okutulugunyizibwa.

Amakubo nga; obweyamo, enkola eziteekebwawo okugobererwa, obupapula obulabula n'okusomesa empisa, kukozesa baakanyama, n'okuzira abantu n'obubondo bwa batabanguzi, ganaasoboka era ganaayamba?
Abakulembeze balina okubeera bulindaala obudde bwonna ku bantu abakolera bali ababasoomooza, abajja okwerimbika mu beekalakaasi n'okubakumamu omuliro okussaawo obutabanguko.

## Okunywerera Ku Nteekateeka Ennuŋŋamu

Nga waliwo enteekateeka ennuŋŋamu, bannaddimookulaasiya tebalina kuwugulwawugulwa bikolwa bya bwannakyemalira ebisobola okubakema okuva ku nteekateeka nnamutaayiika wamu n'enteekateeka za kkampeyini ez'enjawulo, olwo obwongo ne bye bakola byonna babyolekeze obusongasonga obutaliimu.Yadde obunkenke obuliwo akaseera ako oba tebukkirizibwa kuwugula lutalo lwa ddimookulaasiya kuva ku nteekateeka yaalwo nnamutaayiika oba enkola za kkampeyini,oboolyawo mu kwagala okwanukula ebikolwa byannakyemalira eby'obwakanywa musaayi ebiggya.

Ebikolwa bino bisobola okuba nga bibaluseewo aba bijingiriddwawo olw'okusokaasoka eggye lya bannaddimookulaasiya basuulewo enteekateeka yaabwe ennungi eyabagibwa edda, era sinakindi bakole obutabanguko olwo bannakyemalira balyoke babeekwatire ng'emmome; ekiweddeko amazzi.

Okwekenneenya okwasooka kutwalibwa nga okwensonga, abalwanyi baababannaddimookulaasiya kye balina okukola kuba kussa mu nkola mutendera ku mutendera.

Weewaawo nga enkyukakyuka mu bukodyo n'ebigendererwa ku buli mutendera zisobola okubaawo, era abakulembeze abalungi baba bulijjo bulindaala okweyambisa emikisa ng'egyo.

Enkyukakyuka nga zino tezirina kutabulwatabulwa ate na bigendererwa bya nteekateeka nnamutaayiika oba ebigendererwa bya kkampeyini ez'enjawulo'

Okussa mu nkola n'obwegendereza enteekateeka nnamutaayiika eyasalibwawo n'amakubo ga kkampiyini ez'enjawulo, kijja kuyamba nnyo mu kutuuka ku buwanguzi.

# ESSUULA EYOOMUNAANA

## OKUSSA MU NKOLA OKUGUGUBA MU BYOBUFUZI

Mu mbeera abantu mwe bawulirira nga banafu era nga batidde, kikulu nnyo nti emirimu gy'abantu egisooka gibeera nga tegibateeka mu matigga era ebikolwa ebisooka bibeere bya kuzimba buvumu bwabwe. Ebika by'ebikolwa bino okugeza okwambala engoye mu ngeri etali ya bulijjo biyinza okuleetawo endowooza ekontana n'eyo gavumenti gy'elowoolezaamu era kireetawo omukisa eri abantu bonna okwenyigira mu bikolwa ebiwakanya n'amaanyi ebirowoozo bya gavumenti. Mu ngeri endala akasonga akatono akatali ka bya bufuzi okugeza okufuna amagezi amalungi, ekibinja ekiwakanya gavumenti kiyinza okusalawo okwesiba kwako okutuukiriza ebikolwa byakyo. Abateesiteesi balina okulonda ensonga erimu eggumba ejja okukkirizibwa abantu abasinga obungi era enzibu okugaanibwa. Obuwanguzi tebujja kutereezabutereeza okwemulugunya okw'enjawulo kyokka wabula bujja kukakasa abantu nti ddala balina amaanyi.

Enkola ezisinga obungi mu kkampeyini y'olutalo olw'akaseera akawerako tezirina kutunuulira kusuulira ddala bwannakyemalira mbagirawo, wabula okutuuka ku bigendererwa ebitonotono. Si buli kkampeyini nti yeetaaga okwenyigiramu kw'abantu ab'engeri zonna.

Mu kwefumiitiriza ku kkampeyini ez'enjawulo ez'omuddiriŋŋanwa ezissa enteekateeka nnamutaayiika mu nkola, abategesi

b’okuguguba balina okulowooza engeri kkampeyini ezitandika, ezoomu makkati,n’ezo eziri ku nkomerero y’olutalo oluwanvu gye zinaayawukanamu.

## Okuwakanya Ebintu Ebimu

Mu mitendera egisooka egy’olutalo, kkampeyini eyawukana olw’ebigendererwa eby’enjawulo asobola okubeera ow’omugaso ennyo. Kkampeyini eno erondeddwamu ayinza okugoberegana. Ebiseera ebimu kkampeyini ezimu zisobola okubuutikira omulala.

Mu kuteekateeka enkola ey’okuwakanya ebintu ebimu kya mugaso okuzuula ensonga entonotono oba okwemulugunya okw’enjawulo okuggyayo akabonero k’obwannakyemalira ak’okunyigiriza kwonna. Ensonga ng’ezo ze ziyinza okubeera entuufu okutunuulira mu kukola kkampeyini ezisobola okutuusa ku bigendererwa by’enkola eby’enjawulo mu nteekateeka nnamutaayiika yonna.

Ebigendererwa by’enkola ey’okutabagana bino byetaaga okubeera nga bituukika n’amaanyi ga bannaddimookulaasiya agaliwo n’ago agasuubirwa. Kino kiyamba okufuna obuwanguzi obw’enjawulo. Okwezzaamu amaanyi kireetawo emikisa okweyongera mu nkyukakyuka y’enkolagana mu buyinza eri olutalo lw’akaseera akawanvu.

Enkola z’okuwakanya ebintu ebimu zirina okuteeka essira ku nsonga ez’enjawulo ezikwata ku mbeera z’abantu ezabulijjo, ku byenfuna oba kw’ebyobufuzi. Zino ziyinza okulondebwa okusobola okukuuma ekitundu ky’enkola ezimu ku mbeera z’abantu eza bulijjo kko n’ebyobufuzi nga tekiri mu mikono gya nnakyemalira, okwezza ekimu ku ekifugibwa bannakyemalira, oba okulemesa ekigendererwa kya bannakyemalira. Singa kisoboka, kkampeyini y’okuwakanya ebintu ebimu alina kulumba obunafu bumu oba

obuwerako obw'obwannakyemalira, nga bwe kyakubaganyizibwako ebirowoozo.

Awo bannaddimookulaasiya basobola okuteekawo enjawulo ey'amaanyi **n'obusobozi** bw'amaanyi gaabwe agaliwo.

Amangu ddala abateesiteesi beetaaga okuteekateeka kkampeyini esooka. Bigenda kubeera bigendererwa ki ebya kkampeyini eyo omutonotono? Ajja kuyamba atya okutuukiriza enteekateeka nnamutaayiika erondeddwa? Singa kisoboka, kyamagezi okubangawo enkola zonna mu bufunze eza kaweefube owookubiri era bwe kiba kisoboka n'owokusatu. Amakubo nga gano, gonna gajja kwetaagisa mu kussa enteekateeka nnamutaayiika erondeddwa mu bigobererwa byayo.

## Obuzibu Mu Kuzuula Ekinaagatta Abantu

Ku ntandikwa ya kkampeyini empya ey'okunafuya obwannakyemalira, ebikolwa by'ebyobufuzi ebisookera ddala biyinza okubeera ebitonotono mu ggwanga. Birina okutegekebwa nga bisobola okugezesa n'okusitula obwagazi bw'abantu, n'okubategeka olw'olutalo olugenda mu maaso, okuyita mu kumenyawo enkolagana mu byobufuzi wamu n'okuguguba kw'ebyobufuzi.

Ekikolwa ekisooka kisuubirwa okutwala akabonero k'okwekalakaasa oba kayinza okubeera k'ekikolwa ekitonotono okumenyawo enkolagana nga kwa kiseera buseera. Singa omuwendo gw'abantu abeetegefu okulwana mutono, olwo ekikolwa ekisooka kisobola okubaamu okugumba mu kifo eky'enkizo ddala. Ku ludda olulala, singa omuwendo gw'abantu abeetegefu okulwana munene nnyo, awo okuyimiriza emirimu gyonna mu ggwanga okumala eddakiika ttaano oba eddakiika eziwerako nga tewali kikolebwa kisoboka okukozesebwa.

Mu mbeera endala, abantu batono basobola okwerumya enjala, okukola akasiki mu kifo eky'enkizo ennyo mu ggwanga, abayizi okuzira okugenda mu kibiina okumala akaseera akatono, oba okugumba mu yafeesi enkulu.Wansi w'obwannakyemalira ebikolwa bino eby'okukozesa amaanyi ebiseera ebisinga byanukulwa n'okunyigirizibwa okw'obukambwe.

Obubonero bw'ebikolwa ebimu okugeza abantu okugumba mu maaso g'amaka ga nnakyemalira oba ku bitebe ebikulu ebya ppoliisi biyinza okubeeramu obuzibu bungi era n'olwekyo tebikubirizibwa kutandika nabyo mu kkampeyini.

Ebikolwa bw'okwekalakaasa okwamaayi okusooka emirundi egimu bisitula okusira okussa amaanyi munda mu ggwanga n'ebweru waalyo nga bwe gwali mu Burma mu 1988 abantu bwe beeyiwa ku nguudo oba okugumba kw'abayizi n'okwelumya enjala mu kibangirizi kya Tiananman mu Beijing mu 1989. Okulumizibwa okw'amaanyi okw'abeekalakaasi mu byokulabirako ebyo byonna waggulu abateesiteesi bye balina okukozesa mu kuteekateeka kkampeyini. Newankubadde nga biteekawo enkyukakyuka ez'amaanyi mu mpisa ne mu ndowooza,ebikolwa ng'ebyo tebisobola kusuula bwannakyemalira, ku lwabyo bisigala nga by'amaanyi kyokka tebikyusa ky'amaanyi ga bwannakyemalira.

Ebiseera ebisinga si kyangu kuyulizayuliza ddala mu bwangu nsibuko z'amaanyi ga bannakyemalira eziriwo ku ntandikwa y'olutalo. Ekyo kijja kwetaagisa kumpi abantu bonna n'ebitongole by'eggwanga byonna_ ebibadde ebiwulize ebbanga ery eriyise_ okugaanira ddala obufuzi era amangu ddala babuwakanye mu lwatu nga bayita mu kumenyawo enkolagana ey'amaanyi. Kyokka ekyo tekinnabeerawo era kyandiba kizibu okutuukako. N'olwekyo emirundi egisinga, kkampeyini y'amangu ey'omenyawo enkolagana

yonna n'okuguguba, nkola nzibu nnyo okutuukiriza mu kkampeyini y'okulwanyisa obwannakyemalira eyaakatandika obutandisi.

## Okugaba Obuvunaanyizibwa

Wakati wa kkampeyini y'okuwakanya ebintu ebimu, ebiseera ebisinga obutabanguko mu lutalo buleetebwa akabinja k'abantu abamu oba bonna. Mu kkampeyini enaddako n'ekigendererwa eky'enjawulo, amaanyi g'olutalo gandikyusibwa okudda ku bibinja by'abantu ebirala. Ekyokulabirako, abayizi basobola okwekalakaasa ku nsonga z'ebyengigiriza, abakulembeze b'eddiini n'abakkiriza basobola okussa essira ku nsonga y'eddembe ly'enzikiriza, abakozi mu ggaali y'omukka n'obwegendereza obungi basobola okwefuula abagoberera amateeka g'okwewala obubenje n'ekigendererwa eky'okusoobya entambula z'eggali y'omukka, bannamawulire basobola okuwakanya okuwerebwa kw'amawulire nga bafulumya empapula ezitalina kiziwandiikiddwako mu mabanga ebyo gavumenti by'eweze we byandiwandiikiddwa, oba poliisi esobola okulemererwa emirundi egy'omuddiriŋŋanwa okuzuula kko n'okukwata bannaddimookulaasiya abali ku ludda oluwakanya gavumenti abeetaagibwa.

Okugabanyaamu kkampeyini y'okuwakanya gavumenti nga tusinziira ku nsonga n'ebibinja by'abantu eby'enjawulo kijja kusobozesa ebitundu ebimu eby'abantu okuwummula ng'eno okuwakanya bwe kugenda mu maaso.

Okuwakanya ebintu ebimu okusingira ddala kwa mugaso okukuuma ebibiina n'ebitongole by'embeera z'abantu eza bulijjo ebyenfuna n'ebyobufuzi nga byetongodde okuva ku miziziko gy'obwannakyemalira, nga bwe kyakubaganyizibwako ebiriwoozo emabega. Entabiro ez'amaanyi zino ziteekawo omwagaanya

gw'ebitongole, abantu mwe basobola okuyita okuteeka obunkenke ku bwannakyemalira oba okuwakanya emiziziko gy'obwannakyemalira. Mu lutalo, bisuubirwa okubeera ebimu kw'ebyo ebisooka ku lukalala olutunuuliddwa obwannakyemalira.

## Okukolerera Okukendeeza Amaanyi Ga Nnakyemalira

Ng'olutalo lugenda lukula okuva ku mitendera egisookerwako ne lunyiinyintira, abategesi baba beetaaga okukola ekibalo ku ngeri gye basobola okwongera okuzibikira ensibuko z'amaanyi ga bannakyemalira. Ekiruubirirwa kyandibadde okukozesa abantu ba bulijjo okumenyawo enkolagana n'obwannakyemalira, okusobola okuteekawo embeera empya eyongera okuganyula eggye lya bannaddimookulaasiya.

Nga eggye lya bannaddimookulaasiya abawakanya gavumenti lyeyongedde embavu, abategesi bandibadde basala entotto ku ngeri z'okwongera okumenyerawo ddala enkolagana n'okuguguba okusobola okusattululira ddala ensibuko z'amaanyi ga bannakyemalira, n'ekiruubirirwa eky'okwongera okusaanyizaawo ddala obwannakyemalira.

Kijja kuba kya mugaso okutegeka n'obwegendereza engeri eggye lya bannaddimookulaasiya gye lisobola okunafuyaamu obuwagizi bw'abantu n'obwebibiina eri obwannakyemalira. Obuwagizi bwabwe bunaanafuyizibwa lwa kwoleka bikolwa bya *bwakanywamusaayi* ebikoleddwa omulembe ogwo? Kwanika bizibu bivudde mu kattu k'ebyenfuna akaliwo olw'enkola za bannakyemalira? Oba kukitegeera nti obwannakyemalira busobola okukomekkerezebwa? Abawagizi ba bannakyemalira balina okusendebwasendebwa waakiri okufuuka bannampawengwa mu bikolwa byabwe (okwesuulirayo ogwa nnaggamba) oba n'ekisinga, bafuuke abawagizi b'ekisinde kya ddimookulaasiya.

Mu kiseera ky'okuteekateeka n'okussa mu nkola okuguguba n'okumenyawo enkolagana, kya mugaso nnyo okulondoola abawagizi ba bannakyemalira lukulwe n'abayambi baabwe bonna nga mw'otwalidde n'abakabondo akoomunda, ekibiina ky'ebyobufuzi, poliisi n'abakungu ba gavumenti, naye okusinga byonna eggye lyabwe.

Obugonvu bwa bannamagye abalwanyi n'ababakulira bonna wamu, eri obwannakyemalira bwetaaga okwekenneenyezebwa n'obwegendereza, okusobola okuzuula oba nga amagye meeteefuteefu okuyamba eggye lya bannaddimookulaasiya. Kisoboka okuba nga bangi bannamagye abaawansi sibasanyufu era nga lwakutya naye balimu nakifuba?

Kisoboka okuba nti bannamagye bangi n'ababakulira basosolwa mu bufuzi obwo, olw'ensonga z'obuntu, amaka mwe bava, oba ez'ebyobufuzi?

Nsonga ki endala eziruma bannamagye n'ababakulira ezisobola okubaleetera okusendasendebwa bannaddimookulaasiya okusuula gavumenti?

Amangu ng'olutalo kye lujje lutandike wateekeddwa okuteekebwawo amakubo g'okuwuliziganya n'amagye ga bannakyemalira wamu n'aboludda olw'ekikugu. Mu bigambo, obubonero wamu n'ebikolwa, bannaddimookulaasiya basobola okubuulira amagye nti olutalo lw'ameenunula lujja kuba lwa maanyi, lwa buvumu, era lwa kulemerako. Amagye galina okutegeera nti olutalo lujja kuba lwa njawulo mu nkula ne mu ntegeka nga lugenderera kusuula bukulembeze bwa nnakyemalira so si kuteeka bulamu bwa bannamagye mu matigga. Ebyo byonna biruubirira kukendeeza bwagazi na buwagizi bw'amagye eri bannakyemalira ne ku nkomerero kukyusa bugonvu bwabwe n'obuwulize eri bannakisinde

kya ddimookulaasiya. Amakubo ge gamu gasobola okukozesebwa ku poliisi n'abakozi ba gavumenti.

Wabula okugezaako okusekeeterera obuwagizi bwa bamukwatammundu n'oluvannyuma okubaagazisa okujeemera bannakyemalira tekulina kutaputibwa nga kuwa bitingole bya magye bbeetu kukoma bwannakyemalira obuliwo mbagirawo nga bakozesa eryanyi. Ekikolwa ng'ekyo tekiyinza kussaawo ddimookulaasiya owannamaddala, wabula nga bwe twakiraba,okuwamba gavumenti eryanyi eryemmundu kikola kitono ddala mu kukyusa engabana y'obuyinza etali ya bwenkanya wakati w'abantu n'abafuzi. N'olwekyo kijja kwetaagisa okutegeka engeri abakulu mu magye abalumiririrwa gye bayinza okutegeezebwa nti tekuli kyetaagisa yadde okwegombebwa ku bannamagye okuwamba gavumenti oba okulwana olutalo olw'ekiyeekera.

Abakulu mu magye abalumiririrwa basobola okuzannya ekifo ekyomugaso mu lutalo lw'okuzza ddimookulaasiya, okugeza nga basaasaanya obutali bumativu n'okumenyawo obumu mu magye, n'okuwagira okukola ensobi mu magye mu bugenderevu n'okwesuulirayo ogwannagamba ku biragiro ebiweebwa, ssaako okuwagira okugaana okutulugunya abalwanyisa gavumenti.

Abakulu b'amagye era bayinza okuwa obuyambi mu makubo ag'enjawulo agatali ga butabanguko eri bannakisinde kya ddimookulaasiya, nga omwo mwe muli okubawa obukuumi mu makubo, amawulire, emmere, eby'obujjanjabi n'ebirala ebiringa ebyo.

Amagye y'emu ku nsibuko y'amaanyi ga bannakyemalira esingirayo ddala kubanga gasobola okukozesa ebitongole byago eby'empisa kko n'ebyokulwanyisa okulumba n'okubonereza obutereevu abantu abajeemu. Abateesiteesi b'okuguguba balina okujjukira

nti kijja kubeera kizibu ddala, sinakindi obutasoboka okuyuzaayuza obwannakyemalira singa poliisi, abakozi abavunaanyizibwa ku ntambula y'emirimu gya gavumenti awamu n'amagye gasigala nga gawagira obwannakyemalira kko n'okusigala nga magonvu mukuteeka ebiragiro byabwo mu nkola.N'olwekyo,enkola ezigenderedde okukyankalanya obwesigwa bw'amagye ga bannakyemalira zirina okuweebwa ekifo ekyokumwanjo abateesiteesi bannaddimookulaasiya.

Eggye lya bannaddimookulaasiya lirina okujjukira nti obutali bumativu n'obujeemu mu magye ne poliisi kisobola okuba eky'obulabe ennyo eri abakozi b'ebitongole ebyo.Abajaasi n'abasirikale bandisuubira ebibonerezo eby'amaanyi ennyo eri ekikolwa kyonna eky'obujeemu kko n'okuttibwa olw'okwekalakaasa, eggye lya bannaddimookulaasiya teririna kusaba bajaasi na basirikale nti beekalakaase mbagirawo. Wabula, awali empuliziganya, kirina okulambululwa nti waliwo enkuyanja y'enkola ezitayinza kutegeerebwa ze basobola okutandika nazo. Ekyokulabirako, poliisi n'amagye bisobola obutatuukiriza biragiro bya kunyigiriza bantu nga bwe biragiddwa, okulemererwa okuzuula abantu abeetaagibwa, okulabula abakolokota gavumenti ku nteekateeka z'okunyigiriza,okukwatibwa kw'abantu,okukomyawo abaawaŋŋangusibwa ezinaatera okubaawo awamu n'okulemererwa okuwaayo amawulire ag'omugaso ennyo eri mukama waabwe abaserikale abatali bamativu mu kubeera ng'okwanukula, basobola okusalawo obutawa biragiro bya kunyigiriza eri abo be bakulembera. Abajaasi bayinza okukuba amasasi mu bbanga ng'abantu beekalakaasa okufanaganako n'ekyo, abakozi ba gavumenti.

Mu kuzannya ekitundu kyabwe basobola okubuza ebiwandiiko, obutagoberera biragiro, okukola akasoobo kko n'okwerwaza basobole okusigala ewaka ppaka lwe bawona.

## Enkyukakyuka Mu Nkola Egobererwa

Abateesiteesi b'okuguguba kw'ebyobufuzi bajja kwetaaga okwekenneenya olutata ngeri ki enteekateeka nnamutaayiika, kko n'enkola za kkampeyini gye zikuteekebwa mu nkola, okugeza kisoboka olutalo okugenda obulungi nga bwe lwasuubirwa. Mu nsonga eyo kijja kuba kya mugaso okubalaabalamu nkyukakyuka ki ezineetaagibwa mu nkola y'ebintu. Kiki ekisobola okukolebwa okwongera amaanyi g'ekisinde awamu n'okwezza obuyinza? Mu mbeera nga eno kijja kuba kya mugaso nnyo okuzuula ekizibu, okuddamu okukola okwekenneenya okuluŋŋamizibwa. Bwe kiba kisoboka okukyusa engabanya y'obuvunaanyizibwa bw'olutalo eri ebibinja by'abantu eby'enjawulo, okukuŋŋaanya ensibuko z'amaanyi amalala era otondewo amakubo amalala ag'okulwanamu olutalo. Ekyo nga kiwedde,enteekateeka empya erina okuteekebwa mu nkola mbagirawo.

Okwawukanako n'ekyo, singa olutalo luvaamu ekisinga ku ekyo ekibadde kisuubirwa era nga obwannakyemalira buseebengerera manga okusinga bwe kyabalibwa gye bavuddeko, eggye lya bannaddimookulaasiya liyinza kukozesa litya ebiva mu mukisa guno agubadde gutasuubirwa era ne lyongera okusannyalaza obwannakyemalira? Tujja kutunuulira ekibuuzo kino mu bujjuvu mu ssuula endala.

# ESSUULA EY'OMWENDA

## OKUYUZAAYUZA OBWANNAKYEMALIRA

Okweyongera kw'ekibiina ebiva mu kkampeyini y'okuguguba kw'ebyobufuzi atuukiriziddwa obulungi kyongera amaanyi mu kusimbira ekkuuli awamu n'okuteekawo kko n'okugaziya ebitundu by'eggwanga obufuzi bw'obwannakyemalira gye busanga obuzibu okwegazaanya.Era kaweefube ono awa obukugu obw'omugaso mu ngeri y'okugaanamu enkolagana kko n'engeri y'okuteekawo okuguguba mu by'obufuzi. Obukugu obwo bujja kuyamba nnyo ng'ekiseera ky'okumenyawo enkolagana n'okuteeka okuguguba mu byobufuzi eri abantu bonna kituuse.

Nga bwe kyakubaganyizibwako ebirowozo mu ssuula ey'okusatu; obuwulize, enkolagana n'okuwanika bya mugaso nnyo singa bannakyemalira baakubeera b'amaanyi.Awatali busobozi kutuuka ku nsibuko z'amaanyi ga byabufuzi amaanyi ga bannakyemalira ganafuwa nekivaamu kusaanawo.n'olwekyo okumanya obuwagizi kye kikolwa ekisinga okwetaagibwa okuyuzaayuza obwannakyemalira. Kiyinza okuba eky'omugaso okuddamu okutunuulira ngeri ki ensibuko z'amaanyi gye ziyinza okukozesebwa okuguguba kw'ebyobufuzi.

Ebikolwa ebyokugaana awamu n'okuguguba eri ebirowoozo bya gavumenti gegamu ku makubo agaliwo akunafuya endowooza awamu n'obuyinza bwa gavumenti eri mu bufuzi.Obufuzi gye bukoma okubeera n'obuyinza gye bukoma n'okusingawo

okufuna obuwulize n'enkolagana ebyesigika. Obutakkiriziganya na ndowooza za bannakyemalira kirina okulagibwa mu bikolwa okusobola okuteekawo obunkenke obwannamaddala eri okubeerawo kw'obwannakyemalira. Okuggyawo enkolagana n'obuwulize bye taagibwa okuyuzayuza ensibuko endala ez'amaanyi g'obwannakyemalira.

Ensibuko ey'amaanyi nga ago ey'okubiri be bantu, omuwendo n'omugaso n'ebibinja ebiwulize ebikolagana, oba ebiyambako abafuzi.Singa okumenyawo enkolagana kuteekebwa mu nkola ebitundu by'abantu ebisinga obunene, obufuzi bujja kubeera mu buzibu obw'amaanyi. Ekyokulabirako, singa abakozi ba gavumenti tebakyakola nga bwe balina kukola oba oly'awo nga basigala n'ewaka, emirimu gya bakama baabwe gijja kukosebwa nnyo.

Okufaananako n'ekyo, abantu n'ebibinja ebimenyeewo enkolagana mulimu n'abo ababadde nga bawa obukugu awamu n'amagezi ag'enjawulo gye bavuddeko,olwo bannakyemalira bajja kulaba obusobozi bwabwe okuteeka mu nkola ebyo bye baagala nga bunafuyiziddwa ekigenze ewala. Era n'obusobozi bwabwe okukola okusalawo okulungamiziddwa awamu n'okuteekawo enkola ezizimba buyinza okukendeezebwa ekisusse.Singa endowooza n'enzikiriza ebiyitibwa ensonga ezitakwatwako- bulijjo ezisendasenda abantu okugondera n'okuyamba abafuzi zinafuyizibwa oba ziddizibwa emabega abantu bajja kujeemera wamu n'okumenyawo ddala enkolagana.

Obusobozi bwa bannakyemalira bwe balina okufuna ebintu ebikozesebwa bukola kinene nnyo ku buyinza bwabwe. Okuba n'obuyinza mu mikono gye ku nsimbi, enkola z'ebyenfuna, ebintu ebikalu, obugagga eby'obutonde, ebyentambula n'ebyempuliziganya eby'abo abamulwanyisa n'abalina obusobozi okumulwanyisa,ensibuko endala ey'amaanyi gaabwe ebeera mu

katyabaga sinakindi eba eggiddwawo. Okwekalakaasa, okuzira n'okwongera okwetongola mu by'enfuna, mu by'empuliziganya ne mu by'entambula bijja kunafuya obufuzi.

Nga bwe kyakubaganyizibwako ebirawoozo gye buvuddeko, obusobozi bwa bannakyemalira okutiisatiisa oba okuteeka obukwakkulizo n'ebibonerezo eri abo abatali bamativu, abajeemu n'ebiwayi by'abantu abatakolagana na gavumenti y'entabiro y'ensibuko y'amaanyi ga bannakyemalira. Ensibuko y'amaanyi eno esobola okunafuyizibwa mu ngeri bbiri. Esooka, singa abantu babeera beeteefuteefu okugenda mu lutalo, okwewaayo eri ebinaavaamu ng'omutango gw'okuguguba kw'ebyobufuzi, obusobozi bw'obukwakkulizo obuliwo bujja kukka mbagirawo (okwo kwekugamba nti okunyigiriza kwa bannakyemalira tekujja kufuna buwagizi kwebwetaaga). Ey'okubbiri, singa poliisi n'amagye go gennyini gayinza okufuna obutali bumativu, gayinza okujeemera ebiragiro eby'okusiba,okukuba, oba okukuba amasasi mu bawakanya gavumenti nga bakikola ng'omuntu ssekinnoomu oba bonna wamu. Bannakyemalira bwe babeera tebakyasobola kwesigama ku poliisi n'amagye okutulugunya, obwannakyemalira olwo butandika okufuna okutya okw'amaanyi mu bufunze, obuwanguzi mu kulwanyisa obwannakyemalira obusimbye amakanda kiba kyetaagisa okumenyawo enkolagana n'okuguguba bikozesebwe okukendeeza n'okuggyirawo ddala ensibuko y'amaanyi gaabwo. Obwannakyemalira ke bulemererwa okuzzaawo ebirimu amaanyi gaabwo, bujja kulagaya n'oluvannyuma bugwe. N'olwekyo enteekateeka ennuŋŋamu ey'okuguguba kw'ebyobufuzi eri obwannakyemalira yeetaaga kwolekeza nsibuko y'amaanyi ga bannakyemalira esinga omugaso.

## Okwongera Okubukaza Eddembe

Bw'ogatta wamu okuguguba kw'ebyobufuzi mu kusimbira ebintu ebimu ekkuuli, okukula kw'ebitongole ebyetengeredde ebikwata ku mbeera z'abantu eza buligyo, ebyenfuna, ebyobuwangwa n'ebitongole ebiri mu by'obufuzi, by'ongera okugaziya ddimookulaasiya w'eggwanga n'okunafuya obuyinza bwannakyemalira.

Nga ebitongole ebirwanirira eddembe ly'obuntu mu ggwanga byeyongera amaanyi wamu n'obwannakyemalira, mu buli kyonna bannakyemalira kye bandyagadde okukola abantu baba beeyongera okuzimba eggwanga eryetongodde wabweru w'obuyinza bwabwe.

Singa obwannakyemalira bwefunyirira okwagala okuggyawoeddembe eryeyongera, olwo olutalo olutaliimu butabanguko lusobola okukozesebwa okulwanirira akalembereza ka ddimookulaasiya akaakatuukibwako, n' obwannakyemalira busanga olw buba bw'olekedde olusozi olulala mu lutalo luno.

Ebiseera bwe bigenda biyita, okuguguba n'okuzimba ebitongole bwe bigattibwa awamu bisobola okuleetawo eddembe erya nnamaddala, ekireetera okugwa kw'obwannakyemalira n'okuteekawo enkola eya ddimookulaasiya mu mateeka ebiteewalika kubanga engabanya y'obuyinza mu ggwanga munda eba ekyusiddwa mu ngeri ey'omuggundu.

Poland mu myaka gya 1970 okutuuka mu myaka gya 1980, etuwa ekyokulabirako ekirungi ku ngeri eno ey'omujjirano ey'ebitongole by'eggwanga n'emirimu gyabyo okuyita mu kuwakanya gavumenti. Ekeleziya Katolika nga ekolokotebwa ebitagambika wabula terina mulundi na gumu lwe yali ewambiddwa kufugibwa bukulembeze bwa bannakalyakaani. Mu 1976 abakenkufu abamu n'abakozi baagunjaawo obubiina obutonotono gamba nga Workers Defence

Committee, kano kakiiko akaali kalwanirira eddembe ly'abakozi, ekyayamba okuyisaamu endowooza zaabwe ez'ebyobufuzi.

Ekibiina kya "The Organisation of the Solidality Trade Union, kino kye kibiina ekigatta abakozi kyeyambisa amaanyi gaakyo okukulemberamu okwekalakaasa okuwaliriza okutongozebwa kwakyo mu mateeka mu 1980. Abantu ba bulijjo, abayizi n'obubiinja obulala bungi bwagunjaawo ebibiina byabwo ebyetongodde.

Bannakalyakaani bwe bamanya nti obubinja buno bukyusizza mu nkola zaabwo, olwo bannakalyakaani ne badda ku nfuga y'ekinnamagye.

Era ne wansi w'enfuga y'amateeka g'ekinnamagye, wakati mu kusibibwa okungi n'okutirimbulwa kw'abantu, ebitongole by'eggwanga ebipya ebyetongodde byagenda mu maaso n'okuweereza. Ekyokulabirako emizingo gy'empapula z'amawulire n'obutabo obutali mu mateeka bweyongera okufulumizibwa. Kampuni enkubi z'ebitabo ezitali mu mateeka buli mwaka nga zifulumya ebikumi n'ebikumi by'ebitabo, so ng'ate abawandiisi ab'olulango ab'ettutumu baazira kkampuni za bannaakalyakaani enkubi z'ebitabo kw'ossa n'eza gavumenti. Ebikolwa ebifaananako bwe bityo byeyongera mu bitundu by'eggwanga ebirala.

Wansi w'obufuzi bw'ekinnamagye obwa Jaluselski, gavumenti ya bannakalyakaani ey'ekinnamagye olumu yatuuka n'etunuulirwa nga emaamidde eggwanga. Bannamagye baasigala nga beefuze ebizimbe ne yafeesi za gavumenti. Obufuzi bwasobolanga okulumba abantu, nga baweebwa ebibonerezo, bakwatibwa, basibibwa, okuggala ebifo ebifulumizibwamu amawulire ne ebiringa ebyo. Wabula obwannakyemalira tebwasobola kufuga ggwanga.

Okuva olwo, waayita akaseera mpa we kaaga eggwanga ne lisobola okusuulira ddala obufuzi obwo.

Era ne bwekiba ng'obwannakyemalira bukyafuŋŋamye mu bifo bya gavumenti emirundi egimu kisoboka kiba kisoboka okutondawo gavumenti ya bannaddimookulaasiya evuganya. Eno esobola okugenda mu maaso nga ekola nga gavumenti ekontana n'eriwo era nga y'erina obuwulize bw'abantu, okukkirizizaamu era nga gye bakolagana nayo wamu n'ebitongole bye eggwanga.Olwo ekivaamu nga obwannakyemalira bweyongera okuggibwako ebisaanyizo by'okubeera gavumenti.

N'oluvannyuma, Gavumenti ya bannaddimookulaasiya evuganya eyinza okusikira obufuzi bwa nnakyemalira mu bujjuvu ng'ekitundu ku nkyukakyuka okudda mu nkola ya ddimookulaasiya. Ebiseera gye bigenda byeyongera ssemateeka okukolebwa era n'okulonda ne kubaawo ng'ekimu ku kitundutundu ky'enkyukakyuka.

## Okuyuzaayuza Obwannakyemalira

Ng'enkyukakyuka mu bitongole by'eggwanga zigenda mu maaso, ekisinde ky'okuguguba n'okumenyawo enkolagana kiyinza okweyongera.Abalowooleza n'okutegeka eggye lya bannaddimookulaasiya balina okwefumiitiriza nga bukyali nti ekiseera kijja kutuuka ng'eggye lya bannaddimookulaasiya lisobola okusukka ku kusimbira ebintu kinnakimu ekkuuli era batongoze okugugubira ddala okwabonna. Emirundi egisinga, kijja kuba kyetaaga obudde obw'okutondawo, okuzimba, oba okugaziya obusobozi bw'okuwakanya gavumenti era okweyongera kw'okuguguba kw'abantu bonna kuyinza okubaawo oluvannyuma lw'emyaka egiwerako. Mu kiseera kino ekisooka, kaweefube w'okuwakanya ebintu ebimu alina okutongozebwa n'ebigendererwa eby'ebyobufuzi ebikulu. Ettundutundu eddene ku muwendo gw'abantu beemitendera gyonna mu ggwanga balina okwenyigiramu.

Wakati mu bumalirivu ne enneeyisa ennungi mu kuguguba kw'ebyobufuzi bino byonna we bibumbujjira, obunafu bw'obwannakyemalira obwo munda kyangu okwongera okweyoleka.

Okugatta okuguguba kw'ebyobufuzi okwamaanyi n'okuzimba ebitongole ebyetengeredde mu dda kiyinza okusikiriza amawanga ag'ebweru okubiyingiramu, ekiyamba eggye lya bannaddimookulaasiya. Era kiyinza okuleetawo amawanga ag'ebweru okuvumirira ebikolwa bya gavumenti, okuzira, okuggyawo okusuubulagana mu ngeri y'okuwagira eggye lya bannaddimookulaasiya (nga bwe kyali mu Poland).

Abateesiteesi balina okukimanya nti mu mbeera ezimu okusaanawo kw'obwannakyemalira okubaawo amangu ddala nga bwe kyali mu East Germany mu 1989. Kino kisobola okubeerawo singa ensibuko z'amaanyi ga bannakyemalira ziyuzibwayuzibwa nnyo, nga kiva ku bannansi bonna okwekyusiza obwannakyemalira.Wabula enkola eno si ya bulijjo, era kisingako okwetegekera olutalo olw'ekiseera ekiwanvuko(naye nga n'olumpi olwetegekedde).

Ng'olutalo lw'amenunula lugenda mu maaso, n'obuwanguzi ku nsonga entonotono bulina okujaguzibwa. Ababa baleese obuwanguzi buno balina okwebazibwa.

Ebijaguzo ebirimu okwegendereza biyamba okukuuma ebbugumu mu bantu ery'etaagibwa ku lw'emitendera gy'olutalo egy'omumaaso.

## Okukwata Obuwanguzi Mu Ngeri Ey'obuvunaanyizibwa

Abategesi b'enteekateeka nnamutaayiika balina okukibalaabalamu mu bwangu engeri ezisobola era ennungi olutalo gye lwandikomekkerezeddwa ku lw'okwewala obwannakyemalira

obupya okubalukawo n'okukakasa nga waliwo okuzimba enkola ya ddimookulaasiya enaawangaala.

Bannaddimookulaasiya balina okubala engeri enkyukakyuka okuva mu bwannakyemalira okudda mu gavumenti ey'ekiseera gy'enaakwatibwamu ku nkomerero y'olutalo.Kyetaagisa mu kiseera ekyo okuteekawo bunnambiro gavumenti ekola emirimu.Wabula terina kubeera ng'ebaddewo mu nkola nga ekyusizza bukyusa bantu. Kyetaagisa okubala bitongole ki ebya gavumenti enkadde nga poliisi ey'ebyobufuzi ebirina okuggyirawo ddala olw'enkula yaabyo eyeeraga mu lwatu nga ekontana ne ddimookulaasiya, era na bitongole ki ebirina okulekebwawo ebinaateekebwa wansi w'enkola y'okuzzaawo ddimookulaasiya. Okuggyirawo ddala ebitongole bya gavumenti byonna kyandireetawo akasambattuko sinakindi obwannakyemaira abulala ate.

Kirina okuloowozebwako nga bukyali okusalawo nkola ki enaateekebwa ku bakungu ba waggulu oluvannyuma lw'obufuzi bwabwe okugwa.

Okugeza; bannakyemalira banaleetebwa mu mbuga z'amateeka okuwerennemba n'emisango? Banakkirizibwa okufuluma eggwanga obutadda?

Makubo ki amalala agaliwo agakiriziganya n'okuguguba kw'ebyobufuzi, agakkiriziganya n'obwetaavu bw'okuddaabulula eggwanga wamu n'okuzimba ddimookulaasiya oluvannyuma lw'obuwanguzi?

Okuyiwa omusaayi kulina okwewalibwa kubanga kulina kya maanyi kye kukosa ku kuzimba enkola ya ddimookulaasiya mu biseera ebiddako. Mu kiseera obwannakyemalira we bunafuyira n'okugwira ddala, enteekateeka z'enkyukyuka okudda mu ddimookulaasiya zirina okubeerawo nga zirinze kussibwa mu nkola. Enteekateeka

nga zino ziyamba okuziyiza akabondo akalala okwekomya obuyinza bw'eggwanga nga kayita mu kuwamba gavumenti.

Enteekateeka ez'okuzimba gavumenti etambulira ku mateeka ga ddimookulaasiya agawa mu bujjuvu eddembe ly'ebyobufuzi n'eryobuntu. Enyukakyuka ezituukiddwako n'omuwendo omungi tezirina kugwa butaka olw'okulemwa okuteekateeka.

Wakati mu kuttunka n'abantu abeesomye eryanyi, wamu n'okumeruka kw'obubiina bwa bannaddimookulaasiya n'ebitongole ebyetengeredde,obwannakyemalira bye butasobola kuziyiza,bannakyemalira bajja kwesanga nga bye bakola byonna basottokera busa. Bannansi abangi okussa wansi ebikola, okwekalakaasa okw'awamu, buli omu okutuula eka ne bagaana okugenda ku mirimu,abantu okweyiwa ku nguudo oba ebikolwa ebirala, bijja kwongera okunafuya enteekateeka za bannakyemalira n'ebitongole bye bakolagana nabyo.

N'ekiddirira, mu kuguguba ng'okwo n'okugaana okukolagana ne gavumenti bikozesebwa n'amagezi era nga n'obujjumbize bwa bannansi okumala akaseera akawerako, bannakyemalira banafuwa olwo abalwanirira ddimookulaasiya bajja kuwangula awatali butabanguko. Obwannakyemalira bwandizikirira okusooka abagugubi.

Si buli kikolebwa nti kinaavaamu obuwanguzi sikyangu nga bw'olowooza, era tebutera kutuukibwako mangu. Kisaana okujjukirwa nti, nga entalo z'ekinnamagye nnyingi bwe zigwa obutaka era nnyingi bwe ziwangulwa.

Wabula okuguguba kw'ebyobufuzi kuwa obusobozi obw'okuwangula. Nga bwe kyalagiddwako mu kusooka, obusobozi obwo buyinza okwongerwako ng'oyita mu kubagawo enteekateeka nnamutaayiika

ey'amagezi, enteekateeka ennuŋŋamu, okukola ennyo ssaako empisa n'obuvumu mu lutalo.

# ESSUULA EY'EKKUMI

## OKUSIMA OMUSINGI GWA DDIMOOKULAASIYA ANAAWANGAALA

Okuyuzaayuza obwannakyemalira nsonga nkulu eyeetaaga okujaguza. Abantu ababonyeebonye okumala ebbanga eggwanvu era ne bawaayo n'omuwendo omunene mu lutalo basaana okuweebwa akaseera ak'essannyu okuwummulamu awamu n'okusiimibwa. Bo bennyini balina okwenyumiriza mu bikolwa byabwe awamu n'abo bonna be baalwana nabo okuwangula eddembe ly'ebyobufuzi.

Si bonna nti bandikujjukirwa mu byafaayo ng'abazira abayamba okuleetawo eddembe mu nsi yaabwe. Ekyomukisa omubi, kano si keekaseera ak'okukendeeza mu bwegendereza.

Era ne mu kiseera ky'obuwanguzi ng'obwannakyemalira buyuzaayuziddwa okuguguba kw'ebyobufuzi, enkola zirina okuteekebwawo n'obwegendereza okuziyiza okumerukawo kw'obwannakyemalira obuggya nga buva mu kavuvuŋŋano akabeerawo ng'obwannakyemalira obukadde busaanyiziddwawo. Abakulembeze b'eggye eriwagira ddimookulaasiya balina okubeera nga baateekateeka dda enkyukakyuka ey'emirembe okudda mu ddimookulaasiya. Enzimba y'obwannakyemalra ejja kwetaaga okusattululwa. Ku lwa ddimookulaasiya anaawangaala emisingi gya ssemateeka n'amateeka awamu n'empisa ezinaagobererwa gijja kwetaaga okuzimbibwa.

Tewali n'omu alina kukitwala nti obwannakyemalira bwe bugwa, nti eggwanga lijja kutereera mbagirawo. Okuyuzibwayuzibwa kw'obwannakyemalira, kuteekawo buteesi ntandikwa eri kaweefube ow'ebbanga eggwanvu okwongera okutereeza eggwanga, okwongera eddembe wamu n'okutuukiriza ebyetaago by'abantu mu ngeri ematiza. Ebizibu eby'amaanyi mu byobufuzi mu byenfuna ne mu mbeera z'abantu eza bulijjo bijja kugenda mu maaso okumala emyaka, mu kubigonjoola bijja kwetaaga enkolagana y'abantu abawerako awamu n'ebibiina. Obukulembeze obupya bulina okuteekawo emikisa eri abantu abalina obusobozi obw'enjawulo kko n'amakubo agayamba okutwala emirimu egiyamba ensi mu maaso wamu n'amateeka aganaagonjoola ebizibu gye bujja.

## Okwekengera Ku Bwannakyemalira Obuggya

Edda ennyo Aristotle yalabula nti obwannakyemalira busobola okukyuka okudda mu bwannakyemalira14. Waliwo obujulizi mu byafaayo obumala okuva e' bufalansa (Jacobins ne Napoleon). Russia (the Bolsheviks), Iran (the Ayalolah), Burma (SLORC), ne mu bitundu ebirala okusaanaawo kw'obufuzi obusibiramubbwa abantu ne bibiina ebimu bijja kukalaba ng'akakisa eri byo okwenyigawo nga bannakyemalira abajja.

Ebigendererwa byabwe biyinza okwawukana, naye ebivaamu emirundi mingi kumpi bye bimu. Obwannakyemalira obujja buyinza okubeera obukambwe ennyo era nga bumaamidde buli kimu n'okusinga n'obubaddewo. Nga n'obwannakyemalira tebunnasaanawo, abakulembeze ababaddewo bayinza okusala ku bbanga ly'olutalo lw'okuguguba ddimookulaasiya nga bayita mu kumaamulako gavumenti baziyize obuwanguzi bw'okuwakanya gavumenti okwa bonna. Bayinza okwekwasa nti baggyeewo

obwannakyemalira, naye nga mu butuufu banoonya bunoonya kukakaatikawo bwannakyemalira obusiigidwa ekifaananyi ekipya.

## Okulemesa Okuwambibwa Kw'obukulembeze

Waliwo engeri ezisobola okuziyiza okuwambibwa kw'obukulembeze obuggya mu mawanga agaakanunulwa. Okumanyaako ku ngeri y'okwerwanako emirundi egimu kiyinza okumala okuziyiza abaagala okuwamba gavumenti. Okw'eteekateeka kusobola okuziyiza kino.

Amangu ddala ng'okuwambibwa kwa gavumenti kutandise, abeetaba mu kuwamba gavumenti beetaaga okukikola mu mateeka, okwo kwe kugamba okukkirizibwa nti balina eddembe lyabwe okufuga. N'olwekyo, engeri enkulu esooka ey'okulemesa okuwambibwa kw'obukulembeze ye y'okukola amateeka agatawa mwagaanya bagezezzaako kuwamba gavumenti kufuga.

Abeetaba mu kuwamba obukulembeze beetaaga obuwagizi bw'abakulembeze b'abantu ba bulijjo n'abantu bonna, okusigala nga basobeddwa oba okubeera nga balaba bulabi kigenda mu maaso. Abeetaba mu kuwamba obukulembeze beetaaga obuwagizi bw'abakugu kko n'abawi b'amagezi, abavunaanyizibwa ku ntambula y'emirimu gya gavumenti era n'abakozi ba gavumenti, abakulu mu gavumenti awamu n'essiga eddamuzi okusobola okwenywereza mu bufuzi mu nsi etaaguddwataaguddwa. Abeetaba mu kuwamba obuyinza era bajja kwetaaga abantu abawera abatambuza ebyobufuzi, ebitongole by'eggwanga, ebyenfuna, poliisi awamu n'amagye okubagondera awatali kuwalira, era batambuze emirimu gyabwe nga bulijjo nga gikyusiddwamu okugendera ku biragiro n'amateeka ag'abawamba obuyinza.

Engeri eyookubiri eyokulemesaamu okuwamba obuyinza kwe kusimbira ekkuuli abawamba obuyinza nga tuyita mu kumenyawo

enkolagana n'okuguguba. Enkolagana n'obuyambi obwetaagibwa bulina obutabaweebwa. Ekisinga obukulu amakubo agakozesebwa mu lutalo lw'okulwanyisa obwannakyemalira gasobola okukozesebwa okulwanyisa obwannakyemalira obuggya, wabula gali okuteekebwa munkola mbagirawo. Singa ekkubo ly'amateeka n'enkolagana byonna tebibaweereddwa, okuwamba eggwanga eririmu ddimookulaasiya ne guddizibwawo.

## Okubaga Ssemateeka

Enfuga empya eya ddimookulaasiya ejja kwetaaga ssemateeka okuteekawo gavumenti egoberera ddimookulaasiya eyaayaanirwa. Ssemateeka alina okuteekawo emirimu gya gavumenti, ekkomo ku buyinza bwa gavumenti, amakubo n'obudde bw'okulonda engeri abakungu bagavumenti n'ababaka ba palamenti gye banaalondebwamu, eddembe ly'abantu ery'obwebange, awamu n'enkolagana ya gavumenti eya wakati ne gavumenti ez'ebitundu.

Singa gavumenti eya wakati yaakusigala nga egoberera ddimookulaasiya, engabanya y'obuyinza ennuŋŋamu erina okuteekebwawo wakati w'amasiga ga gavumenti omuli palamenti, olukiiko lwa ba minisita wamu n'essiga eddamuzi. Obukwakkulizo obw'amaanyi bulina okuteekebwa ku mirimu gya poliisi, ebitongole ebikessi,n'amagye ku lw'okubiziyiza okweyingiza mu by'obufuzi nga by'erimbika mu mateeka.

Ku lw'okukuuma enfuga ya ddimookulaasiya n'okwerinda amakubo n'enkola z'obwannakyemalira, ssemateeka kisaana n'aba ng'ateekawo enkola ya federo ng'erambika obuyinza bw'amabendobendo, amasaza, ne gavumenti z'ebitundu ku mitendera egy'enjawulo. Mu mbeera ezimu enkola y'Abaswitizilandi (eya canton z'amadiini) esobola okukozesebwa, nga ebitundu ebitonotono bisigaza obuyinza

obwenkomeredde ku bintu eby'enkizo kyokka nga bisigala kitundu ku ggwanga erya wamu.

Singa waali wabaddewoko ssemateeka mu byafaayo by'eggwanga eryakanunulwa ng'alimu enkola zino, kyandibadde kya magezi okumuzzaawo ng'alongooseddwamu okusinziira ku bwetaavu buliwo.

Singa tewabaawo ssemateeka mukadde alimu byetaagibwa kyandibadde kya mugaso okukolera ku ssemateeka ow'ekiseera. Awatali ekyo ssemateeka omuggya aba yeetaga okubagibwa.

Okuteekateeka ssemateeka omuggya kijja kutwala akaseera akawerako n'okulowooza ennyo. Kyetaagisa nnyo bannansi bonna okwetaba mu nteekateeka eno era kiyamba n'okukkiririza mu ssemateeka ono oba ennongoosereza eziba zikoleddwa. Omuntu alina okuba omwegendereza ennyo obutateeka mu ssemateeka bisuubizo ate ebinaaba ebizibu gye bujja okussibwa mu nkola, oba obuwaayiro obuwa gavumenti eya wakati obuyinza, kubanga bino byombi bisobola okuleetawo obwannakyemalira obulala.

Olulimi olukozesebwa mu ssemateeka lulina okuba nga lutegeerwa bannansi abasinga obungi. Ssemateeka talina kubeera mukalubo oba abuzaabuza nga bannamateeka oba abayivu bokka be basobola okumuteegeera.

## Amateeka Ga Ddimookulaasiya Ku By'okwerinda

Eggwanga erinunuddwa era liyinza okusanga okutiisibwatiisibwa okuva ebweru w'eggwanga ekiyinza okuteekawo obwetaavu bw'okunyweza obukuumi.

Eggwanga era lisobola okuba n'obweraliikirivu olw'amawanga amalala agagezaako okulifuŋŋamako mu bye nfuna, eby'obufuzi n'ebyekinnamagye.

Olw'okwagala okukuuma ddimookulaasiya munda mu ggwanga, walina okubeerawo okwegendereza okulaba nga amateeka agagobererwa mu kuguguba kw'ebyobufuzi gakozesebwa ku lw'okunyweza eby'okwerinda.

Mu kunywereza amaanyi g'okuwakanya gavumenti mu mikono gya bannaansi, amawanga agaba gaakanunulwa gasobola okwewala obwetaavu bw'okuzimba eggye ery'amaanyi, lyo lyennyini eriyinza okuteeka ddimookulaasiya mu matigga, oba eriyinza okwetaaga ensimbi ennyingi ate nga zeetaagibwa okukola ebirala.

Obubondo bw'abantu obumu busobola okutyoboola oba okumenya obuwaayiro bwa ssemateeka obumu n'ekiruubirirwa ky'okwenywereza nga bannakyemalira abalala nate. N'olwekyo wajja kubeerawo omulimu gwa bannansi ogw'enkalakkalira ogw'okukozesa okuguguba kw'ebyobufuzi n'okumenyawo enkolagana nga balwanyisa abandyagadde okwefuula bannakyemalira, n'okukuuma emisingi gya ddimookulaasiya, eddembe, n'emitendera egigobererwa.

## Okuwa Abantu Obuvunaanyizibwa Okusinziira Ku Busobozi Bwabwe

Olutalo olutaliimu butabanguko teruleetera kunafuya n'akumaamulako bannakyemalira kyokka, wabula luzzaamu abanyigirizibwa amaanyi. Akakodyo kano kasobozesa abantu abaali beeraba ng'abakosebwa obukozesebwa oba abaali bafuŋŋamiddwako obufuzi obubi okufuna eddembe n'obwenkanya obw'ekika ekya waggulu nga bayita mu kwerwanako bo bennyini.

Okuyita mu lutalo nga luno kulina ebikulu bye kwongera ku bwongo bw'omuntu, ekyongera abantu okwekkiririzaamu n'obuvumu ababadde abanafu.

Ekintu ekimu eky'omugaso ennyo ekiwangaala ebbanga eddene ekiva mu kukozesa olutalo olutaliimu butabanguko kiri nti eggwanga lijja kubeera n'obusobozi obumala okugonjoola ebizibu ebiriwo wamu n'ebyo ebinajja mu maaso. Muno musobola okubeeramu gavumenti okukozesa obubi obuyinza bwayo gye bujja, n'enguzi, okuyisa obubi ebibiina eby'enjawulo, okusossola mu bye nfuna awamu n'okuteeka emiziziko ku nfuga ya ddimookulaasiya nga bw'erina okutambula. Abantu abalina obumanyirivu mu nkozesa y'okuguguba kw'ebyobufuzi bayinza obutakozesebwa bwannakyemalira mu biseera by'omu maaso.

Oluvannyuma lw'amenunula, okwemanyiiza entalo ezitaliimu butabanguko kijja kuteekawo amakubo g'okukuuma ddimookulaasiya, eddembe ly'obantu, eddembe ly'abasossolebwa n'obuyinza bwa gavumenti z'amabendobendo, ez'amasaza, n'ezeebitundu wamu n'ebitongole by'obwannakyewa. Enkola ng'ezo ziteekawo amakubo abantu n'ebibiina gye bisobola okuyitamu okulaga obutali bumativu obusukiridde mu mirembe ku nsonga ezirabibwa nga zaamugaso nnyo emirundi egimu egiwaliriza ebibiina ebiwakanya gavumenti okugenda mu butujju oba mu buyeekera.

Ebirowoozo ebiri mu kigezo kino eky'okuguguba kw'ebyobufuzi oba olutalo olutaliimu butabanguko bigenderedde okuyamba ebibiina kko n'abantu bonna abanoonya okununula abantu baabwe okuva mu kunyigirizibwa kw'obwannakyemalira era bateekewo enkola ya ddimookulaasiya enaawangaala eteekamu ddembe ly'obuntu ekitiibwa kko n'ebikolwa eby'okukyusa eggwanga.

Waliwo okukubira kwamirundi esatu okukulu ku nsonga ezikooneddwako wano.

- Okwenunula okuva mu bwannakyemalira kusoboka
- Okusobola okutuuka ku kwenunula, okulowooza n'obwegendereza, wamu n'enteekateeka ennuŋŋamu bijja kwetaagibwa.
- Obwegendereza, okukola ennyo, awamu n'olutalo olujjudde empisa, okwewaayo bijja kwetaagibwa.

Senteesi ejuliziddwa emirundi emingi eri "eddembe si lya bwerere". Teri maanyi gagenda kuva bunaayira gawe abantu abanyigirizibwa eddembe lye bayaayaanira ennyo. Abantu bo bennyini balina okuyiga engeri gye basobola okufunamu eddembe eryo.

## Tekijja Kuba Kyangu.

Singa abantu basobola okutegeera ki ekyetaagisa mu kwenunula kwabwe nga bayita mu buzibu obwamaanyi ennyo basobola okubaleetera eddembe lyabwe. Olwo, n'obwegendereza basobola okuzimba enkola empya eya ddimookulaasiya. Eddembe eriwanguddwa n'ekika ky'olutalo luno lisobola okubeera ery'obuwanguzi. Lisobola okuleetebwa abantu abavumu era abeewaddeyo okusobola okulikuuma n'okulyongerako.

# EBISOOKA 1

## EMPENDA Z'OKUSSA MU NKOLA OLUTALO OLUTALIIMU BUTABANGUKO

## EMPENDA Z'OKWEKALAKAASA OKWEMIREMBE N'OKUSIKIRIZA

### Obubaka obutongole

1. Okwogera eri enkuŋŋaana z'abantu.
2. Ebbaluwa eziwakanya oba eziwagira.
3. Okulangirira kw'ebibiina n'ebitongole.
4. Ebiwandiiko ebyolukale ebiteereddwako emikono.
5. Ebiwandiiko ebigenderera okuvumirira.
6. Ebibiina oba abantu okwekubira enduulu.

### Okuwuliziganya n'abantu abawerako

7. Eŋŋombo,okugeegeenya n'obubonero
8. Obubaka obukube ku bigoye, ebipande, n'ebirala ebitimbibwa.

9. Obupapula obugabibwa, obutabo obufunza obubaka, awamu n'ebitabo.
10. Empapula n'obutabo bw'amawulire.
11. Entambi z'amaloboozi, laadiyo ne terefayina.
12. Okukozesa ennyonyi okulanga ebiwandiiko eby'enjawulo awamu n'okulangira wansi ku ttaka.

## Okukiikirira ebibiina

13. Okulonda abakiikirira ekibiina okusobola okutuukiriza ebigendererwa.
14. Ebirabo ebisosonkereza
15. Okunoonya obuwagizi bw'ekibiina.
16. Okugumba mu kifo.
17. Okusosonkereza abantu ng'oyita mukulonda

## Ebikolwa ebisindika obubaka mu bantu

18. Okuwanika bendera ne langi ezisindika obubaka.
19. Okwetimba obubonero
20. Okusaba n'okutendereza
21. Okugabira abantu ebintu ebisindika obubaka
22. Okwekalakaasa ng'oli bukunya(okweyambula engoye)
23. Okwonoona ebintu
24. Amataala agasindika obubaka/Okukoleeza ebyaka
25. Okutimba ebifaananyi
26. Okwekalakaasa okw'okwesiiga langi
27. Obubonero obuggya n'amannya
28. Okuleekaanya ebintu
29. Okwekomya ebintu ng'akabonero akasindika obubaka.
30. Okutunuza obukambwe.

## Okussa abantu ku bunkenke

31. Okusosonkereza abakungu ba gavumenti
32. Okuyeeyereza n'okujeejeemya abakungu ba gavumenti
33. Okuwaanawaana okw'amakweka-nsaamu.
34. Okukungubagira omuntu /Okutegeka okumusabira

## Katemba n'okuyimba

35. Obuzannyo obusesa era nga buli ku biriwo.
36. Okuyimba n'okuzannya emizannyo.
37. Okuyimba ennyimba

## Abantu okusimba ennyiriri

38. Okukumba
39. Ennyiriri
40. Bannaddiini okutambulira mu nnyiriri
41. Okulamaga
42. Okusimba ebidduka mu nguudo

## Okujjukira abaafa

43. Okukungubaga kw'ebyobufuzi
44. Emikolo gye nnyimbe egy'okukiina
45. Emikolo gy'ennyimbe egirimu okwekalakaasa
46. Okusula mu nnyimbe

## Enkuŋŋaana za bbonna

47. Enkuŋŋaana ezigendereddwa okuwakanya oba okuwagira.
48. Enkiiko ezituula okuwakanya

49. Enkiiko ezeerimbika mu birala naye nga zaakwekalakaasa
50. Enkuŋŋaana ez’okusomesa

### Okubivaamu

51. Okwekandagga
52. Okusirika
53. Okulekulira
54. Okwesulubabba ebintu ebimu

## ENGERI Z’OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BY’OBULAMU OBWABULIJJO

### Okusosola abantu

55. Okuboola
56. Okukugira omuntu okwetaba mu bintu ebimu
57. Okwekalakaasa kw’abakazi
58. Okugoba omuntu mu masinzizo
59. Okuyimiriza omuntu ku mulimu

### Okumenyawo enkolagana mu mikolo mu nnono ne mu bitongole

60. Okuyimiriza enkuŋŋaana eza bulijjo n’eby’emizannyo
61. Okuzira emikolo
62. Okwekalakaasa kw’abayizi
63. Okujeema
64. Okuva mu bitongole

### Okuva mu nkola

65. Okusigala ewaka
66. Obutakolaganira ddala na muntu
67. Abakozi okudduka ku mirimu
68. Okuteekawo okusabira eggwanga
69. Okubulawo okwekobaane
70. Okugenda mu buwaŋŋanguse

## ENKOLA Z'OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BYENFUNA

## • Okuzira Ebyenfuna

### Ebikolebwa abaguzi

71. Abaguzi okuzira ebyamaguzi
72. Obutakozesa byamaguzi biziriddwa
73. Enkola ey'okukendeeza ensasaanya
74. Okugaana okuwa omusolo gw'obupangisa
75. Okugaana okupangisa
76. Bannansi bonna okuzira ebyamaguzi ebikoleddwa mu ggwanga.
77. Bannansi bonna okuzira ebyamaguzi ebiva ebweru we ggwanga.

### Ebikolebwa bannamakorero n'abakozi

78. Abakozi okulekayo okukola
79. Bannamakolero okugaana okufulumya ebyamaguzi

## Ebikolebwa abatambuza ebyamaguzi

80. Abasaasaanya n'abatunda ebyamaguzi okugaana okubitunda.

## Ebikolebwa bannannyini makolero n'abagaddukanya

81. Abasuubuzi okugaana okuguza abantu
82. Okugaana okupangisa oba okutunda ebintu eby'obwannannyini.
83. Abakozesa okusalawo okuyimiriza abakozi ppaka ng'ebintu ebimu bigonjoddwa.
84. Bannamakolero okugaana obuyambi
85. Abasuubuzi bonna okwekalakaasa

## Ebikolebwa abaddukanya eby'ensimbi

86. Okuggya ensimbi mu bbanka
87. Okugaana okusasula ebisale by'essomero, ebikubanjibwa awamu n'ensimbi ezisasulwa bannannyini bizimbe.
88. Okugaana okusasula amabanja n'amagoba.
89. Okugaana okusasula abakozi ensimbi nga bagobeddwa ku mirimu kko n'okugaana okugaba amabanja.
90. Okugaana okuwa omusolo
91. Okugaana ssente za gavumenti

## Ebikolebwa gavumenti

92. Okugaana okusuubulagana munda mu ggwanga.
93. Okuteeka envumbo ku basuubuzi
94. Okugaana eggwanga okutunda ebintu byalyo mu ggwanga eddala.

95. Okugaana eggwanga okugula ebintu okuva mu mawanga amalala
96. Okugaana okusuubulagana n'amawanga ag'enjawulo.

# ENKOLA Z'OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BYENFUNA

## Okwekalakaasa

### Okwekalakaasa okusindika obubaka

97. Okwekalakaasa okw'okuwakanya
98. Abakozi okwekandagga nga bafuluma ku mirimu gyabwe mu bwangu obw'ekitalo

### Okwekalakaasa kw'ebyobulimi

99. Okwekalakaasa kw'abantu ba wansi
100. Abakazi mu nnimiro okwekalakaasa

### Okwekalakaasa kw'ebibiina eby'enjawulo

101. Abakozi okugaana emirimu egibanyigiriza
102. Okwekalakaasa kw'abasibe
103. Okwekalakaasa kw'abakozi ku bisaawe by'ennyonyi
104. Okwekalakaasa kw'abakozi be'mirimu gy'ekikungu

### Okwekalakaasa kw'abakozi mu makolero

105. Okwekalakaasa okw'okugaana okusa ekkolero mu kitundu

106. Okwelakaasa okw'emitendera
107. Abakozi mu makolero okwekalakaasizaako abalala

### Okwekalakaasa okutunuulidde ensonga emu

108. Okwekalakaasa okw'emitendera
109. Okwekalakaasa okw'abangi
110. Okukola emirimu n'olulembe
111. Okwekalakaasa okuwakanya obukulembeze.
112. Okwekalakaasa okwokwerwaza
113. Okwekalakaasa okw'okulekulira
114. Okwekalakaasa okw'abantu abamu
115. Okwekalakaasa ku bintu ebimu.

### Okwekalakaasa kwa bannamakolero

116. Okwekalakaasa okwesigamiziddwa ku mbeera ez'enjawulo
117. Okwekalakaasa kw'abakozi mu bitundu eby'enjawulo

### Okugatta okwekalakaasa n'okuyimiriza eby'obusuubuzi

118. Okuggala amaduuka ne ziyafeesi
119. Okuyimiriza emirimu egikwata ku by'enfuna

## ENKOLA Z'OKUMENYAWO ENKOLAGANA MU BYOBUFUZI

### Okugaana obuyinza

120. Okugaana okubeera abawulize
121. Okugaana obuyambi okuva mu gavumenti

122. Ebiwandiiko oba okwongera okuyita abantu okuwakanya gavumenti.

## Bannasni okumenyawo enkolagana ne gavumentl

123. Okugaaana okukiika mu palamenti
124. Okuzira okulonda
125. Okuzira ebifo n'emirimu gya gavumenti
126. Okuzira ebitongole bya gavumenti eby'enjawulo.
127. Okuva mu matendekero ga gavumenti
128. Okuzira ebitongole ebivujirirwa gavumenti
129. Okugaana okuwa obuyambi eri ebitongole ebikwasisa amateeka
130. Okuggyawo obupande obuliko endagiriro n'obulambe bw'ebifo
131. Okugaana okukkiriza abakungu abalondeddwa
132. Okugaana okuggyawo ebitongole ebiriwo

## Engeri bannansi gye basobola okujeemamu

133. Obutajjumbira nteekateeka za gavumenti
134. Obujeemu obukolebwa awatali bakozesa
135. Okujeema kwa bannansi bonna
136. Obujeemu obw'enkizo
137. Okugumbira mu kifo ky'enkuŋŋaana oba enkiiko.
138. Okussa wansi ebikola
139. Okuwakanya enkola y'okuyingiza abantu mu magye n'okubazza ku butaka ku kifuba.
140. Okwekweka,okutoloka n'okwefuula ky'otali
141. Okujeemera amateeka amabi

## Ebikolebwa abakungu ba gavumenti

142. Abakozi ba gavumenti okugaana okukolera gavumenti
143. Okumenyawo emitendera omuyisibwa ebiragiro n'obubaka
144. Okwongezayongezaayo ebirina okukolebwa mu ngeri engenderere
145. Ebitongole bya gavumenti obutakwatagana
146. Okukoonagana mu ssiga eddamuzi
147. Okukola emirimu gadibengalye mu bitongole ebikwasisa amateeka.
148. Amagye okujeema

## Enkola za gavumenti ezoomunda mu ggwanga

149. Okwebalama n'okulwisa enkola z'amateeka
150. Obutakwatagana bw'masiga ga gavumenti

## Enkola za gavumenti ez'ebweru w'eggwanga

151. Enkyukakyuka mu nkolagana n'okukiikirirwa mu mawanga amalala
152. Okulwiisa n'okusazaamu emikolo egitegekebwa okunyweza enkolagana y'amawanga.
153. Okugaanibwa oba obutakkirizibwa mawanga malala
154. Okusalizaamu ddala enkolagana wakati w'amawanga
155. Okuva mu bibiina ebigatta amawanga
156. Okugaamibwa okwegatta ku bibiina ebigatta amawanga
157. Okugobebwa mu bibiina ebigatta amawanga

# AMAKUBO G'OKUDDUKIRIRA AGATALIIMU BUTABANGUKO

## Obudduukirize mu by'endowooza

158. Okwemanyiiza ebiriwo
159. Okusiiba
    a. Okusiiba okw'okwezza obujja
    b. Okwekalakaasa okw'okwerumya enjala
    c. Okusiiba okwakalombolombo
160. Okukyusa mu nsala y'omusango agwasalibwa edda
161. Okuteekawo obunkenke

## Okwetabamu obutereevu

162. Okugaana okufuluma ewantu
163. Okusigira abantu abalala
164. Okuwamba obuyinza bw'omuntu
165. Okukaka enteeseganya
166. Okuteekawo akavuvuŋŋano
167. Okusaba okwekikungo
168. Okulumba mu mirembe
169. Okutuusa obutali bumativu mu mikutu gy'mawulire mu mirembe
170. Okweyiwa mu kifo naye mu mirembe
171. Okuyimiriza ebyagala okukolebwa mu mirembe
172. Okulemesa/Okuziyiza/mu mirembe abaagala okukola ekintu.
173. Okutwala ekifo mu mirembe.

## Okwenyigira mu by’embeera z’abantu eza bulijjo

174. Okuteekawo entambuza y’ebintu empya.
175. Okukozesa ebintu bya gavumenti mu ngeri eya kyeyonoonere.
176. Okugula obudde ku birina okukolebwa.
177. Okwogera ku binyiga abantu.
178. Okwenyigira mu lutalo lw’omunsiko.
179. Okutondawo ebitongole ebirala ebikola ku mbeera z’abantu.
180. Okuteekawo emikutu gy’ebyempuliriziganya emirala.

## Okwenyigira mu byenfuna

181. Okwekalakaasa okugenderera okukyusa ebisaliddwawo.
182. Okussa wansi ebikola.
183. Okuwamba ettaka nga beeyambisa amateeka.
184. Okuguguba okwokuggula amaduuka.
185. Okujingirira ebicupuli nga kwesigamye ku by’obufuzi.
186. Okugula eby’amaguzi byonna mu ngeri y’okulemesa enteekateeka za gavumenti
187. Okwekomya eby’obugagga.
188. Okuyiwa ebyamaguzi eby’ebeeyi entono ku katale olw’okutaaganya eby’obusuubuzi.
189. Okweroboza/okuboola ebifo ebimu gye bagula ebintu.
190. Okufuna obutale obulala.
191. Okuteekawo engeri z’ebyentambula endala.
192. Okuteekawo ebitongole by’ebyenfuna ebirala.

## Okwenyigira mu by'obufuzi

193. Okubinika ebitongole bya gavumenti obuvunanyizibwa obubisukkiridde.
194. Okuteeka mu lujjudde/ okwanika abakolera gavumenti eb'enkizo.
195. Okukola ebinaaleetawo okusibibwa
196. Abantu okujeemera amateeka ameesimbu.
197. Okukola ebintu awatali kukolagana na gavumenti.
198. Okuvunaniira abazzi b'emisango mu nsi ebbiri, ssaako ne gavumenti ezikontana.

# EBISOOKA 2

## OKWEBAZA N'EBYAFAAYO BY'EKITABO OKUVA MU BWANNAKYEMALIRA OKUDDA MU DDIMOOKULAASIYA "FROM DICTATOSHIP TO DEMOCRACY"

Mpoleddwa amanbanja mangi ag'okusiima, nga mpandiika ekitabo kino omulundi ogw'asooka.Mu 1993, Bruce Jenkins omuyambi wange ow'enjawulo yakola byansusso okuzuula obuzibu obwali mukiwandiiko wamu ne nnambika y'ebirowoozo. Era yawa amagezi agalimu okwolesebwa ku birowoozo ebyetaagisa obwekeneenyi n'ennambika y'ebirowoozo etegerekeka naddala ebikwata kunkola, enzimba y'ebitongole ssaako Kalonda eyakolebwa mu kutereeza ekitabo.

Era nneebaza nnyo Stephen Coady olw'obuyambi mu kutereeza ekitabo Dr.Christopher Kruegler ne Robert Helvey nabo bakola kyamanyi nnyo mu kumpabula n'okumpa amagezi.

Ye Dr.Hazel Mcferson ne Dr.Patricia Parkman bampa ebikwata ku ntalo z'omu Afrika ne mu Amerika ey'obukiikaddyo.Wabula okwekenneenya n'okukubira ku ndowooza zonna ezikwata ku ntalo ezo byange ng'omuntu.

Mu nsangi zino waliwo amateeka agakwata ku kukyusa agateekeddwawo nga geesigama ku kuwabula okwakolebwa Jamila Rajib, nga kw'otadde n'okuyigira ku byaliwo emyaka egyemabega.

Kino kibadde kyetaagisa okusobola okukozesa olulimi olutuukira ku kisaawe kino eky'ebyobufuzi, omutabadde nnyo bigambo bitongole bimanyiddwa.

Ekitabo kino ***"Okuva mu bwannakyemalira okudda mu ddimookulaasiya"*** kyawandiikibwa oluvannyuma lw'okusabibwa omugenzi U Tin Maung Win, munnansi wa Burma omututumufu era munnaddimookulaasiya nga mu kiseera ekyo yali **mukuŋŋaanya** w'akatabo k'amawulire akayitibwa Khit Pyaing (The New Era Journal).

Okuwandiika ekitabo kino kwesigama ku kunoonyereza okw'emyaka egisoba mu ana n'okuwandiika ku ntalo ezitaliimu butabanguko, obwannakyemalira, enkola z'obusibira-mubbwa, ebisinde by'okuwakanya gavumenti, endowooza z'ebyobufuzi, okwekenneenya ku mbeera z'obuntu, wamu n'ebisaawe ebirala.

Nali sisobola kuwandiika kitabo kyekenneenya okukwata ku nsi ya Burma yokka, engeri gye nnali simanyi bulungi nsi ya Burma. N'olwekyo nalina kuwandiika nga neekenneenya ensi e'zenjawulo ezigwa mu kkowe eryo.

Ekiwandiiko kyasooka kufulumizibwa mu bitundutundu mu katabo *Khit-Pyaing* mu lulimi Olubama(Burmese) ne mu Lungereza mu kibuga Bangkok, ekya Thailand mu 1993.

Oluvannyuma kaafulumizibwa ng'akatabo mu nnimi zombi mu 1994, ate era ne kaddibwamu mu 1996 ne 1997 mu lulimi Olubama. Emirundi akatabo kano gye kaasoka okukubwa mu kyapa mu kibuga Bangkok, akakiiko ka ***"Committee for the Restoration of Democracy***

***in Burma***, nga kano ke akaali kavunaanyizibwa ku kuzzaawo ddimookulaasiya mu ggwanga lya Burma ke kateekamu sente.

Akatabo kaasaasaanyizibwa munda mu nsi ya Burma mu nkukutu ssaako ne mu baali mu buwaŋŋanguse n'abalala abalumirirwa eggwanga mu bitundu by'ensi yonna ebyenjawulo. Akatabo kano akalimu okwekenneenya, kaali kagendereddwamu kukozesebwa bannaddimookulaasiya ab'ensi ya Burma, n'abantu b'amawanga ag'enjawulo mu Burma agaali gaagala okufuna obwetwaze okuva ku gavumenti ya Burma etuula mu kibuga Ragooni, anti Burma lye ggwanga erisinga obunene mu nsi ya Burma.

Tekyasuubirwa nti okwekenneenya ku nsi ezigwa mu kkowe lino kirifuula okunoonyereza kuno okuba okwomugaso mu buli ggwanga lyonna eririmu obufuzi obwannakyemalira.Wabula abantu balabika nga bo bwe bakiraba, olwo nno kye bavudde beefunyiridde mu nsangi zino okukyusa ekitabo kino mu nnimi zaabwe.Waliwo abantu abazze nga boogera nga ekitabo bwe kyettanirwa okukamala nga bw'ojja nti kyawandiikirwa nsi zaabwe.

Mu kibuga Rangoon obwannakyemalira bw'akakiiko ka bannamagye akaasuula gavumenti mu 1997 akaamanyibwa nga, ***'State Law and Order Restoration Council' (SLORC)*** kaawera mbagirawo ekitabo kino. Waaliwo okugugumbulwa okw'amaanyi mu 1995 ne 1996 era kigambibwa nti okuvumiririra akatabo kano keeyongerayo ne mu myaka egyaddirira mu mpapula z'amawulire, ziraadiyo ne ziterefayina.

Jjuuzi wano mu 2005 abantu baasalirwa ekibonerezo kya myaka musanvu mu nkomyo lwa kusangibwa na kitabo ekyawerebwa.

Wadde nga tewali maanyi gonna gassibwamu okufuula ekitabo kino eky'ettunzi n'okukozesebwa mu nsi endala, okukikyusa mu nnimi endala n'okukisaasaanya byatandika byokka. Omuyizi ava mu

ggwanga lya Indonesia yalaba kkopi y'ekitabo kino ey'olungereza nga kiri mu madaala mu tterekero ly'ebitabo mu kibuga Bangkok eky'ensi Thailand, era y'akigula n'akizza eka.

Eyo gye kyakyusibwa mu lulimi Oluyindoneziya(Indonesian) era ne kifulumizibwa mu kyapa kkampuni esinga okufulumya ebitabo mu 1997, nga kiriko ennyanjula eyakolebwa Abdurrahman Wahid. Mu kiseera ekyo ye yali akulira ekibiina ekigatta Abasiraamu ekisinga obunene mu nsi yonna ekya ***Nadhlatul-Ulama***, ekirina bammemba abawerera ddala obukadde asatu mu butaano, era oluvannyuma n'afuuka omukulembeze wa Indonesia.

Mu kiseera kino, ku yafeesi yange ku Albert Einstein Institution twalina kkopi z'akatabo kano ez'Olungereza za lubatu okuva e Bangkok. Mu myaka mitono twalina okufulumyayo kkopi endala nga tumaze okukilaba nti kyetaagisa. Oluvannyuma, Marek Zelaskiez, okuva e Califonia, yatwala ekimu ku bitabo ebyo e Belgrade ng'obukulembeze bwa Milosovic bukyagenda mu maaso n'akiwa ekibiina kya Civic Initiatives. Baakikyusa mu Lusaabiya era ne kifulumizibwa. Bwe twakyalako mu Serbia oluvannyuma lw'okusaanawo kw'obukulembeze bwa Milosevic twategeezebwa nti ekitabo kyayamba nnyo ab'ekisinde ky'abawakanya gavumenti.

Ekikulu ekirala gwali musomo munnamagye wa America Robert Helvey, eyagannyukira ku ddaala ly'obwa 'Colonel',gwe yategeka ogukwata ku lutalo olutaliimu butabanguko, gwe yali awadde mu kibuga Budapest ekya Hungary, eri abavubuka Abaserbia nga amakumi abiri ku mbeera n'amaanyi g'olutalo olutaliimu butabanguko. Helvey era yabawa kkopi z'ekitabo ekijjuvu ***"The politics of Nonviolent Action"***. Bano be bantu abeewaayo okukulembera olutalo olutaliimu butabanguko olwasuula Milosevic.

Tetumanyi ngeri kitabo kino gye kimanyika mu nsi ez'enjawulo. Okubeera kwakyo ku kibanja kyaffe ku mutimbagano gwa yintaneeti kuyambyeko, naye mu butuufu eno si ye nsonga yokka. Okuzuula enkwatagana eno ate nagwo gwandiba omutwe omulamba ogusaana okunoonyerezaako.

Ekitabo kino, ***"Okuva mu bwannakyemalira okudda mu ddimookulaasiya"*** mulimu munene ddala era si kyangu kusoma. Kyokka ate kitwaliddwa nga kyamugaso nnyo,nga ennimi abiri mu munaana ze zaali zimaze okulaga obwetaavu okukikyusa omwezi gwa Gatonnya 2008 we gwatuukira ,newankubadde nga kyetaagisa amaanyi mangi n'ensimbi.

Ekitabo kino kikyusiddwa n'okufulumizibwa mu nnimi eziwera oba n'ekiteekebwa ku kibanja kya yintaneeti omuli zino wammanga; Amharic olwa Ethiopia, Oluwalabu, Azeri olwa Azerbaijan, Bahasa olwomu Indonesia. Gattako Oluberaluusi(lwa Belaruse), Burmese,Chin ezoogerwa mu nsi ya Burma, Oluchaina(Chinese Simplified and traditional Mandarin), Ohivehi olwogerwa mu Maldives, Farsi olwa Iran,Olufalansa, Olugeorgian, Olugirimaani, Jing Daw (lwogerwa mu Burma), Karen(lwa Burma), Khner(olwa Cambodia),Kurdish,Kyrggz( ezoogerwa mu Kyrgyzstan), Nepali, Pashto(mu Afghanistan  ne Pakistan),Russian,Olusaabiya(olwa Serbia),Olusipaana,Olutibetani n'Olutigirinya (eza Eritrea), Oluyukuleeni(olwa Ukrain), Oluzibeeka(olwogerwa muUzbekistan), ssaako ne Oluveetinaamu, kati gattako n'**Oluganda mwe kyakakyusibwa omulundi ogusooka**. Endala nnyingi ziri mu nteekateeka okukikyusa.

Wakati wa 1993 ne 2002 waaliwo ebitabo ebikyusiddwa mu nnimi endala mukaaga(6).
Wakati wa 2003 ne 2008 bibadde abiri mu bibiri(22).

Gene Sharp ng'afulumya ekitabo kino olufulya olwokusatu mu Gatonnya wa 2008,yawandiika nti, amawanga n'ennimi ennyingi ekitabo kino mwe kikyusiddwa n'okusaasaanyizibwa byongera kukakasa endowooza egamba nti abantu abasooka okusoma ekitabo kino baalaba nga ebyekenneenyezebwako ebikirimu bya mugaso nnyo eri amawanga gaabwe.

# EBISOOKA 3

## OKULABULA KU KUKYUSA N'OKUDDAMU OKUFULUMYA EKITABO KINO

Okufulumya n'okusaasaanya ekitabo kino kuteekeddwa mu mikono gya bantu. Ekyo kitegeeza nti omuntu yenna wa ddembe okuddamu okukifulumya oba okukisaasaanya.

Wabula, omuwandiisi alina okusaba okw'enjawulo kweyandyagadde okukola, newankubadde tewali tteeka lyonna likaka muntu yenna kugoberera okusaba kuno;

- Omuwandiisi asaba nti tewali nkyukakyuka zirina kukolebwa mu kitabo, yadde okugattamu oba okuggyamu singa kibeera kizeemu okufulumizibwa.
- Omuwandiisi asaba abantu abaagala okuddamu okufulumya ekitabo kino okutegeeza be kikwatako.Okutegeezebwa kusobola okukolebwa eri **Albert Einstein Institution**. (Obubaka bw'endagiriro buli ku ntandikwa y'ekitabo nga tonnatuuka ku lukalala olulaga ebiri munda).
- Omuwandiisi asaba nti singa ekitabo kino kiba kigenda kukyusibwa, okwegendereza okw'enjawulo kulina okukolebwa okusobola okukuuma amakulu g'ekitabo. Ebigambo ebimu mu kitabo kino tebijja kukyusibwa butereevu kudda mu nnimi ndala, okugeza ekigambo nga "nonviolent Struggle" n'ebigambo

ebifaananako ku ekyo biyinza obutabaayo mu nnimi ndala. N'olwekyo, ebigambo n'ebirowoozo birina okukyusibwa n'obwegendereza okusobola okutegeerwa obulungi abasomi abaggya.

- Ebibiina n'abantu abandyagadde okukyusa omulimu guno, Albert Einstein Institution etaddewo emitendera eginaabayamba. Era gye gino wammanga.
- Omutendera gw'okulonda omukyusa gulina okubeerawo. Abeewandisizza okukyusa beekenneenyezebwa ku bumanyi bwabwe mu nnimi zombi Olungereza n'olulimi omulimu mwe gugenda okukyusibwa. Abeewandiisizza era beekenneezebwa ku kumanya kwe balina ku bintu ebiri mu kitabo, awamu n'entegeera ey'ebigambo n'ebirowoozo ebiri mu kitabo.
- Omwekenneenyi naye sssalondebwa mu nkola y'emu. Omulimu gw'omwekenneenyi kwe kusunsula ebikyusiddwa n'okuwa eky'okuddamu n'okuluŋŋamya omukyusa.Emirundi mingi kibeera kirungi singa omukyusa n'omwekenneenyi babeera tebeemanyi.
- Omukyusa n'omwekenneenyi nga bamaze okulondebwa, omukyusa awaayo empapula bbiri oba ssatu ez'ekitabo nga zikyusiddwa wamu n'olukalala lw'ebigambo eby'enkizo ebiri mu kitabo.
- Omwekenneenyi yeekenneenya ebikyusiddwa olwo n'awa eky'okuddamu kye eri omukyusa.
- Singa ensobi ez'amaanyi zibaawo wakati w'ebyo omukyusa by'abeera akyusizzaako ebitono n'ebyo omwekenneenyi by'abeera asobodde okwekenneenya, olwo omukyusa oba omwekenneenyi ayinza okusikizibwa omuntu omulala,

okusinziira ku kusalawo kw'omuntu oba ekibiina ekivujjirira okukyusa okwo. Singa ensobi entonotono zibeerawo, omukyusa yeeyongerayo n'okukyusa ekitabo mu bujjuvu, nga bw'agoberera okuwabulwa kw'omwekenneenyi.

- Ng'ekitabo kyonna kiwedde okukyusibwa, omwekenneenyi yekenneenya ekitabo kyonna era n'awa okuddamu kwe.
- Ng'omukyusa amalirizza ennongoosereza era ng'akoze n'enkyukakyuka ezeetaagisa, olwo ekitabo kiba kiwedde era n'ekitabo ekikyusiddwa kibeera kisobola okufulumizibwa era ne kisaasaanyizibwa.

## EBITABO EBIRALA EBY'OKUSOMAMU


1. *The Anti-Coup* ekya Gene Sharp ne Bruce Jenkins.Boston: The Albert Eistein Institution, 2003.
2. *Sharp's Dictionary of Power and Struggle: Language of Civil Resistance in Conflicts* by Gene Sharp. New York: Oxford University Press, 2011.
3. *On Strategic Nonviolent Conflict: Thinking About the Fundamentals* by Robert L. Helvey. Boston: The Albert Einstein Institution, 2002.
4. *The Politics of Nonviolent Action* (3 vols.) by Gene Sharp. Boston: Extending Horizons Books, Porter Sargent Publishers, 1973.
5. *Self-Liberation* by Gene Sharp with the assistance of Jamila Raqib. Boston: The Albert Einstein Institution, 2010.
6. *Social Power and Political Freedom* by Gene Sharp. Boston: ExtendingHorizons Books, Porter Sargent Publishers, 1980.
7. *There Are Realistic Alternatives* by Gene Sharp. Boston: The Albert Einstein Institution, 2003.
8. *Waging Nonviolent Struggle: 20th Century Practice and 21st Century Potential* by Gene Sharp. Boston: Extending Horizons Books, Porter Sargent Publishers, 2005.

# OKUVA MU BWANNAKYEMALIRA OKUDDA MU DDIMOOKULAASIYA

Ekitabo ***'Okuva mu bwannakyemalira Okudda Mu Ddimookulaasiya'*** kyakyusibwa okuva mu ky'Olungereza **From Dictatorship to Democracy** ekyawandiikibwa Pulofeesa Gene Sharp. Pulofeesa Gene Sharp munnansi era nzaalwa ya America. Kakensa mu byobufuzi n'embeera z'abantu era yawummula emirimu gye n'asigala ng'akola ng'omuluŋŋamya eyeebuuzibwako mu ttendekero lya **Albert Einstein Institution, Boston** mu ssaza ly'e **Massachusetts.**

Ekitabo **"From Dictatorship to Democracy"** kyasooka okufulumizibwa mu kibuga kya Thailand ekikulu Bangkok mu mwaka gwa1993, nga kyafulumizibwa ab'akakiiko akakolerera okuzza ddimookulaasiya mu Burma nga kakolagana n'akatabo ka Magaziini akayitibwa **Khit Pyang (The New Era Journal).**

Kikyusiddwa mu Luganda aba **Solidarity Uganda,** ekibiina ekitakabanira obwenkanya n'enfuga yaddimookulaasiya mu Uganda, nga beeyambisa Kampala Language Tutors Association.

Ekitabo kino, mulimu munene ddala era si kyangu kusoma. Kyokka ate kitwalibwa nga kyamugaso nnyo eri buli ggwanga erirwana okunyweza ddimookulaasiya n'okusimbira ekkuuli abakulembeze abaagala okusiga ensigo z'obwannakyemalira.

Ekitabo kikulaga nti omulimu gw'okutebenkeza n'okuzimba eggwanga teguli mu maanyi ga bakulembeze na mateeka ge bakakaatika ku bantu. Wabula amaanyi gali mu bumu bwa bannansi, nga bayita mu bitongole ebyetengeredde (Civil Societies), enfuga y'amateeka (Rule of law), ebibiinaby'abakozi n'ebyobufuzi (Trade Unions & Political Parties) n'okulumirirwa eggwanga okuva eri bannansi (Nationalism). Ebyo mu bufunze bye biwa enteekateeka ennuŋŋamu, enteekateeka nnamutaayiika, enkola ey'omuggundu n'amakubo agatali ga butabanguko agajjukiza abakulembeze okufugiranga eggwanga mu makubo ageerambise mu ddimookulaasiya awatali kufutyanka na kubuguyaza bannansi.

ISBN 978-9970-740-00-0

9 789970 740000

Published by
Solidarity Uganda

SOLIDARITY
Uganda